

Omanyi Ekituufu Kyoli?



Akatabo 2

Bill Loveless
Christ Is Life Ministries

OMANYI KI EKITUUUFU KYOLI?

Akatabo ak'okubiri(2):
*Okubeerawo mu bulamu
obukyusidwa mu Kristu.*

Bill loveless

Christ is life Ministry.

obwanannyini © 2011 by Bill Loveless

All rights reserved. This book may not be copied or reprinted for a commercial gain or profit.
The use of this material for personal or group study is permitted.

Scripture taken from the Holy Bible, New International Version®, copyright © 1973, 1978, 1984
International Bible Society. Used by permission of Zondervan. All rights reserved.

Scripture taken from the Holy Bible, New Living Translation, copyright © 1996
by Tyndale Charitable Trust. Used by permission of Tyndale House Publishers.

Scripture taken from the New American Standard Bible®, copyright © 1960, 1962, 1963, 1968,
1971, 1972, 1973, 1975, 1977, 1995 by The Lockman Foundation. Used by permission.

Scripture taken from the New King James Version, copyright © 1982 by Thomas Nelson, Inc.
Used by permission. All rights reserved.

Scripture quotations marked (GNT) are from the Good News Translation in Today's English
Version—Second Edition, copyright ©1992 by American Bible Society. Used by permission.



Christ Is Life Ministries

Website: www.christislifeministries.com

Email: bill@christislifeministries.com

Ensengeka y'okusoma kuno

Njagala okubeebaza okulondawo okusoma “ Omanyi ki ekituufu kyoli?” Nga tonnatandika, nzikiriza nti kyandibadde kyamugaso okusooka okuwa ensengeka y'okusoma kuno. Okusoma kulimu amasomo mukaaga era buli ssomo lirina eby'okusoma bitaano (olunaku olusooka, olw'okubiri, n'ebirara) bwemuba musisinkana buli wiiki kino kijja kkuwa ennaku 7 (musanvu) okumaliriza amasomo ataano agaabuli lunaku.

Mu buli ssomo mujja kubaamu **ebibuuzo, ebyawandiikibwa n'eb yokwebuulirira n'okutabagana ne Katonda.**

Ebibuuzo: Ebibuuzo bilukidwa osobole okugeraageranya kki kyokkiriza n'ekituufu kyewaakasoma. Kino kyamugaso okwanika byokiririzaamu ebitali bituufu.

Ebyawandiikibwa eby'okufumitiriza

Abantu abamu balafuubana n'ekigambo “okufumitiriza” naye, kya mubyawandikibwa kyetuteetagisa ku buusa maaso. Ekikulu kiri nti kiki era ani gwetwebuulirirako? Essira lyafe eryokwebuulirira liija kubeera ku Katonda n'ekyamazima kye. Nzirkirixa nti okwebuulirira ku kigambo kya Katonda kikulu nnyo kubanga kituukiraza mwoyo mutuukirivu okukka muffe.

Okutabagana ne Katonda

Akatundu “k'okutabagana ne Katonda” mu buli ssomo k'ekasinga okubeera ak'omugasoo ennyo mu kusoma kuno.

Akatundu kano kaawandiikibwa osobole okusaba mwoyo mutuukirivu akuwe okw'olesebwa, okutegeera n'okussa mu nkola kki kyoba oyize. Kino kyamugaso nnyo bwotuuka ku kituufu ekikontana nebyokkiriza. (bwetutanoonya Katonda kutulaga kituufu key, tuba tetulitambula kusukka byabulimba bye tukkiriza). N'olwekyo, beera mukakafu era otwale obudde okutabagana ne Katonda nga bwoyita mu ssomo lino.

Okulabikirwa

Nga bwenabeera nga nkozesza ekigambo “okulabikirwa” kitegeeza nti Katonda mu bwa katondabwe atwala ekituufu kye n'akifuula ekikyo ne mu bulamu bwo. Okulabikirwa kitutwala okuva mukutegeera okwebyamagezi okutuuka ku kutegeera okw'byomwoyo.

Ekituufu ekikulu

Jjukira ekituufu ekikulu nga bwoyita mu kusoma kwona:

Tojja kuberawo kusukka ku kyokkiriza. Bwoba nga kyokiriza kya bulimba, era bwotyo bwojja okuberawo.

Kino kikulu kubanga kyokiriza kikosa kyolowooza, enneyisa yo n'okusalawo kwokola. N'olwekyo, ebimu ku bigendererwa bya Katonda okuyita mu kusoma kuno kwekulaga by'okkiriza ebitali bituufu, okuzza obujja endowooza yo, awamu n'okusumulula okusinziira ku Yokaana 8:22. N'olwekyo, okusaba kwange gyoli kuli nti ojja kunoonya Katonda mu kusoma kuno kwona, okusumulula mu byokiriza ebitali bituufu n'engeri gyebikukosa.

Engeri okutegeera ekituufu kyendi gyekikyusaamu obulamu bwange.

Waliwo ensonga eyange enneekusifu lwaki nsomesa ekituufu ekyendabika yaffe empya mu Kristu. Ensonga eri nti awatali kumanya nakukkiriza kituufu kyendi okumpi okugabana n'awe, obulamu bwange bwandibadde a kaseera kano mu katyabaga. Nakuzibwa mu maka kitange mwewali omukambwe, afuga ate muvumi. Mmange yali mu kwekuuma buli kiseera mu biseera ebyo wennakulira. Okuyaayana kwange mu kusooka kwali kukola buli ekyali kisobose bazadde bange basobole okunjagala n'okunzikiriza. Ekibuuzzo kyali nti nnali sikola kimala kuwangula kwagala kwabazadde bange okukkirizibwa awamu n'okussibwamu ensa.

Kitange mu busungubwe n'okuvuma byandeetera okukkiriza nti nnali sirisobola kukola kimala okusobola okwagalibwa n'okukkirizibwa. Ekyava mwebyo kyali nti, natandika okukola okukkiriza okutaali kutuufu gyendi. Ebimu ku byennakiriza byali nti nnali sikkirizibwa kubanga nawulira okuboolebwa okwamaanyi, ntekwa okuba nga saagalika kubanga kuba nnali sisobola kukola kimala okusobola okwagalibwa bazadde bange. Nnali seematira kubanga kitange yandeetera okuwulira bwentyo. Ku myaka 18 bino byeyongera okukula, era oluvannyuma byafuuka lukokobe mu bulamu bwange. N'esiga Kristu okulokolebwa mu mwaka gwange omukulu mu College. Naye omuntu yeerabira okumbulira ekintu ekikulu ekyamazima ennyo bwennalokoka. Ekituufu kyali nnali kitonde KIJJA mu Kristu ng'era nnina ENFAANANA EMPYA.

Oluvannyuma lw'emyaka 30 ngangezaako okubeerswo mu bulamu obwekilisitaayo mu kulafuubana kwange, byennali nekkiririzaamu eby'okuboolebwa, obutabaamu nsa, n'obutali butebenkevu byeyongera okukula. Okutuusa mu gwe kkumi (october) 1998 bwenategeeezebwa ebituufu awo wennaatandikira okukyusa mu bulamu bwange, ekituufu kyali nti kki kyenali ngabana mu kubeera mu bulamu okuva mu nsibuko empya, nti obulamu bwekilisitaayo tebwali nze kuberawo ku lwakatonda. Naye bwali bwa Kristu okubeera obulamu bwe munze (Abagalatiya 2:20).

Naye, ng'amazima bwegalina amaanyi, ekituufu eky'okubiri kyennayiga kyali ku kununulwa katonda yampa enfaanana empya ey'okubeeramu, enfanana eno empya ye nfanana **entufu** okusinziira ku 2 Abakorinso 5:17

"N'olwekyo omuntu yenna bwabeera mu Kristu, abeera kitonde kiggya.

Ebikadde nga byayita atenga ebipyabizze." 2 abakolinso 5:17

Nga bwenatandika okuyiga ku kituufu kyendi mu Kristu, natandika okunoonya katonda azze bugya endowooza zange ku kituufu kye era ansumulule ku bitali bituufu. Bwenatandika okutwala emitendera gy'okukkiriza, Katonda yakola omulimu omuwanvu munze okutuusa bwe nnali nga sokyakkiriza nti nnali nnagaanibwa, siriimu nsa, oba obutali butebenkevu, nzikiriza mu butuufu nti nzikirizibwa, ndimu ensa ate ndi mutebenkevu mu Kristu. Tekyaliwo mu kiro kimu, naye gaali maanyi g'abwaKatonda. Okubeera omulambulukufu gyoli, ssaalowoozaako nti ndisumululwa ku byendowooza ebitaali bituufu nenneyisa eyavanga mu ebyo.

Olwaleero, naye nga okusinziira ku mulimu gwa Katonda mu nze, nsobola okukakasa nga Paulo bw'agamba mu Abefeeso 3:20 bwagamba nti, "Kati ku ye asobola okukola mu bungi okusukka ku byetwandisabye oba okulowooza...."

Okusaba kwange gy'oli kuli nti, nga bwoyita mu kusoma kuno, ajja kuzza endowoozayo akusumulule ku bitali bituufu byolowooza.

Ebiri munda

Essomo erisooka - Ekyo kyokkiriza nti kyoli kyekituufu?.....7

**Essomo ery'okubiri - Katonda yatuukirizaaki okusobola
okukuwa endabika empya?.....25**

Essomo ery'okusatu - Kiki ekituufu kyoli?.....44

**Essomo ely'okuna - Enkola y'akatonda eyokkukyusa osobole
okubeerawo mu nfaananayo empya.....62**

**Essomo ery'okutaano - Okuwakanyizibwa ku kukyusibwa kwa
Katonda, olunyiriri, nekki ky'oli ekituufu.....76**

**Essomo ery'omukaaga - okulaba ebyobwa Kristu mu mwoyo,
n'ekyamazima ekisembayo ku kituufu ki kyetuli.....90**

Essomo Erisooka
Ekyo kyokkiriza nti kyoli kyekituufu?
OLUNAKU OLUSOOKA.

Ennyanjula

Nkakasa nti mu kusoma kuno, katonda akuwadde okutegeera okuwanvu okwa kki kyekitegeeza okubeerawo mu Katonda ng'ensibuko yo. Nga tumaze okutegeera ekyamazima ku kubeerawo mu bulamu bwezikulisitaayo, kyolina okutegeera kye kituufu ki kyoli mu Kristu. Nsubira otutte obudde bungi okusoma obujulizi bwange olabe nga ekyamazima mu kusoma kuno bwe kyakyusa obulamu bwange.

Leka ntandike na kunnyonnyola kigambo “Ndabika.” (Identity)

Tunnyonnyola Tutyा “Kyoli?”

Oyinza okuba ng'obuuza mu kaseera kano, ki ky'otegeeza nti “kyoli?”

EKYO KYOLI

Kyekyo KYOWULIRA oba KYOKKIRIZA nti kyoli

Kino kindeetera okubuuza ebibuuzo bibiri:

- **Kiki kyokkiriza nti ky'oli?**
- **Kyokkiriza kye kituufu?**

Jjukira byennagabana namwe emirundi emingi mu katabo *kubeerawo mu bulamu mu nsibuko empya*.

***Tojja kubeerawo kusukka ku KYOKKIRIZA era bwoba kyokkiriza KYABULIMBA,
bwotvo bwojia okubeerawo.***

Kisoboka okuba nti oyambadde akakookolo (obukookolo)?



Nkozesezza akakookolo ku mwaliro ogusooka ogwakatabo kano nga ekirabwa nga bwendaba abakulisitaayo bangi mu bulamu bwabwe, nkimanyi kubanga nayambala obukookolo bungi okumala emyaka mingi nga omukulisitaayo. Kkiki kyentegeeza n'obukookolo? ” bwenagambye n'awe mu bujulizi bwange, nalina ebitaali bituufu byenali nzikiririzaamu nga ssiri mutebenkevu, sirina nsa, era nalemererwa,”

Ekizibu kyali nti nnali simanyi kituufu kyenali mu Kristu. Mu kugatta kwekyo, nnali saagala kwelaba nga bweneeraba, kale, natondawo “Nze omupya.” Kino nakikola nga nnyambala obukookolo obw’okwemalirira, okwekiririzaamu awamu n’obuwanguzi. Ekizibu kyali nti “Nze omugya.” Kyali kipyा ekitaali kituufu kubanga obukookolo bwali bwabulimba ng’era byenali nzikiriza kunze. Kwekugamba, nnali mbukkabikkako n’ebyobulimba ebirara.

Ate gwe? Kisoboka okuba nti olina ebitali bituufu byokkiriza, era nga oyambadde akakookolo oba obukookolo abantu abalala baleme kulaba nga gwe bweweeraba? Nzikiriza kino kiva ku butamanya kiki kyoli ekituufu.

***Bwoba tomanyi kiki kyoli EKITUUUFU, otera okwambala OBUKOOKOLO
okubikkirira kyoli ekitali kituufu.***

Ensonga enku lu eri nti bwetutamanya mazima tojja kwekweka mu byobulimba bwaffe mu nzikiriza zaffe enkyamu. Bwetutamanya era netutatambulira mu ekyo kyetuli ekituufu, tetulismululwa kuva mu byabulimba byaffe. N’olwekyo katusooke tutunuulire engeri ebyobulimba byetukkiririzaamu bwe byatandika oba olyawo tumanye ebimu ku byo.

EBITALI BITUUUFU bye Tukkiriza nga bwe nga Bwebyatandika

“Ng’era omuntu bwalowooza mu mutima gwe, era bwali.”

Engero 23:7

Okuva mu kuzaalibwa watandika okufuna obubaka ku ggwe. Katonda, abalala, ku bwoyinza okutambula obulamu bwo. Olw’omusomo guno tujja kwettanira obubaka bwewali weewuliddeko ggwe kennyni. Obubaka butera kujja mu mitendera ebiri, **obulungi n’obukyamu**.

Ekyokulabirako:

Obubaka obukyamu buyinza okuba bwali: “**Walemererwa**”, “**Tolyenkanankana**.” Kino **kyekisinga obulungi kyoyinza okukola**”. “**Sikwagala**”

Obubaka obulungi buyinza okuba bwali: “**Nkwenyumirizaamu**”, “**Osobola okukikola**”. **Tewali kyotasobola butatuukiriza**.” “**Oli wanjawolo**.”



Okwegezesá: Tunuulira akakunizo ako emabega osabe katonda aleete mu bwongo bwo ebimu ku birungi oba ebibi byewali owulidde kugwe okuva mu bazadde bo, baganda bo, ab'emikwano oba abasomesa. Wandiika wansi obubaka bwo.

Ekibuuzo: Mungeri ki gyokkiriza nti obubaka bw'owandiise bukukosa mu bulungi oba mu bubi ku ekyo kyokkiriza.

Okufumiitiriza: soma Engero 23:7 osabe mukama akulage nga by'okkiriza bikwata kubuli katundu k'abulamu bwo.

Obubaka obwomuddiringanwa bwakuleetera ,okubaako nebyokkiriza kugwe.

Ng'obubaka bwebwafunibwanga nebüdibwamu emirundi egimala, watandika okufuna byokkiriza ebikwatako. Ekibuuzo ,kiri nti:

Kyokkiriza kyoli kikwatagana N'EKITUU FU kye kigambo kya Katonda?

Katutunuulire ebintu bibiri tulabe oba bikwatagana n'ekigambo kya Katonda.

Kyokkiriza: "Nalemererwa."

Ekyamazima kya Katonda; Mu Kristu oli muwanguzi, **Abaluumi 8: 37.**

Kyokkiriza: Nsobola okukola buli kintu kyenzisaako ebirowoozo byange.

Ekyamazima kya Katonda: Yesu agamba mu Yokaana 15:5, "Awatali nze, tolina kyoyinza kukola."

Nga bwolaba, bino ebibiri tebikwatagana nakigambo kya Katonda, bino mbiyita bitali bituufu. N'olwekyo, nnyinnyonnyola kyokkiriza ekitali kituufu nga:

EBITALI BITUUFU

Kyokkiriza kyona ku gwe ekitakwatagana oba ekikontana ne kyamazima kya

Katunnyonnyole ebikkiririzibwamu nga bikyamu.

Biki ebimu byokkiriza ebitali bituufu?

Okwegezesu: Nga tonnagenda wala mu kusoma kuno, laba ku lukalala luno wansi olondeko biki byowulira oba okkiriza nti bituufu ku gwe (kyamugaso okubeera owamazima gyoli nga bwoyita mu lukalala luno.) Oyinza okulowooza ku kukolawo mwoyo mutuukirivu akulage kki kyokkiriza ku lukalala luno.

Nzikiriza oba mpurira nti:

Sisaanidde

Nnina obukumi munze

Ssikirizibwa.

N'emalirira.

Mb'olebwa.

Ndi muwanguzi

Nalemererwa.

N'esigamwako

Ndi mveraliikirivu.

Nze n'efuga

Ssemala

Nsibuka munze mwenyini

Ndi munafu

Ssirina kutya munze.

Mpangudwa.

Ndi w'amaanyi munze

Ssirina bukumi.

Ndi mukutya.

N'etaaga okukutegeeza mukaseera kano nti buli kimu ku byokiriza waggulu **si bituufu**. Omuko ku kkono nguyita EBIKYAMU, ate omuko ku ddyo nguyita EBILUNGI naye nga byabulimba.

Ebirungi byokkiriza ebitali bituufu birabika nga bisikiriza. Naye tumanyi tutya nti sibituufu? Ekigambo ekikulu kiri "Nze" ekintu kyona kyokkiriza ku ggwe kirina "Nze" akyekwatiddeko.

Bwoba walonzeko ekimu oba okusingawo ku ebyo waggulu ng'ekituufu kuggwe, awo obeera okyakkiriza ebitali bituufu ku ggwe. Katulabe engeri ezimu gye bitukosa, naye okusooka kola okugezesebwa kuno wammanga:

Okugezesebwa: Engeri emu ey'okukuyamba okukutegeeza nti olukalala olwo waggulu lufu, kwekugatta ekigambo "Omukulisitaayo" ku buli nkomerero y'abuli kigambo.

Eky'okulabirako, "Omukulisitaayo eyagaanibwa", oba "omukulisitaayo eyeemalirira" nsubira nti kiwulikika ng'ekitali kituufu bwogatta ekigambo "mukulisitaayo" ku kyokkiriza. Tujja kugeraageranya byokkiriza ku kigambo kya Katonda kye kigambo mu ssomo eryokusatu.

Kiki ekyaliwo byokkiriza ebitali bituufu bwe BYAYONGERWAMU AMAANYI?

*"Era tetuliddamu kubeeranga baana, nga tukyusakyusa endowooza zaffe ku kki kyetukkiriza kubanga waliwo atubuulidde ekyenjawulo oba kubanga waliwo atulumbye **n'akifuula ekiwulikika ng'ekituufu**." Abeefeso 4:14.*

Mu kugatta ku kukola ebitali bituufu, ekizibu ekirara kyajjavo. Weeyongera okukkiriza n'okuggumiza ebitali bituufu bino okutuusa lwebyalabika ng'ebituufu gyoli.

Akakunizo kano wansi kalaga ensonga eno:



Nga bwe weyongera okutwala obuvunaanyizibwa ku bitali bituufu, bisimba amakanda okutuusa lwebivaamu ekizibu ekyamaanyi.

Ekizibu:

***Ebimu ku byokkiriza eitali bituufu bifuuse bituufu nnyo gyoli nti
n'ekituufu kya Katonda KYANIKA eitali bituufu byo, osigala okkiriza
MU BY'OBULIMBA.***

Ogenda kulaba ensonga eno bulungi mu ssomo ery'okusatu bwonaayiga embala eyaakiki kyoli ekituufu. Ensonga enkulu eri nti gyeweyongera okukkiriza eitali bituufu gy'okoma okubulira bu byo.

OLUNAKU OLW'OKUBIRI

Ebiva mu kubeerawo okwenzikirizazo ezitali ntuufu

N'akyogedde mu kusoma kwaffe nti tosobola kubeerawo ku ssukka ku kyokkiriza. Bw'oba kyyokkiriza kikyamu era bwotyo bwojja okubeerawo. Kino kitegeeza nti okubeerawo mu nzikiriza ey'obulimba, kijja kukuviramku okukosebwa mu nkolagana yo ne Katonda awamu n'abalala. Kino tukiyita okutambula okw'omubiri. Okubeerawo mu byokkiriza eitali bituufu kizaala ebyenneeyisa **by'omubiri**.

"Naye tumanyi nti amateeka ga mwoyo; naye ndi w'amubiri eyatundibwa mu buwambe obwekibi"

Abaluumi 7:14

Mu Baibuli, ekigambo "mubiri" kitegeeza OKUYAAYAANIRA obulamu OBWEYAWUDDE ku Katonda ng'ensibuko neweefuukira ensibuko yo.

Twayogera ku mubiri mu katabo kaffe akaasooooka "okutambula obulamu okuva mu nsibuko empya", naye nja kwagala tukikozese mu kutegeera kiki ekituufu kyetuli.

Okutambulira mu nzikiriza enkyamu kuzaala enneeyisa ey'omubiri.

Omubiri

Bw'okikwataganya n'okusoma kwaffe z'ENDOWOOZA n'empisa ezituviiramu okukkiriza OBUKYAMU kuffe.

"*Kati ebikolwa by'omubiri byeyogerako byokka. Obwenzi, obutali bulongofu, obujeemu, obulogo, okukyawagana, okweyawulayawulamu, efubirizi, obutamiivu n'ebintu ebirala ebifaanana nga bino....." Abagalatiya 5:19- 21a*

Okubeerawo mu byokkiriza ebtali bituufu kuggwe kijja kuvaamu **byaneyisa ya byamubiri** ng'ebyo ebimanyidwa mu bagalatiya 5:19-21 waggulu.

Ebyeneyisa ye byomubiri bijja mu ngeri bbiri, ebirungi n'ebibi. Wano wansi bye byokulabirako ebimu ebirungi n'ebibi ebyomubiri.

Ebyomubiri ebibi:

Ebyomubiri ebibi byangu okulaba kubanga bizaala enneeyisa embi ey'omubiri.



Laba ebyokulabirako bino okutegeera obulungi:

Obusungu, obutali butebenkevu, obutasonyiwa, enge, okufuga, okutya n'okweraliikirira.

Ebidirila kyekyokulabirako kungeri enzikiriza enkyamu bwezalamu Eneyisa eyo'mubiri Enkyamu.

Eky'okulabirako: Katusuubirize nti emu ku nzikiriza enkyamu z'olina bw'ebuteemala. Abantu abateemala tebaagala kuwlira nti tebeemala, ekiva mu ekyo ye nneeyisa ey'omubiri nga okwekwatirira n'okusalira banno emisango osobole okwewuliza obulungi.

Abantu ng'abo baagala okusanyusa abalala nga basobola okukola ekintu kyonna balowoozebweko ng'abalungi. Ekyenkomero bwebaba tebalinawo njawulo ku buteemala bwabwe bajja kwagala okutoloka empulira eyo nga beekwasa emirimu gyabwe, byebaagala ennyo, omwenge n'okulaba ebifaananyi eby'oseegu n'ebirala.

Ebyomubiri ebirungi:



Ebyomubiri ebirungi bizibu nnyo okulaba kubanga birabika nga bisiikirize, ekizibu kiri nti ebirungi birabika bulungi naye nga bikolebwa byesigamizidwa ku ggwe wekka oba nga byeyawudde ku Katonda.

Ekyokulabirako kyabyombi.

1. Ebyokulabirako ebirungi ebyomubiri ebitunuulirwa gwe wekka: okwekkiririzaamu okwesigama ku ggwe wekka, obuwanguzi, n'obutuukirivu.

Kino wansi kyekyokulabirako ekyebitali bituufu n'ebirungi ebyomubiri ebivaamu.

Ekyokulabirako: Katuteebereze nti ekimu byokkiriza nti w'emalirira. Kijja kukola buli kisoboka okwongera amaanyi mu kwemalirira. Ebimu ebyomubiri ebikulukuta okuva mu kwekiririzaamu ennyo bye, kwe kweraga n'okuwulira ng'alina buli kyakuddibwamu (buli kimu akimanyi) abantu abekkiririzaamu ennyo batera okubeera n'amalala mu byebatuukiriza era nebanyoomola abo abatuukana n'omutindo gwabwe.

2. Ebyokulabirako ebyomubiri ebirungi ebikolebwa mu KWEYAWULA KU KATONDA.

- 1- Okugezaako okukola omulimu gwo nga weeyawudde ku Katonda.
- 2- Okugezeaako okubeers omwami atya katonda, taata oba maama eyeyawudde ku Katonda.
- 3- Okubuulira ekigambo nga weeyawudde ku Katonda
- 4- Okusumba omuntu nga weeyawudde ku Katonda
- 5- Okugenda mu Kkanisa, okuw'eri ekkanisa, oba okwetaba mu buweereza okusobola okufuna ekintu okuva eri katonda.

Ebyomubiri ebirungi kiva ku KUGEZAAKO kukola ebintu ebimu nga weeyawudde ku Katonda, biyinza okulabika ng'ebyo mwoyo oba ebirungi naye bwe bikolebwa nga byeyawudde ku katonda biba bikoledwa mu MUBIRI!

Ebyokulabirako mu bulamu bwange ku ngeri gyennakolangamu nga nneyawudde ku Katonda: Bwennayingira mu buweereza emyaka kkumi n'ebiri emabega nafuna omuze ogw'omubiri gwessaalina nga ssinnayingira mu buweereza. Nguita "obuwereza ob'wmubiri" buba bufaanana bulungi naye era busigala nti bwa mubiri. Ekyokulabirako, ebiseera bingi nayimuka okutandika okwogera nga nneewulira nti nneetegese ekimala olw'okuba nnalina byempandiise ku lupapula n'ebokulabirako ebyenjawulo. Mu kifo ekyokwesigama ku Katonda ayogerere mu nze, nnayigiririzanga mu maanyi ne mubusobozi bwange awatali maanyi ga Katonda nabulamu bwe. Newankubadde nnayigirizanga

mazima, nnali ngayigiririza mu ndowooza ey'omubiri kubanga nagayigiririza nga ssesigamye ku Katonda.

Katutunuleko ku ndowooza ne mpisa endala ez'omubiri ku ngeri gyezikwataganamu n'ebiyobulimba byaffe kabibe birungi oba bibi byetukkiririzaamu. Ku lukalala luno wa mmanga weekebere olabe oba olinamu ebunu ku byo.

OLUNAKU OLW'OKUSATU

Ebyokulabirako ebyenneeyisa y'ebiomubiri ekwatagana N'EBITALI birungi byo kkiriza.

Wansi lwe lukalala lwebitali birungi by'oynza okujjukira okuva mu kugezesebwa kwewamaze okukwata ku byokkiriza. Ebitali bituufu birina emisittale wansi.

- | | | |
|-----------------------|---|---|
| 1- Obutabaamu nsa | - | Okwevomirira, okuvumirira ennyo abalala okusobola okwezimba. |
| 2- Obutakkirizibwa | - | Fitina, enge, n'okubeera asanyusa obusanyusa abalala. |
| 3- Okugaanibwa | - | Obunyiivu, okwekuuma, n'okugaana abalala. |
| 4- Eyalemererwa | - | Atya okukola ensobi, akwatibwa ensalwa kubalala n'okubeera obwomu |
| 5- Obuteematira | - | Okusalira balala emisango, okwegana, okusanyusa abalala, okwekweka mubintu ng'omulimogwo, byosinga okwagala, omwenge, ebyobuseegu, n'ebirara. |
| 6- Okutya | - | Okweyawula, okwekuuma ennyo, awamu n'okwewala okulemererwa mu buli ngeri yonna. |
| 7- Obutaba na bukuuma | - | Obukoowu, okusigala mu mitambo n'okwenyumiriza ennyo mu by'otuukiriza. |

Ekibuuzo: Waliwo ekimu ku bino ekikukwatako?

Ebyokulabirako ebyo mumubiri ne nneyisa ebikwatagana n'ebirungi byokkiriza.

Wansi lwe lukalala lwe birungi byokkiriza ne nneyisa ebiyinza okukulukuta okuva mu ebyo.

- | | | |
|--------------------------|---|--|
| 1- Obuggumivu mu gwe | - | Olowooleza ku byakufuna, weemanira mu kusoma, endabika, n'okuvumirira abalala |
| 2- Okwemalirira | - | Okwewaana ennyo |
| 3- Okwekkiririzaamu | - | Okweraga ennyo awamu n'okweweereza |
| 4- Obuwanguzi mu ggwe | - | Obanakyemalira n'okujolonga abalala |
| 5-Okwekkiririzaamu | - | Okusuubira ekingi mubalala |
| 6-Okwefuga mu ggwe | - | Atuukiriza, atawa mwagaanya eri abalala, okola buli kisoboka okusigala mu mitambo. |
| 7. Amanyi ennyo | - | Awakana nnyo, otiisatiisa |
| 8- Oli waamaanyi mu ggwe | - | tokkiriza bunafu bwonna, ofuga era oli waggulu waabuli Kintu |

Ekibuuzo: Waliwo kyoli ku bino byona?

Ekikulu ennyo:

Okweyongera okubeerawo mu byokkiriza kugwe ebitali bituufu kijja kukumira mu BUSIBE ku byeneeyisa y'omubiri gwo.

Okwegezesu: Laba ku mwaliro 18 ne 19 ogwe ssomo lino okuli “ebyenneeyisa ye by’omubiri owandiike wansi ebibtu bitaano byoyagala okusumulurwa ko.”

Wanddika wansi nga ebyenneeyisa byomubiri gwo webinakukosa, oba munno, abaana bo, mikwano gyo awamu ne bakozi banno.

OLUNAKU OLWOKUNA

Kiki ekiva mu bye nneyisa ye byomubiri?

*"Kubanga endowooza essidwa ku byomubiri **kufa**, naye endowooza esidwa ku mwoyo buba bulamu na mirembe." Abalumi 8:6*

Luno olunyiriri lugamba nti okwogera okubeera mu byo mubiri kivaamu **kufa**! Kufa ki kuno okwogerwako? Si kufa kwamwoyo kubanga tukimanyi nti mu kwesiga Kristu okununulwa, tulina obulamu obutaggwawo mu Kristu era tetulifa nate mu w'omwoyo

"Okufa"

"okwogerwako kuno kunnyonnyorwa nga okunyorwa kw'omwoyo olwe KIBI".

Kwe kugamba, bwe tweyongera okubeera mu byomubiri ebiva mu byetukkiririzaamu, ekinaavaamu kujja kuba kunyolwa mu mwoyo.

Bino wansi bye byokulabirako ebyo kunyorwa kw'omumwoyo.

Okusingisibwa	omusango	obwerariikirivu	okuswala	obutasonyiwa
Obusungu	okuswala	amalala	obukaawu	okweyagaliza
okwesaasira	obuteematira	okutya	okweraliikirira	okusoberwa
obutabamu nsa	okwesalira omusango	okugaanibwa	obutaba na bukuumi	obutamatira

Okwegezesu: ku lukalala olwo waggulu, londako biki ebireeta okunyolwa kw'omwoyo kwolaba kati.

Ekibuuuzo: Oyagala okusumululwa ku byenneeyisa yo mu biro byo?

Ijukira: Bw'oba okyabeera mu byokkiriza ebitali bituufu ku ggwe, awo obeera ng'omuntu eyayogerwako mu 2 Petero 2:22:



"Kuba engero ntufu: Embwa eddira byesesemye. Era ne Mbizzi enaazidwa eddayo okwefutyanka mu bisooto."

Embwa okudda ku byefulumizza oba embizzi okudda mu kwefutyanka mu bisooto kifaananyi kirungi ekitulaga bwe kifaanana okweyongera okubeerawo mu byenneyisa byomubiri ebikulukuta nga biva mu byokkiriza ebitali bituufu, bwekiba nga bwe kiri, lwaki tuddingana ebyo mubiri? Wano ate, kino kyetumanyidde, mu bubi bwakyo nga bwe kiwulikika, tuyize okubeera muffe, n'okubeera abatebenkevu mu kunyorwa kwe mibiri gyaffe.

Ebyeneeyisa byo mubiri ebiva mu byokiriza bikuleetera okuwulira nga Paulo bwe yawulire.

"Ku lwekyo kye nkola, sitegeera: kubanga sikola kye nandyagadde kukola, naye nkola ekyo kyennyini kye saagala." Abalumi 7:15

Okulafuubana kwa Paulo ne byomubiri kwali Kunene nnyo nti yalaajana mu Baluumi 7:24.

"Ani anansumulula ku eby'omubiri bino ogw'okufa?"

Paulo ali mu kunyolwa! Ali mu kunyolwa okwekitalo nti kirabika ng'alaajana, bwasaba okumusumulula.

"Omubiri ogw'okufa" ategéeza mubiri ne byokunyolwa ebigenderako. Tekywunyisa nti Paul teyasaba.

Kki kyakweyamba oba mitendera ki ekkumi eginaamusumulula?" Yabuza,

"Ani anansumulula?"

Ekyokwetegereza ekisembayo:

OKWEYONGERA okubeera mu byeneyisa ye byo mubiri kijja ku kuumira mu BUSIBE bwa byokiriza ebitali bituufu ku ggwe. Naye, ekisuubizo kya Katonda mu Yokana 8: 22 kiri nti:

"Olimanya amazima, era amazima gali kufuula OWEDDEMBE"

Katonda ajja kusumulula bwoli tegeera era n'obeerawo ku kituufu ekyo kki kyoli ekituufu.

Ekibuuozo: Oyagala okusumulurwa ku by'o bulimba byokiririzaamu? Ki kylowooza ekinaava mu ebyo bw'otoosumulirwe? Okiriza otya nti osumuludwa?

Ekyokulowooza ekisembayo ku mubiri

"Kubanga omubiri gutereka ebyetaago byagwo ku mwoyo, era n'omwoyo ku mubiri, kubanga bino biwakanya kinnakyo, oleme kukola ebyo byoyagala". Abagalatiya 5:1

Bino bye bimu ku byamazima byetwetaaga okutegeera ku mubiri.

Omubiri tegugenda kuvaawo, gujja kubeera naffe obulamu bwaffe bwona.

- Omubiri tegujja kuvaawo, gojja kubeera naffe lubeerera.
- Omubiri tegusobola kukyusibwa ku lwa bulungi oba okulongosebwa (gusobola okwonoonekera ddala!)
- Ekirubiirirwa kyobulamu bwezikulisitaayo ssiggwe kubeera nga owangula oba okukwataganya eby'omubiri gwo nga weeyawudde ku Katonda.
- Okwagala kwo n'amssnyi gwo tebimala kimala okubeera n'obuwanguzi obw'olubeerera ku mpisa zo ez'omubiri.

Tujja kulafuubana obulamu bwaffe bwonna n'omubiri. Amawulire amabi gali nti okuddayo mu by'omubiri byaffe, okubeera nga weeyawudde y'embeera y'obulabe eri ffena kwekugamba kyangu okuddayo mu byomubiri kubanga ekyo kyewtamanyiira. Naye, kati nga bwetuli abakulisitaayo, tulina ekyokukola ekirala. Nga bwetulina obujjuvu bw'amaanyi ga Katonda muffle, tusobola okusalawo kati okutambula nga twesigamye ku maanyi ga Katonda (Ekitera okusinga omubiri amaanyi)

Kubanga olwamaanyi ge nneeyisa ye by'omubiri, bisobola kuwangulibwa nga tutambulira mu kukkiriza AMAANYI ga Katonda.

Kyamakulu okujjukira nti amaanyi go n'obumalirivu bwotebisobola kuwangula bya mubiri gwo. Oteekwa okufuna ku maanyi ga Katonda mu kukkiriza okusobola okugamba nti "Nedda" ku byomubiri.

Ebibuuozo: Okusinzira kuba **abaluumi 7:15**, biki byewandyagadde okuba ng'okola naye nga tobikola? Ogezezzaako obutakola bintu bino ng'okozesa amaanyi go? Kikila?

Ekikulu ekyokusoma kwafe:

Omubiri nneeyisa so SI yenfananayo ENTUFU.

OLUNAKU OLW'OKUTAANO

Ng'okubeerawo mu byokkiriza ebitali bituufu bwezikosa buli kitundu ky'obulamu bwo.

Njagala okukuwa eby'okulabirako ng'ebrokubeerawo mu byokkiriza ebitali bituufu bwezikosa ebyomukwano gwo, obufumbo, abaana bo awamu n'omulimu gwo.

Ebyomukwano.



Bwoba oganyudwa mu mukwano gwo, osabola okutereka obusungu, obunyiivu oba obutasonyiwa? Endowooza yo bwetazzibwa bujja ku kki kyoli ekituufu, ebyeneeyisa byomubiri bino bikuleetera okunyolwa mu mwoyo obulamu bwo bwona.

Bwoba wali ojolongedwako (mu kuvumwa, mu birowoozo n'ebiomubiri) okuva eri omuzadde, oyinza okusigala ng'okkiriza nti toliimu nsa oba "towera" bwotakyusibwa mu kutambulira mu kituufu, ebyo byokkiriza ebitali bituufu bisobola okukuleetera okuwasa oba okufumbirwa omujoozi oba gwe kinnyini okubeera omujoozi, oba bisobola okukugira okulaba eddembe eriva mu kubeerawo mu kiki bekituufu kyoli.

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akulage engeri byokkiririzaamu ne nneeyisa ye byomubiri bwebikosa obulamu bwo awamu n'obwabalala.



Ensi. Sitaani, katonda wensi eno, ayagala kukuumira mu kyakugezaako kunoonya bukumi bwo, nfanana yo, na ssanyu lyo mu byensimbi, Mmotoka gyovuga, oba wa gyobeera? Ekizibu kiri nti Katonda kino Katonda yakyesignaliza nti tolifuna bukumi, ki kyoli ekituufu, oba essanyu mu byokungulu eby'obulamu. Okugatta ku ekkyo, ebibeerawo bisobola okubaawo ebitwala ebantu bino, owulire obutaba na bukumi, obutaba na ssanyu n'okuvibwako kki kyoli.

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akulage ebitundu by'omubulamu bwo wa woogezaako okufuna obukuumi, endabika, ne ssanyu mubintu byensi.

Obufumbo: Mu bufumbo tutera okugaana banywanyi baffe emirundi egyenjawulo, ekigendererwa kiri nti omu bwaganibwa omubiri gwe gwanukula nga gugamba nti, "Nnina eddembe nange okumugaana." Kino kireetawo kyempita "Olikomo lw'okugaanibwa." Gwe ng'omu weetaaga okukakasibwa, munywanyi wo bwatakikuwa, kiyinza okuzikiriza byokkiriza nti toil mutebenkevu. Oyinza okwanukula ng'onyiize, bwe kyeyongera kiyinza okuleeta obusambattuko mu bufumbo bwamwe.

Abaana: Bwokiriza mu byokiriza eitali bituufu, ebyeneeyisa ye byomubiri ebikulukuta okuva mu ebyo bireeta ekitali kirungi eri abaana bo, ekyokulabirako, obusongu bwo buyinza okwonoona ensa yonna gyebandibadde beewuliram n'okukuza enneeyisa eyobusungu.

Bwolafuubana n'obutabaamu bumativu, oyinza okwetaba mu bye nneeyisa oba okulabirira abaana bo basobole okukakasa bwe weewulira obulungi ng'omuzadde.

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akulage nga bwokkiriza eitali bituufu ne byeneeyisa by'omubiri bwebikosa abaana bo.

Ku mulimu: Bwoba ogezaako okufuna kki kyoli mu mulimu gwo, wajja kubaawo okufiirwa enfanana yo singa ,ofirwa omulimu gwo. Bwoba tomanyi kyamazima kki kyolo mu Christu, oyinza okuba ng'ogezaako okusanga oba okufuna omuwendo gwo ne nsa mu mulimu gwo. Kino kiyinza okukuviramu okukola essaawa empanvu, ekiyinza okuviramu omukozi owolotentezi. Bwoba oli mu bufumbo ng'olina n'amaka, kino kiyinza okukosa ennyo omulimu awamu n'amaka go.

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akulage nga kyogezzaako okufunamu ensa oba obukuumi awo gyokolera.

Okumaliriza:

Nsubira nnti essomo lino terikomye ku kulaga byokiriza eitali bituufu naye era lyanise ebyenneeyisa byomubiri gwo ebikulukuta okuva mu bitali bituufu ebyo.

Nkimanyi nti kiyinza okuba nga kimalamu amaanyi bweweeyongera okubeerawo mundowooza eyo. Nsaba nti nga Katonda bwanayanika ebiva mu nneeyisa eyobyomubiri bwebikosa buli kitundu kya bulamu bwo kijja kuleeta okuyaayaana okuyiga ekituufu awamu n'okusumululwa. Amawulire amalungi gali nti Katonda yamanyi nti twali twetaaga endabika empya. Essomo eriddako tuja kulaba kki ekyaliwo ku musaalaba ne mukununulwa okusobola okuwa kyoli ekipya.

Empisa ez'omubiri

Okwemanya weeka

Omusirise enyo
 Okwesasila
 Omunakuwavu
 Njagala nyo okunnumirirwa
 Okubeera n'ensaalwa ku byabalala
 Ng'obuwanguzi ne ssanyu.

Okwebola

Ova mubaanno
 Wewala abalala
 Wekweka ku baanno
 Totukililwa
 Osilikilila baanno
 Toyogera

Okwebuzabuza

Okukozesa ebilagalalagala
 Okunywa omwenge
 Okwo'gera enyo
 Telefaina
 Komputa
 Okulowooleleza

Ayagala eby'obuseegu, okwebaka
 Okulya ennyo, eddiini
 Okwegatta mu mbeera eyeekifumbo

Okweraliikirira

Atya ennyo, talina mirembe na kuwummula
 Asannyalala, n'okuzinzimuka, yeekengera
Anoonya okuwabulwa nga ayita mu ssayansi
 Okulagula n'omwezi.

Gwe okwefuga

akkirizibwa ol'wbikolwa bye
 ayagala okutuukirira
 agezaako nnyo obutalemwa
 Atya okukola ensobi
 ateeka obuteeka
 Atambulira ku katabo

okwesalira omusango

Ataamiira bino wammanga

okumaliriza, okulabibwa, okuweza
 ebintu ebingi, biki byebamulowozaako
 endabika ye, obulamu bwe,
 bweyakosebwa emabega
 n'okukwata emitendera

Ayagala obukulu

nakyemalira (ssenkulu)
 abanja, (asindiikiriza)
 afuginkiriza, atisatiisa, tawanika

Ayagala okwefunza,

asiiga enziro, akaka embeera

Awaaniriza, okulayirarayira

Okuzira emmere,

Atalina kusaasira newankubadde

Obukakkamu

Okutegeera, ekisa, owagala

Yeewozaako

Mu butuukirivu bwo

Awa ebyekwaso
 Akweka ensobi ze
 Annyikiza nnyo ensonga ye
 Sinze ekizibu
 abeerako ne kyanenya
 tatwala buvunaanyizibwa ku
 kulemererwa kwe
 akaluubirizibwa okwenenyeza
 banne, tasaba kisonyiwo,tayagala
 okumaliriza, okulabibwa, okuweza
 ebintu ebingi, biki byebamulowozaako
 endabika ye, obulamu bwe,
 bweyakosebwa emabega
 n'okukwata emitendera
Asalira banne omusango
 alaba nnyo ensobi z'abanne
 ne kkuyye kwennyini, talina
 bugumiikiriza kubala,
 yeemulugunya, teri kirungi kimala
 alina obwesigwa mu ye
 Neesigama kunze mu kifo
 Kyakatonda, neewulira, nnina
 Amayinja, n'epanka, amalala
 Amasuffu,
Talumirirwa
 Tafaayo, talina kisa, tebinkwatako
Teyeefiirayo
 Agamba ebigambo nga Kale, oba
 Kizira taabu

Empisa ez'omubiri

Okwemanya weeka

Teyeekakasa

Asuubiriza

Teyeesiga balala oba Katonda

Kkanisa oba Gavumenti

Asuubira bibi byokka, teyeesiima

Oba abalala, tamatila

Mukaawu

talina mukwano, akeneka, akyawa
avumirira banne, anyyiga mangu
awoolera, akosa abalala n'ebikolwa
akosa abalala n'ebigambo, ayasa ebantu
ng'anyiize

Yeekwatirira

akuuma obusungu,
tasonyiwa, teyeerabira, anoonya
okuwoolera ayagaliza banne
okulemererwa, yeebonereza oba
okubonereza abalala

Alwana mu butali bwenkanaya

Awaayiriza,
ayogera ebitaliiwo
olugambo, yeefuula eyeelabidde
asirika, akomawo kikeerezi

alowooza nti yavaako obuzibu

asabiriza ebisonyiwo, yeesalira omusango
abeera ku bunkenke bwawangula

takkiriza kusonyiyibwa

Kwabalala, okwaglibwa

Asoomooza abalala

awakanya obuyinza, takoleganika
naye, tasomeseka, aleeta enjawukana
anyiiza abalala, awakana nnyo
mukakanyavu, takola makulu

Awakanya ebyobuliwo

Yeefuula atalabye bizibu n'asuubira
nti bijja kuvaawo byokka, buli kimu
akilaba nga ekirungi, alimba abalala akkiriza nti kyawulira ge mazima
ku kki kyal, ajubisa, kazanyiikirizi

Akweka kyali

akweka kyalowooza
ayagala okusanyusa abalala
yeefuula, akola kabandabe
ayagala okulaga nti amanyi
kyali sikyekituufu
tayagala bantu kumumanya nnyo
olw'okumusembera

tatandika bwoba totandise

abigyamu enta mangu
yeewala obunkenke, alinda
ba mugambe, alinda bamugambe
KKI ekyokulowooza, ne kyokukola
akyusibwakyusibwa

tasalawo, yeewala okulemererwa
mu buli ngeri yonna,
mugayaavu, teyeesigika

Abeera ku bunkenke

tawummula, takakkana,
tagumiikiriza, anyiizibwa mangu

Akosebwa mu mpulira ze

ogwekimmemmete,
akaluubirizibwa okulaga
bwawulira, alinnyrira empulira
zaabalala

Abeerawo kuva mubyawulira

akkiriza okuvumibwa
yeekwatakwata, afugibwa
kutya, obusungu
okubuusabuusa, n'okubula
obukuumi, asuubiriza
okugaanibwa

Ayagala okusanyusa abalala

ayagala buli omu abeere
musanyufu,
yeewala okulwana n'abalala
ayagala okwogera ebisanyusa
abalala, tasobola kuyimirira
kululwe, yekuma obutanyiiza
balala,

awanika mangu eri abalala


Kalabaalaba

ayagala akuume abalala
ayagala atwale
obuvunaanyizibwa kubalala
yeeyingiza mu nsonga zaabalala
ayagala obwanannyini ku buntu
ayogera nnyo naye awuliriza
katono, asalirawo banne

Faayo nnyo

yeekeneenya nnyo, tasaaga
tanyumirwa bulamu, talina ssanyu

OBUBAKA BWENNAFUNA OBUKWATA KU NZE



Empisa ez'omubiri eziva mu nzikiriza zange ez'obulimba:

ESSOMO ELY'OKUBIRI

Katonda yamaririza ki okusobola okuwa kyoli ekipya?

OLUNAKU OLUSOOKA

Ennyanjula:

Nsubira nti tuyize mu ssomo erisembyeyo ebimu ku byemukkiriza ebitali bituufu ne byenneyisa by'omubiri gwanwe ebikulukuta okuva mu ebyo. Nkakasa nti okuyaayaana kwamwe kwa kusumululwa. Mu ssomo lino, tujja kulaba kki Katonda kyeyamaliriza mu kununulwa okusobola okusumululwa. Nja kukozesa obukunizo obuwerako okusobola okulaga ebyamazima ebimu ebikulu. Sisobola kukwongera maanyi kimala kusaba mu ssomo lino, naye okugezaako okuyiga ebituufu bino mu magezi. Saba mwoyo akuwe okulabikirwa ku kki kyonaatere okusomako. Katutandike n'okutegeera empumba ya Katonda ey'omuntu.

Empumba ya Katonda ey'omuntu.

Mu 1 baseselonika 5:23, tulagibwa empumba ya Katonda ey'omuntu.

“ Katinno, Katonda ow'emirembe kennini akutukuze ddala, era n'omwoyo gwo awamu ne mwoyo n'omubiri bikuumibwe ddala.”

Akanyiriri kano katulaga nti omuntu alina ebitundu bisatu, ebyobuntu. Twakolebwaa mu mubiri, omwoyo ne mwoyo wobuntu, \katweyongere okulaba kki kyekitegeeza mo Mwoyo, omubiri awamu ne mwoyo wobuntu.

Omubiri: Omubiri gu kiikirira ekirabwako oba ekitundu ekyo ekirabwako n'amaaso. Wano weewasangibwa sensi zo ettaano. Muno mwemubeera amaka ge bitundu biri ebibiri ebisigadde, omwoyo ne mwoyo w'obuntu.

Biyinza okuba obutabeera byangu kutegeera kubanga **tebirabika**. Omubiri gulivaawo naye omwoyo ne mwoyo wobuntu bya lubeerera.

Omwoyo: Omwoyo bwe buntu bwo obwenjawulo oba obuntu obwendowooza obo obwamagezi mwoyita okutabagana n'abantu, n'ebintu ebimu ebyobulamu.

Omwoyo gukulebwaa obwongo bwo (**engero 23:7**) okwagala n'obumalirivu (**1 Abakolinso 7:37**) ne ndowooza (**Luke 10:33**)

Mwoyo w'obuntu: Ekitundu ekyokusatu eky'obuntu bwo ne mwoyo ow'obuntu. Mwoyo wo ow'obuntu tasaanidde kubuzaabuzibwa na mwoyo mutukuvu. Mwoyo wo ow'obuntu

kyekitundu ekyo ekyobutondebwo kyozaalibwa nakyo. Naye, tewafuna mwoyo mutukuvu okutuusa lwe wassa obwesige mu Khristu mu ku kkiriza mu kununulwa.


Mulimu ki ogwamwoyo w'obuntu?

Katonda bwe yagamba mu **luberyeberye 1:26** nti yatonda omuntu mu kifaananyi kye, yategeeza nti yatonda omuntu okusookera ddala nga "mwoyo" **Yokana 4:24** atulaga nti nga mwoyo, tusobola okusinza Katonda

"*Katonda mwoyo, era n'abo abamusinza bateekedwa kumusinza mu mwoyo ne mumazima.*" Mu kugatta ku kumusinza mu mwoyo waffe era kiva mu mwoyo waffe nti tuyinza okuva mu (**Yobu: 32:8**) ne twegatta wamu naye (**Zabbuli 51:12**) netufuna okulabikirwa n'amagezi okuva mu yye (**Abefeso 1:17**), naye okusingiranddala ne toba ne nkolagana naye (**Abaluumi: 8:16**)

Ekikulu ekye ssomo lino kiri nti mwoyo w'abantu kye kifo kye nfanana.

Akakunizo akaddako katuyamba okunnyonnyola kino, omubiri, omwoyo, ne mwoyo w'obuntu.



Ekyamazima kiri nti, tetusobola kwesalamu bitundu kusobola kulaba bitundu bino ebisatu. Naye, nkakasa nti akakunizo kano kajja kuwa ekyokutegeera obulungi ebitundi bino ebisatu eby'omuntu. Tujja kulaba mu bukunizo obuddako lwaki kyamugaso okutegeera nti omwoyo ne mwovo w'obuntu byanjawulo.

Ekyokujukira ekikulu ennyo

Oluusi abantu batabula mwovo ne mwovo w'obuntu nga birabukira mu nkozesu y'abyo mu mpanyisiganya Naye, ekigambo kya Katonda kirambulukufu bulungi mube **abebulaniya 4:12** nti waliwo enjawulo wakati w'ebibiri.

*"Kubanga ekigambo kya Katonda kilamu era kikola ng'ate kyoji okusinga ku Kitala ekye njuyi ebbiri, era nga kifumita okutuukira ddala ku **njawukana y'oMwovo ne mwovo w'obuntu.**"*

Kino ekyawandiikibwa kikulu nnyo kubanga kiraga bulungi (era **nga 1 Abasaseronika 5:23**) nti emmeeme ne mwovo bisuffu mu njawulo. Ojja ku kitegeera bulungi enjawulo nga bwetweyongera mu kusoma. Katugambe nti mukaseera kano enjawulo eri nti, **Omwoyo** kyekifo kye by'obwakatonda. Ate emmeeme kyekifo eky'okwefumiitirizaamu mu bwa Katonda.

Lowooza ku kino:

Katonda akulaba okusookera ddala ng'OMWOYO agwambazizza obumanyirivu bw'obuntu okusinga ku MUNTU ayambazidwa obumanyirivu bw'omwoyo.

Ekibuzzo: Olowooza ku kki kyoli okusokera ddala nga mwovo? Kyandikukosezza kitya engeri gyolaba singa weeraba nga omwoyo alina obumanyirivu bw'buntu ova omuntu alina obumanyirivu bw'omwoyo.

Okwebuulirira: Ku kituufu nti omwoyo gwo gwanjawulo ku mwovo wo ow'obuntu nga bwekiri mu **1 Abasaseronika 5:23** n'a**Bebuleyi 4:12**

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akuwe okutegeera okwamaanyi ku kituufu nti akulaba okusookera ddala nga mwovo ayambazidwa mu mubiri gw'buntu.

OLUNAKU OLW'OKUBIRI

Embeera y'omubiri, Emmeeme n'omwoyo gwa Adam ne Kaawa

Kati ng'omaze okutegeera enjawulo wakati w'omubiri, omwoyo n'obwomwoyo gw'obuntu, njagala tutunuulire ku mbeera y'emibiri nya Adam ne Eve, awamu ne myoyo gyabwe nga tebannagwa mu kibi. Kino kyamugaso kubanga tujja kulaba nga bwebyakyuka ennyo nga bamaze okugwa.

Omubiri: Gwali gwalubeerera (**oluberyeberye 1:27**)

Omwoyo: Gwali gutuukiridde (**ekyoluberyeberye 1:26**)


1. Endowooza zabwe zakkiririzanga EKITUUUFU.
2. Embeera zabwe ddala zaali BUMU ne Kristo era nabuli muntu.
3. Okusalawo kwabwe kwali kwannamaddala okulondawo okutambulira mu mbeera ku mbeera OKWESIGAMA ku Kristu.

MWOYO W'OBUNTU- (Abaluumi 6:11)

1. Wali mulamu eri Katonda
2. Mufu ku kibi

Bwogoberera peegi kyekifaananyi ekiggyayo embeera ya Adam ne Kaawa nga tebannagwa.

Embeera ya Adam ne Kaawa nga tebannayonoona



Adam ne Kaawa bwe baayonoona, Ebintu byakyuka.

Emtekateeka ya Katonda okuva ku ntandikwa yali nti Adam ne Eve baali baakulaba obulamu obujuvu ate obutagwawo naye, omuntu okweyongera okulaba obulamu buno obujuvu ate obutagwawo, Katonda yamuwa eddembe okwesalirawo.

Okusalawo kwo kwali kweyongera kubeerawo kadde ku kadde okukola okusalawo okwobujeemu okubeerawo nga veeyawudde ku Katonda.


Tukimanyi okuva mu kyoluberyeberye 3 nti bakemebwa na Sitaani, baajemera Katonda, nebalya ku muti ogw'amagezi ag'okwawula ekirungi ku kibi. Mukaseera ako embeerayaabwe yakyukirawo era katutunuulire biki Baibuli byegamba nti byakyuka.

Ku kadde ako Adam ne Kaawa nga boonoonye embeera y'abwe yakyuka mbagirawo.

- **Omwoyo w'obuntu bwabwe yafa olw'ekibi (okufa okw'omwoyo).** Embeera y'ebiomwoyo yali ekyuse era kati nfu eri Katonda so nga nnamu eri ekibi.
"N'olwekyo ng'ekibi bwekyayingira ensi yonna okuyita mu muntu omu, n'okufa okuyita mu kibi, mungeri y'emu okufa kwajjira abantu bona kuba bona baayonoona." Abaluumi 5:12
- **Bayawula ku Katonda yennyini.**
"Naye ebibi byamwe bireese enjawukana wakati wamwe ne Katonda, era ebibi byamwe bikwese amaaso ge jemuli anti eleme kuwulire." Isaya 59:2
- **Bayawukana ku BULAMU bwa Katonda, n'AMAANYI ge.**
"Nga babuutikidwa ekizikiza mu kuteggeera kwabwe, nga baawukanye ku bulamu bwa Katonda." Abefeso 4:18

Akakunizo kano wansi kalaga embeera ya Adam ne Eva nga bamaze okugwa. Weetegereze nti omwoyo gw'obuntu tegukyali mulamu.

**Adamu ne Kaawa bwe baayonoona baafa mu byo
mwoyo era NEBAYAWULIBWA ku Katonda ng'ensibuko
y'obulamu bwabwe**



EKITUUUFU EKIKULU

Nga Adam ne Eve tebanagwa, eby'emyoyo gyabwe byali BILAMU ku Katonda nga BIFU ku kibi. Naye oluvannyuma Iw'okugwa, eby'emyoyo gyabwe egy'obuntu BYAFA eri Katonda n'ebirala BILAMU eri ekibi

Okusalawo kwa Adamu ne Eve kwakukosa kutya?

"N'olwekyo ng'okuyita mu muntu omu, ekibi kyayingira mu nsi, era n'okufa okuyita mu kibi, awo okufa ne kusaasaanira abantu bona, kubanga bona baayonoona."

Abaluumi 5:12


Ekizibu kiri nti ffena tusibuka mu Adam ne Eva, ng'ekiva mu ekyo, bwe wazaalibwa, wasikira ebibi bya Adam ne Eve. Mungeri endala, wasikira eby'omwoyo byabwe oluvannyuma lwokugwa.

Mu kuzaalibwa wasikira embera za Adam ne Eve.

- **Wazaalibwa oli MUFU MU MWYOYO eri Katonda (Abaluumi: 5:12)**
- **WAYAWULIBWA ku Katonda- Isaya 59:2**
- **WAYAWULIBWA ku BULAMU bwa Katonda awamu n'AMAANYI ge - Abefeso 4:18**

Akakunizo kano wansi kakulaga ebyomwoyo byo mu kuzaalibwa (Weetegereze nti omwoyo gw'obuntu muffu ku Katonda naye nga mulamu ku kibi

Wasikira embeera ye by'omwoyo gwa Adam ne Kaawa mu kuzaalibwa kwo




OLUNAKU OLW'OKUSATU

Mukwongerako, watandika okukola kyewali ekikadde.

Nga bwe nakikoonyeeko mu ssomo lyaffe elisooka (1), nga tonalokolebwa, watandika okukola endabika eyeesigamizibwa ku ssuubi oba ebyokukkiriza ebikyamu ku gwe. Kino nkiyita ndabika ekolebwa ebyo byokkiriza nga bwekiri nti endabikayo eri kumu ku byomwoyo byo, kati katulabe ku nnyinyonnyola KYEWALI ekikadde n'ebayao.

Byewakkiririzaamu ebituufu n'ebitali bituufu nga tonanunulwa bye byatonda KYEWALI EKIKADDE.

Akakunizo kaffe akaddako, ojja kulaba nti nagatta wamu ebituufu n'ebitali bituufu ebyakola kyewali enkadde.



EKITUUUFU EKIKUULU: Jjukira nti kye wakkiriza ngamu nga tonakyuka kyekyo kyennini kyewali ekituufu

Questions: Olowoza lwaki nkozeseza ekigambo “kyewakiriza nga?”

Ku lwembeera ye byomwoyo byo nga tonnalokolebwa, tewalina kyakusalawo naye OKUKKIRIZA ebibyo byewali ebikadde awamu n'OKUBEERAWO ku lwe byomubiri ne nneeyisa yabyo.

Embeera yo yaleetawo ekizibu ekyali kisobola okumalwawo katonda yekka.


Kulwebyo mwoyo byo awamu ne kyo kyewali ekikadde Katonda yayaga okumaliriza ekintu mu muntu okusobola okukyusa embeera ye byomwoyo bye. N'olwekyo, katulabe ngeriki Katonda gyeyakola kino.

Jjukira byetwayize mu Katabo akasooka ku njuyi ebbiri ez'omusaalaba, njagala okulaba enjuyi zombie nga nkozesza akakunizo kano.

Ekitundu ekisooka - Oluuyi OLWE'KIIBI Kumusalaba

Jjukira nti Kristu kyamaliriza nga afa ku lwebibi byafe.

Oludda OLWE'KIIBI olwomusaalaba



Kristu yafa olwokusonyiyisa ebibii

Abefeso 1:7

Ekyo'kudamu kyakatonda eri Ekiibi kumusalaba-Kristu ya'fa kulwe Ebibi Byaffe.


Naye tulina okununulibwa okuyita mu musaayi gwe, okusonyiyibwa kw'okuwaba kwaffe, okusinziira ku bugagga bwekaza kye, ekyo kyeyayiwa kuffe.” Abefeso 1:7

“Naye Katonda atendereza okwagala kwe gyetuli, mukaseera ako twali boonoonyi, Kristu yatufiiririra.” Abalumi 5:8.

Ffe nga abakkiriza, tukimanyi nti singa Kristu teyagenda ku Musaalaba okusobola okutuwa okusonyiwa kwe bibi, twandibadde kununulwa oba okutabagana ne Katonda.

Twandibadde twawukanye ku Katonda era twolededde okuzikirizibwa. Naye, Katonda, mu kisa kye n’okwagala kwe gyetuli yasindika omwana we omu yekka Kristu okufa ku lwebibi byafe, nti mu kufuna ye mu kukkiriza nga omulokozi, tulibeera naye emirembe gyonna. No’lwekyo, ekitundu kya Katonda ekyokukola ekisooka kyali kya yesu kufiiririra ebibi byaffe.

Tulaba akakunizo kano wansi okugobwa kwe bibi byaffe nga tuyita ku kufa kwa Kristu ku Musaalaba.




Newankubadde nga ebibi byaffe byawangulwa, waliwo EKISINGAWO ekyali kyetaagisa mu kulokolebwa

Oluuyi/ Oludda lw'obulamu olw'Olw'omusalaba

Ku kwongera kukujjavo ebibi byaffe Katonda yayongera okwagala okubaako kyakola ku mwoyo waffe owobuntu eyafudde kuye naye nga mulamu mu kibi. Twali tukyalina endabuka yaffe era twali tukyeyawudde ku Katonda. N'olwekyo Katulabe kki Katonda kyeyakola okutereesa ebintu bino. Twayize nti Katonda yamaliriza nga agasseeko okugyawo ebibi byaffe ekiyitibwa oludda olw'OBULAMU olwo musaalaba. Akafaananyi akaddako kino kakirambuka bulungi.

Oluuyi / oludda OLWOBULAMU, olwomusaalaba.



Katumulungule buli kituufu ku ludda lw'obulamu olwo musaalaba.

OLUNAKU OLWOKUNA


EKYOKUSALAWO KYA KATONDA – EKITUNDU EKISOOKA- Endabika yo enkadde YAKOMERERWA ku mussalaba

Omwoyo gwo ogw'obuntu omufu mu Baibuli guyitibwa “**omuntu omukaadde**.” (laba **Abaluumi 6:6**) okusinziira nga endabika yo bwe sangibwa mu mwoyo gwo ogw'obuntu, endabika yo enkadde eri kitundu “kuggwe nga bwewali emabega.” Nga Katonda tannakuwa omwoyo gw'obuntu omupya, ne ndabika empya, yali alina okukolagana n'omuntu omukadde mu ggwe. N'olwekyo, **yakomerera** oyomukadde mu ggwe, awamu nendabika yo enkadde, awamu **ne Kristu** ku Musaalaba.. Tulaba ekyamazima kino mu nnyiriri zino wammanga.

*“Okumanya kino, nti **omuntu waffe omukaadde yakomererwa wamu naye**, ngera n'emibirgyaffe egyekibi gisobola okwelekereza, tuleme nate kubeera baddu baakibi.” Abarumi 6:6a*

“Nze (Omwoyo gw'obuntu omufu ne ndabika yange enkadde)” nakomererwa ne Kristu era nze (omwoyo gw'obuntu omufu ne ndabika yange enkadde) tetukyali balamu”.
Abagalatiya 2:20


Akakunizo akaddako kalaga endabika yo enkadde nga ekomererwa ne Kristu ku musaalaba



Wetegereze: Oyinza okwebuuza, "Ebyange ebikadde, ne kyenali ekikaadde bikomererwa bitya ne Kristu ate nga okukomererwa kwa Kristu kwaliwo emyaka 2000 emabega?" ekyokuddibwamu kwe kyo kiri nti mukuwangala okwolubeerera awamu ne Katonda, tewali budde, buli kintu weekiri ne Katonda, oba walokoka ddi, katonda alaba ebibyo byona ebyemabega nga bikomererwa ne Kristu ku musaalaba. Kino mu kyamazima kiri waggulu w'okuteebereza kw'omuntu era nga ebyawandiikibwa ebirala.

Wano wetulina okubikkiriza nakukkiriza.

Okwegezaamu: wandiika mu kassaako wakati byokkirizaamu ebitali bituufu.



Ekibuuzo: Okusinziira ku byetwakayiga, kiki ekyatuuka ku byokkirizaamu ku kulokolebwa okusinziira kuba **Abaluumi 6:6** N'abagalatiya 2:20?

Okwebuulirira: Mu **Abaluumi 6:6** ne **Bagalatiya 2:20** osabe Katonda akuwe okubikkulirwa n'okutegeera okwekusifu, obukulu bwe kigambo nti obwo mwoyo gw'obuntu bwo bukadde ne kyewali ekikadde byakomererwa ne Kristu.

Okutabagana ne Katonda: Saba katonda akuwe okutegeezebwa okwekusifu awamu n'okubikkulirwa ku kyamazima nti byokkiriza ebitali bituufu nabyo byakomererwa.

EKIBUUZO EKIKULU

Bwoba nga byokkiriza ebitali bituufu biri kitundu ku kyewali ekikadde EBYA KOMERERWA ku Musaalaba KIKYAKWETAAGISA okweyongera okubikkirizaamu?

EKYOKUKOLA EKYA KATONDA: EKITUNDU EKYOKUBIRI -2- Katonda YAWANYISA kyewali ekikadde, N'AKUWA kyoli ekipya


"N'olwekyo, omuntu yenne bwabeera **mu Kristu** abeera **Kitonde kigga**: ebikadde nga byayita, laba ebipyia bizze." **2Abakorinso 5:17.**

Luno olunyiriri lugamba nti bwe weesiga Kristu mu kununulwa wafuuka **kitonde kija**. Okufuuka ekitonde ekijja kitegeeza nti olina **omwoyo w'obuntu omupya** ne **ndabika empya** mu Kristu "ebikadde" mu Bakolinso **5:17** byakomererwa, mungeri endala ku manunulwa Katonda yawanyisaamu ebibyo ebikadde n'ebipyia

Ezkeri 36:26-27 ebinnyonnyola bweti.

Nja kuteeka omwoyo omupya mu ggwe, era nja kugyamu omutima ogwejjinja mu mubiri gwo.

Akakunizo akaddako kalaga nga Katonda bwe YAWANYISA ebibyo ebikadde n'omutima ogw'obuntu omupya.



Ekibuuuzo: Katonda bwakuwa endabika empya kikwetaagisa okweyongera okubeera mu bibyo ebikadde? Kinkyusa kitya engeri gy'obeerawo?

Okwebuulirira: Mu **2Bakorinso 5:17** ne Ezekeri **36:26-27** osabe Katonda akulage ekituufu nga bwe yakyusa endabikayo enkadde ku mpya

OKYOKUKOLA EKYA KATONDA - EKITUNDU 3- KATONDA yateeka OBUJJUVU Bwe mu Muntu


Okugatta ku kyokuwanyisa ebyaffe ebikadde, tuyize mu katabo akasooka inti.

1. Katonda yateeka obujjuvu bwe mu ggwe.
2. Katonda yateeka obulamu bwe n'amaanyi mu ggwe
3. Katonda yatabagana wamu n'awe

Obukunizo obuddako obusatu bujja kulaga ebituufu bino ebisatu, okuva omuntu bweyawawulwa ku katonda nga ensibuko ye by'obulamu, ekintu Katonda kye yasooka okukola kwe kwyingiza mu muntu era nga ekiva mu kulokolebwa, kati tuli mu Kristu nga obujjuvu bwa kitaffe, mwana, ne mwoyo mutukuvu bubeera muffle, kino tukiraba mu **Bakoloso 2:9:10**

"Kubanga mu Kristu obujjuvu bwa Katonda weebuli mu ndabika y'omubiri era nga muweeredwa obujjuvu bwa Kristu akulira buli maanyi gonna n'obuyinza." Abakoloso 2:9:10

Kati mujjudde Taata, omwana Yesu ne mwoyo mutuukuvu.



EKYAMAZIMA EKIKULU

Katonda yateeka obujjuvu bwe mu muntu ,omuntu aleke kuddamu kwemalirira nga ensibuko y'obulamu

"Ye nsibuko y'obulamu bwo mu Kristu Yesu....." 1 Abakorinso 1:30a

"**Muyye mwetubeera, mwatutambulira era mwetulina obuntu bwaffe.**" Ebikolwa bya Mutume 17:28

Biki ebimu ebyokulabirako ebitegeeza nti Katonda ye nsibuko yo?

- Katonda yekka y'asobola okukutuusaako ebyo ebyokwagala ebitaliiko bukwakkulizo, okukkirizibwa, okubaamu ensa, obukuumi, endabika yo n'ekigendererwa.
- Katonda yekka y'asobola embeera zo ezitasoboka n'ebikunyiga.
- Katonda yekka y'asobola okukusumulula ku byo bulimba nga akozesa amazima ge.
- Katonda yekka y'asobola okukyusa embeera yo eyeekibi ne nneeyisa.
- Katonda yekka y'asobola okuwa obuwanguzi ku by'omubiri, ekibi n'amaanyi ga Sitaani.
- Katonda yekka y'asobola okukukkirizisa ekyo kki kyoli mu ndabika yo entufu.

Ebibuuzo. Bwaba nga Katonda ye nsibuko y'obulamu, alina ekigendererwa kyona gyoli okubeera ensibuko?

Ogezaako oba wali oogezezzako mu busobozi bwo okumaliriza ebimu ku ebyo? Bwekiba bwekityo, kikola kitya gyoli? Bwekiba tekikola, kiki kyewandikoze?

Okwebuulirira: Mu 1Yokaana 5:12, ne 1Abakolinso 1:30, ne yokana 14:6, awamu n'ebikolwa bya Batume 17:28

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akuwe pkwolesebwa okwekusifu, nti yalina okubeera ensibuko yo ey'ebiyobulamu.

Musabe akulage ebitundu mu bulamu bwo byogezaako okubeera ensibuko y'obulamu bwo.

OLUNAKU OLWOKUTAANO

EKYOKUKOLA KYA KATONDA- EKITUNDU EKYO 4 - KATONDA YA ZZAAWO OBULAMU BWE N'AMANYI MU MUNTU.

Jjukira mu kusoma kwaffe okwemabega, okubeera mu bulamu obusibuka mu nsibuko empya, nti tuli ndebe z'abulamu bwa Katonda n'amaanyi.

KRISTU ye BULAMU

".....*Kristu obulamu bwamwe...*" Abakolosaayi 3:4

"*Ye nze bulamu.....*" Yokana 14:6

Kristu yateeka OBUJJUVU bw'OBULAMU bwe mu muntu, asobole okufuna mu ye buli kye yetaa


AMAANYI ga Katonda:

Ku kugatta ku bulamu bwa Kristu, olimu n'amaanyi ga Katonda. Paul atubuulira kino mu 2 Kolins 4:7

"*Naye tulina ekyomuwendo kino mu bileku ebibumbe okulaga nti amaanyi gano gonna gava mu Katonda so si muffle.*"

Katonda yareka AMAANYI ge mu ggwe, asobole OKUKYUSA engeri gyolowozaamu, gyokkiriza, gyosalawo ne gye weeyisa.

Akakunizo akaddako katulaga ekyamazima kino.



EKYOKUKOLA KYA KATONDA – EKITUNDU EKYO 5 – Katonda YATABAGANA n'awe.

Kati nga bwoli ekitonde ekijja, katonda yamaliririza ekintu ekirala kimu ku lwo kununulwa. Yatabagana n'awe, kwekugamba, Taata, omwana ne mwoyo mutuukirivu byona byeyunga ku mwoyo omupya


Olwobuntu. Kino Katonda akiraga mu byawandiikibwa bino wammanga.

"Naye omu omukkiriza, eyeegatta ku mukama abeera mwoyo omu" 1 Abakolinso 6:17

Tokyalina Katonda eyeyawudde ku ggwe, Katonda wo kati ali mu butagwawo, awamu **n'obutayawulwa** ku ggwe. Soma **yokana 14:20** okwongera okukakasa enkolaganayo naye.

"Ku lunaku olwo ojja kutegeera nti ndi mu kitange era n'awe munze ate nange mu ggwe."

Akakunizo akaddako kakulaga endabika yo empya mu kutabagana ne Katonda.



Ekibuuzo: Katonda nga bwali nti tayawulwa ku ggwe, asobola ddala okukulekerera? (Abebulewo 13:5) Katonda bwaba tayawukana ku ggwe, osobole okufiirwa okununulwa kwo?

Okubuulirira: Mu ba **1 Kolins 6:17**, ne **Yokana 14: 20**, lowooza ku kyamazima nti Katonda ali wamu n'awe.

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akulage mu buwanvu kye kitegeeza okubeera awamu naye. Bwoba okkiriza nti osobola okufiirwa okununulwa ko, saba katonda akukkirizise nti ekyo tekisoboka ku lw'okutabagana kwe okutawukana n'awe.

Ekibuuzo: Bwoba nga obusabuusa okwagala kwa Katonda gyoli, kisoboka nti okuyita mu ebyo byonna byeyakukolera mu kununulwa, osobola okukakasibwa mu buwanvu nti akwagala.


Okwebuulirira: ku byonna katonga byeyakukolera ku Musaalaba ne kukununulwa, okusobola okukusonyiyisa ebibi byo, okukuwa obulamu bwe, awamu n'okukuwa endabika empya, okwebuulirira ku bino, kikuwa omutima omugulumivu ate omusiimu?

Okutabagana ne Katonda: Bwoba obusabuusa okwagala kwa Katonda gyoli, musabe akozese byonna byoyize mu kusoma kuno otegeere okwagala kwe gyoli.

Leka twejjukanye enjuyi ebbiri ez'omusaalaba.

Okuwumbawumba essuula eno, tunuulira oluuyi lwekibi n'obulamu ku musalaba omulundi omulala

Enjuyi Ebbiri Ez'omusaalaba



Okumaliriza

Nkakasa nti ozidwamu amaanyi ku lwebyo Katonda bye yamaliriza ku Musalaba okuzzaawo omwoyo gwo ogw'obuntu mu mbeera y'emu nga eya Adam ne Eva nga tebannagwa. Amawulire amalungi gali nti tokyalina kukkiriza mu bitali bituufu. Bino byonna byakolebwa olw'omukwano gwa Katonda n'okuyaayaana kwe ol'okukkizza mu nkolagana eyeekimmemmette naawe. Ekiddako kwekutegeera kiki ekituufu kyoli mu Kristu.

Essomo ely'okusatu
Kiki ekituufu kyoli?

OLUNAKU OLUSOOKA

Ennyanjula

Nkakasa nti okusinziira ku byemuyize mu ssomo erisembeyo, olna okutegeera okutangavu ku kiki Katonda kyeyakola ku lwamanunulwa okusobola okuwa endabika empya. Njagala kutandika essomo lino nga nkuwa engeri endala eyokutegeera kiki Katonda kyeyakola mu ggwe ku lwamanunulwa oluvannyuma tujja kulaba endabika yo bweri mu Kristu.

Engeri endala eyokutegeera Katonda kyeyakola ku lwokununulwa.


"MU" ADAM

Njagala kukuwa engeri endala Katonda gyeyakola nga aggyawo endabika yaffe enkadde n'atuwa endabika empya, nga bwe twakikoonyeko mu kusooka, twasikira ekibi kya Adam ekyo mwoyo. Engeri endala yandibadde nti okuva bwekiri nti ffenna twava mu Adam, ffenna twazaalibwa **mu Adam**.

Ngera ekiva mu ekyo, ekitundu kye ndabika yaffe enkadde mu Adam kitegeeza nti nga tetunnanunulibwa, twafaanana nga Adam mu:-

- **Kufa okwomwoyo** – 1 Abakolinso 15:22
- **Mu kwawukana ku Katonda mu bulamu bwe n'amaanyi ge.** Abafeso 4:18, Isaya 59:2
- **Mu kusalirwa-** Abarumi 5:18
- **Mu ndabika enkadde** – Engero 23:7

Mu kakunizo kano wansi tulaba bwe kifaanana okuzaalibwa **MU** Adam.



“Mu” KRISTU

Naye, oluvannyuma lw'okwesiga Kristu ku kununulwa, tokyafaanana Adam mu kufa kwe okwo mwoyo, okusingisibwa omusango, okwawukana ne ndabika enkadde, mu kununulwa Katonda yakuggya mu kubeera mu Adam na kusa mu Kristu.

Akakunizo kano wansi kakulaga kino

Katonda yakuggyga mu kubeera **MU** Adam, n'akussa **MU** Kristu.



**Walina Kyoli ekikadde mu Adam nga tonnanunulibwa, naye
kubanga kati oli mu Kristu, olina Kyoli ekipya**

Kiki kyoli kati nga bwoli mu Kristu?

1. Oli MULAMU mu byo mwoyo

Katonga yakuggyga mu kufa n'akuzza mu bulamu. Kino tukiraba mu 1Bakolinso 15:22.

*"Kubanga mu Adam bona bafa naye mu Kristu **bonna bajja** kuba balamu
1 Abakolinso 15:22"*

2. Kati oli WAMU ne Katonda.

Tokyawuddwa mu Katonda, kino twakiraba emabega awo mu **Yokaana 14:20**

*"Ku lunaku olwo mujja kumanya nti, ndi mu kitange, **n'awe mu nze era**
Nange mu mwe."*

3. Kati oli MUTUUKUVU

Waliwo engeri endala ennungamu gyewafuna Kristu, Katonda bwe yakomerera ebibyo ebikadde n'awe, yabiwaanyisa n'endabika empya ey'obutuukirivu. Tokyali wansi wa kusingisibwa musango. Katonda yakufuula mutuukirivu mundabika yo empya. Okulabula: Oyinza okuba n'okulafuubana n'ekituufu kino, naye tunuulira ekigambo kya Katonda ekikwatagana n'obutuukirivu bwo

"Kubanga omutima gw'omuntu gukkiriza, ekivaamu obutuukirivu" **Abarumi 8:10**

"Ngera bwekiri nti ekyava mu kuwaba(ekibi) kwali kusingisibwa musango eri abantu bona, era bwekiri ne mukikolwa ekimu ekyobutuukirivu bwali bwenkanya obuleeta obulamu eri abantu bona, nga bwekyali nti, okuyita mu bujeemu bw'omuntu omu Adam, bangi baafulwa boonoonyi, era kyekimu okuyita mu buwulize bw'omuntu omu (Yesu) banji bajja kufuulibwa batuukirivu." **Abalumi 5:18-19**

"Katonda yamufuula (yesu), atalina kibi okufuuka ekibi ku lwaffe, tulyoke tufuuke batuukirivu ba Katonda nga tuyita muye." **Abakolinso 5:21**

"Nga tumaze okujuzibwa ekibala ekyobatuukirivu ekiva mu Kristu Yesu, mu kitibwa n'okutendereza Katonda." **Abafiripi 1:11**

"Ngera byandisangidwa mu yye, obutaba na butuukirivu obwange, obutava mu mateeka, naye obwo obuva mu kukkiriza mu Kristu, obutuukirivu obuva mu Katonda nga businzira ku kukkiriza." **Phillipians 3:9**

Bambi Soma kino

Okkiriza ebyobulimba nti olina kukolera Katonda okubeera omutuukirivu? Olowoozaako nti kyalí gyoli okukola oba obutakola kintu kyonna okufuna obutuukirivu bwa Katonda?

Ebyawandikibwa ebyo waggulu(n'ebirala bingi) bitubuulira nti twafuuka batuukirivu mu kaseera we twalokolebwa! Mu ngeri endala, obutuukirivu si kyekintu kyofuna obunfyi, kye kintu ekikuwebwa mu kununulwa, kubanga Katonda yakuwa endabika empya.

OBUTUUKIRIVU bwo mu Kristu tebulina webukwataganira ne kyokola oba kyotakola, kiva mu kiki Katonda kyeyakola mu ggwe mu kununulwa.

Ekibuuzo: Okkiriza okutuusa kati nti walina okukola oba obutakola, okufuna obutuukirivu bwa Katonda? Njawulo ki gyekyandikoze mu bulamu bwo singa tokyetaagisa kukola oba kulafuubanira butuukirivu?

Okwebuulirira: Mu Balumi 5:18-19, 2Abakolinso 5:21 ne Abafilipi 1:1, ne 3:9, osabe katonda akukkirizise obeere mutuukirivu okusinziira ku kki kyeyakola mu kunulwa.

Okutabagana ne Katonda: bwoba olafuubana n'ekituufu kyobutuukirivu bwo, saba mwoyo mutuukirivu akukkirizise nti obutuukirivu si kyeintu kyofuna obufunyi, naye kitundu ku mirimu Katonda gyeyamaliriza ku musaalaba.

Era kyamugaso okumanya nti nga bwoli omutuukirivu, mu Kristu, tewakyali kusingisibwa musango okuva eri katonda, talikusingisa musango nate ku lwebibi byo, era ,tokyalina kwesingisa musango. Paul kino akikakasa mu Balumi 8:1

"N'olwekyo kati tebali ko musango eri abo abali mu Kristu Yesu."

Kati nga bwoli OMUTUUKIRIVU mu kristu, Katonda takyakusingisa musango, era, n'awe tokyesingisa musango.

Ekibuuzo: bwewaba tewakyali kusingisibwa musango era ng'oli mutuukirivu, kikwetaagisa okwongera okukkiriza nti Katonda alikusingisa omusango ob anti alina kwesingisa omusango?

Okutabagana ne Katonda: Bwoba ng'olafuubana n'okwesingisa omusango (naddala bwoyonoona), saba Katonda azze bijja endowooza yo mu ba Rumi 8:1 osobole okusumululwa mu kwesingisa omusango.

OLUNAKU OLW'OKUBIRI

4. Olina Olina KYOLI EKIPYA (otwala obwakatonda)

*"N'olwekyo" omuntu yenna bwabwwra mu Krustu, abeera **kitonde kijja, ebintu ebikadde** (endabika enkadde) nga yayitawo, naye laba, ebintu ebipyga bizzo." 2 Abakolinso 5:17*

Okubeera mu ndabika empya kitegeeza nti otwala obutuukirivu bwa katonda.

*"Kubanga ku lwabino atuwadde ebisuubizo bye ebirungi ate ebyomuwendo ennyo, kubyo tulyoke tusoboleokufuuka **awamu n'okutwala endabika ya katonda.....**" 2 petero 1:4*

Katonda yakufuula asobola okutwala obutuukirivu bwe mu kaseera ako "**we walokolera.** okutwala" mu luyonaani kitegeeza " oyo agamba." N'olwekyo, ekiva mu kubeera kwo mu

Katonda byagabana n'awe, kino kitegeeza nti ofuuka katonda, wabula kitegeeza nti waliwo ekitundu ekyobwa katonda KYAGABANA n'awe oba kyakusigamu.

katonda mu by'omwoyo gwo buntu bwo, engera endala ey'okukyogera eri nti waliwo ebintu ebimu ebyo bwa Katonda,

Enfanana yo entuufu mu Kristu

***"Kubanga tuli nkola ya Katonda
eyenjawulo ennyo." Abefeso 2:10***

Kati tugenda kulaba ku bintu ebimu ebyobwa Katonda, bwekunaabeera nga osoma mu lukalala luno wammanga.

Okuddamu kwange kwali nti kyali kisukkulumu nnyo bwoba owulire engeri y'emu, Zuula nti buli kintu ekiri ku lukalala luno kyekituufu kyennyini kyoli mu Kristu.

N'olwekyo, nandyagadde osome mu lukalala luno mpola mpola okkirize ekyamazima ekyendabika yo entufu kinyikire mugwe. Bwonosoma mu lukalala luno, jjukira nti "Mu Kristu" kitegeeza kiki kyoli ekituufu ekyokulabirako, oyinza okusoma buli kintu bwoti: "nti mundabika yange entufu mu Kristu, ndi muwanguzi,"

Ebintu ebimu ebyenfanana yo entuffu "Mu" Kristu

Mu barumi 8:35, 38-39	Mu Kristo njagalibwa awatali kakwakkulizo.
1 Abakolinso 15:57	Mu Kristu ndi muwanguzi
Zabuli -71:5	Mu Kristu ndi mugumu
Zabul - 56:4	Mu Kristu sirina kutya.
Abakolinso 9:8	Mu Kristu n'emalirira.
Zabuli - 139:14	Mu Kristu nsanidde
2 Abakolinso 3:5	Mu Kristu ndi wansa
Abefeso 6: 10-	Mu Kristu ndi wa maanyi
Zabuli- 71:5	Mu Kristu ndi muggumivu
Abalumi – 15:7	Mu Kristu nzikirizibwa.
Abafeso- 4:24	Mu Kristu mutuukirivu era omutukuvu
Abakoloso- 3:13	Mu Kristu ndi muntu asonyiwa
Abakoloso – 2:10	Mu Kristu ndi mujjuvu mu yye
Abagalatiya 5:1	Mu Kristu ndi waddembe
Abakolonso 3:12	Mu Kristu ndi wakisa, omuwombefu ate omugumiikiriza
Zabuli 139:5	Mu Kristu ninna obukuumi
Abafeso 1:1	Mu Kristu ndi mwesiimu
Yokana 15:13	Mu Krist nsobola okwerekereza.

Phillipians 2:3	Mu Kristu ndibala mu kwekaliriza
Abagalatiya- 5:22	Mu Kristu ndi musanyufu, oweddembe, omugumiikiriza, owekisa, omulungi, omwesigwa ate omukakkamu.
Abalumi 8:17	Mu Kristu ndi musika awamu naye
Yokana 1:12	Mu Kristu ndi mwana wa Katonda
Abakolinso 2:16	Mu Kristu nina endowooza ng'eyiyye
Abagalatiya- 3:26,28	Mu Kristu ndi mwana wa Katonda
Yokana 15:15	Mu Kristu ndi mukwano gwe
Abakolonso 3:12	Mu Kristu ndi mulondemu, omutukuvu ate ayagalwa ennyo
Abebulaniya 3:14	Mu Kristu nfunya yye kenninyi
1 petero 2:9,10	Mu Kristu ndi lulyo olulondemu

Ekibuuzo: biki ebimu ku ebyo ebinnyonnyodwa waggulu, byotawulira oba byotakkiriza nti butuufu ku ggwe?


Okwegezesu: Soma buli kintu ekituufu ku ggwe mu lwatu, ku lukalala olwo londako ebintu bitaano byewandyetaaze okulaba.

Okwebuulirira: Ku bintu bino ebimu ebituufu ebyendabika yo.

Okutabagana ne Katonda: Tandika okusaba Katonda ozze bujja endowooza yo ku kituufu ekyo kyenninyi kyoli, mu ngeri eyenjawulo musabe akukkurizise ku byamazima eby' omwoyo ku ebyo byewandyagadde okulaba.

Akakunizo akendabika yo entuufu.

Jjukira nti twakasomyeko mu ssomo lyaffe ery'okubiri, kalaga enfanana yo entufu esangibwa mu mwoyo gwo ogw'buntu.



Mu kakunizo kano, ngaziyizza omwoyo gw'obuntu okusobola okulaga ebimu ku bituufu ku ggwe, okuva ku lukalala lwaffe olukadde.

Ebimu ebipyा mu ndabika yo mu Kristu



ENSONGA ENKULU EY'OKUJJUKIRA.

***OWULIRA otya oba kiki KYOKKIRIZA ku kituufu ekyendabika yo
empya bweba tesobola ku kyusa KITUUUFU kya Katonda***

OLUNAKU OLW'OKUSATU

Okugaziya ku bimu ebyenfananayo empya.

Okusobola okukuwa enfanana yo empya bwe faanana, tutunuulire twekalirize ebimu ku bye ndabika yo empya.

Mu Kristu oli mujjuvu.

*Abakolosayi 2:9 – “Kubanga **mu yye** obujjuvu obwa Katonda bubeera mu ngeri ya mubiri.”*

*Abakolosayi 2:10 “Era **mu yye** ofuulidwa **mu jjuvu**”*

Nga tetunnanunulibwa, tewali bitonde bituukiride naye, mu kununulwa katonda yatufuula abatuukiride mu Kristu, Obujjuvu bwa Katonda bubeera mu Yesu, era Yesu abeera muffe nga ikiva mu ekkyo, naffe kwekubeera abatuukiride mu yye, kwekugamba tewali kye twetaagisa kugatta ku kutuukirira kwaffe mu Krist.

Ekibuuzo: Bwoba owulira oba okkiriza nti totuukiride, ekkyo kikyusa ekituufu nti otuukiride mu Kristu?

Mu Kristu okkirizibwa wenna

*Abarumi 15:7 “Mukkiriziganya nga, era nga **Kristu bwe yabakkiriza,** ”*



Ensonga lwaki Katonda omutuukirivu atuukirizza eri nti amala kutufuula abakkirizika. Oyinza okuwulira oba okulaba okusosolebwa okuva eri abalala, naye ekkyo tekikyusa kituufu nti okkirizibwa katonda awatali **kakwakkulizo konna!** Kino kitegeesa nti tewali nneeyisa mbi nnyo etuusa katonda okukugaana (katonda tawagira nneeyisa mbi, naye takuboola olwenneeyisa eyekibi) era nga ikiva mu ekkyo, tokyalina kufuna kukkirizibwa kwa Katonda, oba okukkirizibwa okwabalala, osobola okufuna okukkirizibwa kwa Katonda owone, okuboolebwa abalala, okukkiriza nti okkirizibwa mu Kristu kijja kukuwa eddembe okukkiriza abalala awatali bukwakkulizo.

Ekibuuzo: Nga bwekiri nti katonda akukkiriza awatali kakwakkulizo, asobola okukuboola ate?bwoba nga ddala okkiriza nti okkirizibwa mu Kristu, olina ddala okukkiriza okuboolebwa okutunuzibwamu abalala?

Okutabagana ne Katonda: Bwoba olafuubana n'okugaanibwa nti okkirizibwa wenna, nti era tokyalina kutwala kugaanibwa kwa muntu yenna.

Mu Kristu olina obukuumi ddala

Zabuli 91:14

"kubanga yanjagala, n'olwekyo nja kumuwanguza, nja kulaba nti muggumivu ddala kubanga ategedde erinnya lyange."

Ezkeri 24:28

"Tebaliddamu kubeera kyakuyigganyizibwa kye mawanga, n'agaso solo agensi tegalibalya, naye bajja kubeerawo mu buggumivu, eri teri ajja kubatiisa"

Kiki kyowulira nga toil muggumivu bulungi? Mulimu gwo, bufumbo bwo, oba ebyo byotakkiriza ku ggwe? Tokyalina kuwulira otyo kubanga mu Kristu, oli muggumivu ddala.

Ogezezzaako okufuna obukuumi mu kintu kyonna, oba eri omuntu omulala yenna okujako katonda? Ekituufu kiri nti obukuumi bwaffe bwokka obutuufu buli mu Kristu. Okuva lwali omusukkulumu ate nga ye yekka ali mu mitambo, tusobola okubeerawo mu bukuumi bwaffe mu yye.

Ebibuuzo: Biki ebibeerawo mu bulamu ebikufuula atali mu ggumivu, njawulo ki jekikola mu mbeera ezo bwoba nga ddala okkiriza nti olina obukuumi mu Kristu?

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akulage kki oba mu ani mwoteeka obukuumi bwo okujako ye. Munooonye azze bujja endowooza yo ku kyamazima nti obukuumi bwokka buli mu yye.

Mu Kristu oli wa MAANYI

*Abafeso 5:10- Oluvannyuma, mubeere **bagumu mu mukama waffe**, era n'amaanyi go bugulumivu bwe"*

Ffenna tulina amaanyi ameekusifu ag'omunda, amaanyi agoombiri, era n'amaanyi ag'omubwongo. Tuteru okukozesa amaanyi gaffe okumaliriza ensonga z'obulamu bwaffe. Naye, ebibeerawo, embeera awamu ne byomukwano bisobola okutunyagako amaanyi ago ag'obuntu. Katonda akkiriza ebibeerawo mu bulamu bwaffe okutulaga nti amaanyi gaffe ag'obuntu manafu nnyo ku maanyi age kibi, omubiri oba sitani atujukiza ng'ayita mu bibeerawo, ndabika yaffe entuufu tegeesobola kuwangulwa oba okwagalibwa. Paul yatuuka okukitegeera nti amaanyi ge agobuntu ate bwali bunafu mu **2Bakolinso 12:8-10**

Ekibuuuzo: Bintu ki ebimu evisobola okukunyagako amaanyi go ag'omubiri, amagezi awamu n'amaanyi ago munda? Olowooza kyandifaananye kitya mu bulamu bwo okubeerawo ku lwa maanyi ga Kristu.

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akulage nga bwogezaako okukozesa amaanyi go ag'omunda oba ag'obugezi okusobola okwanganga ensitaano zo oba ebintu ebimu mu bulamu bwo ebisoboka okwangangizibwa mu maanyi ga Katonda gokka.

Munoonye akuwe okwolesebwa okuwanvu n'okuyaayaanira okulekera awo okwesiga nga amaanyi go, wabula agage.

Mu Kristu oli mu ggumivu ddala.

2Abakolinso 3:5- “Sirwakubanga tuli baggumivu muffe bennyini, n'okutuusa okulaba ng'ebintu ebisinga biva muffe, naye obuggumivu bwaffe buva mu Katonda.”

Abakiriza bangi bawulira era bakkiriza nti tebalii mu ns anti oba sibaggumivu, twetunuulira netulaba , netwelaba nga abatatuukirira na mutindo gwa nsi ogwo buggumivu.

Tuyinza okunoonya obuggumivu bwaffe mu bye mikwano, mu Kristu yekka, amawulire amalungi gaagano.: Okukkiririza n'okubeerawo mu buggumivu bwa Kristu kikugyako obwerariikirivu obwokugezaako okunoonya obuggumivu mu muntu omulala oba ekintu ekirala kyonna.

Ebibuuzo: Newankubadde nga owulira oba okkiriza nti oli muggumivu, ekyo kyandikyusizza ekyamazima nti obeera muggumivu ddala mu Kristu? Okkiriza otya nti kisobola okukyusa enneeyisa yo bwoba nga ddala okkiriza nti oli muggumivu mu Kristu.

Okutabagana ne Katonda: Bwolafuubana n'obuggumivu, tandika okussa obuggumivu bwo mu Katonda otwale ne mitendera ejokukkiriza osobole okuzza obujja endowooza yo ku kyamazima nti oli muggumivu ddala mundabika yo enfanaana yo empya.

Mu Kristu Oyagalibwa awatali kakwakkulizo konna.

1Yokana 4:16- “Kati tukitegedde era tukkiriza okwagala Katonda kwalina kuffe **Katonda kwagala**”

1Yokana 3:1 – “Mulabe obugulumivu bwo kwagala kitaffe bwatuwadde, tusobole okuyitibwa abaana ba Katonda.”

Abalumi 8:38, 39 – “Kubanga ndi mu mativu nti newankubadde okufa, oba obulamu, yadde bamalayika oba ebyamateeka, yadde ebintu ebyakaakati; oba ebintu ebirijja, kagabe maanyi, oba obuwanvu oba ekintu kyonna ekitonde, **ekinaasobola okutwawula** ku kwagala kwa katonda okuva mu Kristu Yesu mukama waffe.”

Tokyalina kukkiriza nti toyagalika kubanga Katonda ya kwagalira ddala, emirembe n'emirembe awatali bukwakkulizo bwonna. Kyamakulu nnyo gyali okukola ekyo? Talina

kwagala kusinga okwagala ku lwekyo kyali. Mu kugattaka, **Abarumi 8:38-39** etulambika bulungi nti tewali kisobola kutwawukanya ku kwagala kwe, tewala kyoyinza kukola kisobola kukyusa kukulukuta kwo mukwano gwa Katonda gyoli.

Okwagala kwa Katonda tekwesigamizibwa ku kiki kyoli, oba kiki kyolina oba kyotalina, wabula kwesigamizibwa ku kiki kyali kyokka. Nga bwele nti Katonda kwagala, ate nga ali mu ggwe, era olina okwagala kwa Katonda bwonna.

Tokomak u kufuna kwagala kwa Katonda okutaliiko bukwakkulizo, okkiriza okwagala kwa Katonda okukulukuta nga kuyita mu ggwe paka ku balala.

Ebubuuzo: Bwoba towuliras oba okulaba okwagala kwa Katonda okutaliiko bukwakkulizo, ekyo kyandikyusizza ekyamazima nti akwagala? Kyandikyusizza kitya endabayo gyolabamu Katonda bwoba nga okkiriza nti tewali kyoyinza ku kolawo okusobola okukyusa okwagala kwe gyoli?

Okwebuulirira; Ku nnyiriri ennya (4) ku bintu ebipywa ebyendabika yo empya.

Okutabagana ne Katonda: Beoba olafuubana ku mutendera ogumu ku kwagala kwa Katonda, munonye mu mitendera gyo kukkiriza nti akwagala awatali bukwakkulizo bwonna.


OLUNAKU OLW'KUNA

Mu Kristu oli muwanguzi n'okukirawo

*Abakoronso 15:57 – “Naye twebaze Katonda, atuwa **obuwanguzi** okuyita mu Kristu.”*

*Abalumi 8:37 – “Naye mu bintu bino byonna, **tuwangulira ddala mu** yye eyatwagala.”*

Oyinza okweraba nga eyalemererwa, naye mu Kristu oli muwanguzi tewali buzibu, nkayana oba bulabe Kristu bwatasobola kuwangula okuyita mu ggwe. Mungeri endala oyinza okweraba nga “eyeemalirira.” Omuwanguzi mu bulamu okujjako Kristu nga ekyamazima bwele nti okujjako katonda, **tolina** kyoyinza kukola (Yokana 15:5) Katonda akwagala ekimala nti ajja kuleeta ebintu ebitasoboka mu bulamu bwo, osobole okulaba bwatasobola kwanganga mbeera eyo. Okukkiriza obunafu bwo mu butasobola kwanganga mbeera yonna kijja kukukyusa weesigame ku Katonda era kijja kumukkirizisa okubeera omuwanguzi nga ayita muggwe, tandika okubeerawo mu buwanguzi mu Kristu mu Nfaanana yo entuufu.



Ebibuuzo: Bwoba owulira nga eyalemererwa, ekyo kyandikyusizza ekyamazima nti mu Kristu oli muwanguzi? Bwoba nga mu Kristu oli muwanguzi, kyandikwetaagisizza okulafubana okubeera omuwanguzi?

Okutabagana ne Katonda: Tunuulira ebitundu ebimu mu bulamu bwo byolowooza nti olemererwa mu bitundu ebyo, saba katonda akuwe okulabikirwa bwe kyandifaananye nga ofunye obuwanguzi mu bitundu ebyo.

Abagalatiya 5:1 “*ku lwe ddembe Katonda akusumuludde, yimirira mu bugumu, ate toddamu nate kukaluubiriziba na mpingu yo buddu.*”

Abalumi 8:2- “ Ku lw’amaanyi ago mwoyo agaba obulamu oteleddwa okuyita mu Yesu Kristu, okuva mu maanyi agekibi agaleeta okufa.”

Weetegereze muba galatiya 5:1 ne mu Rumi 8:2 bagamba nti oteeredwa, kiri mu byayita! Oba kikolwa ekiwedde, eddembe lyo lyawangulibwa ku musaalaba. Era nga mu Kristu oli muwanguzi w’ekibi, okuva mu bye nneeyisa yo eyebyomubiri, ebyamateeka ne bye kibi oteeledwa ku kulipibwa kwe nsi n’amaanyi ga Sitaani.

Mu ngeri endala, tokyalina kubeerawo nga eyasibibwa mu buddu bwebyo kubanga ekyamazima kiri nti mu byo byonna.

Ekipuuzo: Newankubadde oyinza okuba towulira ddembe mu bintu ebimu ebyo bolamu bwo, kikyusa ekyamazima nti oteeredwa?

Okutabagana ne Katonda: Saba katonda akukkirizise nti newankubadde oyinza obutawulira kutebwaa mu maanyi gg kibi, enneeyisa ye byemibiri, naye era oteredwa.

Mu Kristu olina endowooza ya Kristo.

I Abakolinso 2:16 – “*Tulina endowooza Krist.*” Kitegeeza ki nti olina endowooza ya Kristu? Kitegeeza nti tokyalina kwesigama ku magezi g’okutegeera n’okwawulawo okugezaako okufumiitiriza obulamu, kubanga buli mbeera gyosisinkana, osobola okufuna ku magezi ga Kristu agokutegeera n;okusobola okwawulawo.

Ekipuuzo: Kiyinza okuba nti Katonda akkiriza embeera enzibu mu bulamu bwo osobola obwetaavu bw’okwesigama ku yye nga ensibuko yo eye byamegezi g’obwakatonda? Mbera ki z’osisinkana kati we weetaaga endowooza ye Katonda.

Okutabagana ne Katonda: Mu mbeera ezo saba Katonda akulekeze awo okweyongera okwesigama ku magizi go era otandike okujja ku bugabirizi bwe.

Mu Kristu oli mutukuvu

Abakolosayi 1:12.

*"Nga twebaza Katonda kitafe, eyatutukuza tusobole okugabana ku busika **obwabatuukirivu mu bwakabaka bwe kitangala.**"*

Abakkiriza abasinga beemanyi beeyogerako nga aboonoonyi. Lwaki? kubanga bakkiriza nti enneeyisa yabwe eye kibi esalawo enfanana yabwe entufu. Naye, nga bwoli omwe "siimu" tokyalina kweyogerako nga omwonoonyi. Lwaki?

Katonda agamba emirundi ne mirundi mu kigambo kye nti oli mwesiimu. Kino tekitegeesa nti toliddamu kwonoona nate. Wabula kitegeeza nti mu maaso ga Katonda, enfanana yo tekyasalibwawo lwa nneeyisa yo eyeekibi. Oyinza okukyogera oti: nti mundabika yo entufu, tokyali mwonoonyi, naye **oli mwesiimu** ayonoona oluusi. Nga bwe kiri nti ebibi byonna bigyidwawo nti era Katonda takyajukira bibyo nate,(Isaya 43:25) era manya n'obumative nti Katonda takyakulaba nga omwonoonyi.


Ekibuuuzo: Kiyinza ku kyusa kitya endowooza yo bwoba weelaba nga **omwesiimi** ayonoona oluusi so si nga omwonoonyi.

Okutabagana ne Katonda: Saba katonda atandike okukukkirizisa nti enfanana yo tekyali ya mwonoonyi.

Munoonye akulage nga bwoli omwesiimu newankubadde nga enneyisa yo eyinza obutabeera ya "bwesiimu" ebiseera ebimu

MU KRISTU OLI MUNTU ASONYIWA.

Abareso 4:32- "Mube baakisa eri bannamwe, abagonvu mu mitima, **abasonyiwagana**, ng'era Katonda mu Kristu bwa basonyiwa."



Oyinza okuba nga wanyizibwa omuntu omulala, nga towulira nti oyinza okumusonyiwa (obanga owulira nti gwe oli waddembe obutasonyiwa) ekyamazima kiri **tolina** nsonga lwaki tosonyiwa balala. Lwaki?

Kubanga mu nfanana yo entuufu oli muntu asonyiwa ne bwoba owulira nti okusonyiwa si yye nsonga, Oyinza okusalawo okusonyiwa kubanga ekyo kyoli ekituufu mu Kristu.

Bwoba toli mwetegegef u kusonyiwa, saba katonda agonze omutima gwo osobole okusonyiwa.

Ekibuuzo: Waliwo omuntu mu bulamu bwo gwowulira nga toyagala kusonyiwa? Nga bwoli nti oli muntu asonyiwa mu Kristu, okyalina eddembe obutasonyiwa muntu oyo.

Okutabagana ne Katonda: bwolafuubana n'okusonyiwa omuntu, tandoka okukwasa katonda obutasonyiwa bwo omunonye ozze buja endowoozayo ku kituufu nti oli muntu asonyiwa musabe akusumulule ku butasonyiwa bwo.

OLUNAKU OLW'OKUTAANO

Ebikontana ku kubeerawo kwo okw'obuntu okwawukana ku kubeerawo kwo mu ndabika yo empya mu Kristu.

Mpulira nti kiyinza okuba ekyomugaso mu kadde kano mu ssomo okuleetawo enjawulo wakati w'ebyo waggulu.

Amaanyi ag'obuntu- maanyi ga buntu agalina ekkomo n'obunafu bwange.

Amaanyi go bwa Kristu – tegalina kkomo oba bunafu.

Okwekkiririzaamu okw'obuntu- kulina ekkomo kubanga mulimu abantu oba embeera eziisobola okujja ku muntu okwekkiririzaamu.

Okwekkiririzaamu kristu- tekulina kkomo era tekusobola kubuuzibwabuuzibwa n'ambeera oba na bantu.

Obutatya bwo buntu- Kyakirooto kubanga buli muntu alina ekintu ekimu oba ekirala kyatya.

Obutatya obwa Kristu- Kitegeeza nti tolina kubeera na kutya.

Okufuga okwo buntu- Nakyo era kiriko omuntu alina okufuga kutono ku mbeera zonna okutwalira awamu ne webuba bulamu bwennyini.

Okukkirizibwa okwa Kristu- Kitegeeza nti totwala buvunaanyizibwa kugaanibwa kwa balala kubanga olina okukkirizibwa okutaliiko bukwakkulizo mu Kristu.

Okwebuulirira: Saba katonda akutangaze mu bwongo enjawulo eriwo wakati wookubeerawo mu byo buntu n'okubeerawo okuva mu ndabika yo empya mu Kristu.

Okutabagana ne Katonda: saba katonda akulage wa wobeera mu byobulamu bwo buntu okukontana n'obulamu obwendabika yo mu Kristu. Munoonye akujje mu kubeerawo ku lwe byobuntu akuzze ku ekyo kyoli kyennyini.

Ebintu ebibiri ebikulu ennyo ebyokujjukira ebikwata ku ndabika yo empya.

1. ENNEYISAYO tesalawo nfanana yo mu Kristu

Oyinza okuba nga olowooza, "yadde katonda mu butuufu bwe agamba ndi mutuukirivu, nzikirizibwa, nsongiwa n'ebirala, enneeyisa yange eyinza okuba kye ngamba kyanjawulo ku ekyo, ekintu ekituufu, enneeyisa yange kyegamba oba Katonda kyagamba kituufu kunze."

Newankubadde enneeyisa yo eyinza bulijo obutakwatagana na Katonda kyagamba nti kye kituufu kyoli, ekyokikyusa ekituufu ekyendabika yo mu Krist? Ekyokuddamu kiri nti nedda! Nga abakkiriza. Katonda abawadde, mu mwoyo wamwe owobuntu, endabika empya **eyeeyawudde** ku nneeyisa yo eye kibi nga tetunnanunulibwa, kyewakkiriza era ne bwe weeyisanga byalaga enfanana yo.

Naye kati nga bwe kiri nti endabika yo empya kitundu kubwa katonda mu ggwe, ebyenneeyisa yo ebyomubiri tebikyasalawo kki kyoli kyennyini. Twala ekyokulabirako kino. Bwenzalibwa mu maka gab a LOVELESS, nafuka Loveless, tekikola njawulo oba ndi loveless mulungi oba mubi, enneeyisa yange tekyusa kki kyendi nga loveless, mungeri yemu, endabika yo mu Kristu esigala tekyusiddwa na nneeyisa yo.

Katulabe ebyokulabirako ebimu:

Ekyokulabirako ekisooka1: Newankubadde oyinza okusalawo ebyo mubiri nakola ebyo ebitasaanidde ng'byokuvumirira, oba okusalira abalala emisangoS, tekikyusa kyamazima nti mundabika yo mu Kristu oli mutuukirivu.

Ekyokulabirako ekyokubiri 2: Enneyisa yo eyeekibi eyinza okukutuusa okuwa obutasongiwa oyoaba akunyizizza. Kino tekikyusa kyamazima nti oli musongiyi oyinza okusongiwa munno.

Ekituufu nti ebyenneeyisa yo ebyomubiri tebisalawo ndabika yo kikuwa ebbeetu okubeerawo mu bye nneeyisa yy byomubiri? Ekyokuddamu kiri nti nedda. Katonda tasanyukira kibi kyo mu ngeri yonna. Naye, kyamugaso okutegeera nti kulwebyo katonda byakoze mu kukuwa endabika empya, olina okusalawo obutaddayo kubeerawo mu nneeyisa ya kibi.

Ekibuuzo: Biki ebimu ebikolwa byo ebye kibi ebikontana ne ndabika yo mu Kristu? Era bikosa bitysa kiki kyewelowoozaako? Era olowooza kinaakukosa kitya singa okkiriza ekyamazima kya Katonda ekyendabika yo empya okwawukana ku nneeyisa eyeekibi?

Okwebuulirira: Ku kyamazima nti enneyisa yo tesalawo ndabika yo.

Okutabagana ne Katonda: bwoba olafubana n'okukkiriza nti endabikayo esinziira ku nneeyisayo, awo saba katonda azze bujja endowooza yo ku kituufu nti enneyisa yo eye kibi tesalawo ndabika yo.

Nga omukristayo, enneyisa eyeekibi TESALAWO ndabika yo mu Kristu.

KATONDA KYAGAMBA ku gwe kye kisalawo endabikayo empya

okyalina byokkiririzaamu ebitali bituufu. Kyamugaso okutegeera nti byokkiririzaamu ebitali bituufu tebikyusa kituufu kki kyoli. Kwekugamba nti ebitali bituufu byokkiririzaamu tebikyusa kituufu kki kyoli.

Katulabe ebyokulabirako ebimu:

Ebitali bituufu byokkiririzaamu

Okkiriza nti obolebwa

Okkiriza nti weemalirira

Towulira ng'asobola okusonyiwa

Ebifu ebyendabika yo empya mu Kristu

Okkirizibwa mu Kristu **Abaluni 15:7**

Okwemalirira kwo kusobola kusangibwa mu

Kristu mwoka 2 Abakorinso 9:8

Oli muntu asonyiwa mu Kristu. Abefeso 4:32

Katonda okwagala awatali bukwakkulizo **1**
Yokana 4:16

Byokkiririzaamu ebitali bituufu tebisalawo ndabika yo ntufu

Katonda kyagamba ekituufu ku ggwe ye nfanana yo empya

awatali bukwakkulizo Towulira nga ayagalwa awatali bu kwakkulizo.

Ebifu ebyendabika yo empya mu Kristu

Oli muntu asonyiwa mu Kristu. Abefeso 4:32 Katonda okwagala

1 Yokana 4:16

Byokkiririzaamu ebitali bituufu tebisalawo ndabika yo ntufu

Katonda kyagamba ekituufu ku ggwe ye nfanana yo empya

Osanga paka kati byokkiririzaamu bye bibadde ebituufu ku ggwe, naye kati nga bwotegeera mu magezi nti Katonda akuwadde endabika empya, ayagala okkirize ekituufu kye.

Okwawukana ku byokkiririzaamu ebitali bituufu kyebikugamba.

Okwebuulirira: ku kyamazima nti byokkiririzaamu ebitali bituufu tebisalawo kiki kyoli ekituufu.

Okutabagana ne Katonda: Tandika okutwala okukkiriza, Katonda akukkirizise endabika yo entuufu newankubadde olina ebitali bituufu byokyakkiririzaamu.

Okuwumbawumba

Nzikiriza nti Katonda akozesezza ekyamazima mu kusoma kuno okuwa okutegeera okuwanvu ku kki kyoli ekituufu nti ara oija kumukkiriza akakirizise enfanana yo entufu mu Kristu, ebibuuzo ebibiri byoyinza okwebuuza mu kadde kano biri nti, "Nkimanyi nti nnina enfanana empya, naye lwaki nkyasalawo okubeerawo mu byebyenzikiririzaamu ebitali bituufu? Era ntambula ntya okuva mu kubeerawo mu kituufu kya Katonda nga kiwakanya byenzikiririzaamu ebitali bituufu?" tuja kulaba ebyokuddamu eri ebibuuzo eby'omusomo oguddako.

ESSOMO ELYOKUNA

Entegeka ya Katonda ey'okukyusa osobole okubeerawo mu kituufu kki kyoli.

OLUNAKU OLUSOOKA

Ennyanjula:

Nsuubira nti mu zidwamu amaanyi mu ssomo lyaffe erisembyeyo ku kiki ekituufu kyoli. Mu kaseera kano mu kusoma, abantu batera okumbuza ebibuzo bino wammangaa:

- “Kati nkimanyi nti nnina endabika empya, naye lwaki nkyasalawo okubeerawo mu byenzikirizaamu ebitali bituufu?”
- Ndaba ntya era mberawo ntya mu kki kyendi ekituufu?”

Bino bye bibuuzo ebibiri bye tunaddamu mu ssomo lino. Leka tutandike n’okuddamu ekibuzo ekisooka.

Lwaki nkyasalawo okubeerawo mu byenzikiriza ebitali bituufu



Kino kibuuzo kikulu nnyo kubanga ekyokuddamu kyakyo kikulaga mu buwanvu lwaki tulina okwawula omwoyo ku mwoyo w’obuntu. Jjukira okuva mu ssomo ery’okubiri nti Katonda yaggyawo omwoyo w’obuntu wo omukadde ne ndabika yo enkadde n’akuwa mwoyo w’obuntu omupya ne nfanana empya. Ekizibu kiri nti newankubadde olina endabika empya mu mwoyo omupya, **emmeeme** yo yetaga **okukyusibwa** okuzzibwa mu kifo w’olabira era n’obeerawo mu bintu bye ndabika yo empya okusingako okubeerawo mu byokkirizaamu ebitali bituufu. Leka nkinnyonnyole.

Jjukira ebikola omwoyo gwo, gukutebwe obwongo bwo ebilowoozo byo awamu n’obumalirivu bwo. Leka tulabe embeera y’obwongo, endowooza n’obumalirivu bwo nga tonnakyusibwa,

- Endowooza- Ekyalimu ebyokukkiriza ebitali bituufu.


EBILOWOOZO-bisibidwa ku byokukkirizaamu ebitali bituufu ku gwe era ne bikosebwa.

EMPULIRA - kwe kusalawo okubeerawo mu byokkirizaamu ebitali bituufu.

OKUSALAWO – Okulondawo okutambuza obulamu bwo mu byokkiriza ebitali bituufu

EBYENNEYISA YE BY’OMUBIRI- byebiva mukusalawo okubeerawo mu byokkirizaamu ebitali bituufu.

Akakunizo akaddako kalaga enjawulo wakati we mbeera yo mwoyo nembeera yawmoyo w'obuntu.




**Newankubadde olina endabika EMPYA mu mwoyo wo owobuntu, omwoyo gwo
guli kitundu ku ggwe ekyetaaga OKUKYUSIBWA**

Katweyongere okulaba ku mbeera yobwongo, endowooza n'obumalirivu nga tewannabaawo ku kyusibwa.

OBWONGO-bulimu byokkirizaamu ku ggwe ebitali bituufu.

"Temufaananyizibwanga ng'abemirembe jino, naye mukyusibwenga nga muzzibwa bujja endowooza zamwe....."

Endowooza yo erimu obukyamu gy'oli



Oyinza okukkiriza nenjogera eno: kyewelowozaako kye kyo kyokkiririzaamu kyoli? Ekyokulabirako, bwoba olowooza nti toil muggumivu, okkiriza nti ddala toil muggumivu? Ekikulu nti okulowooza ne byokkiriza biri mo bwongo bwo, awo katonda kyayagala okukolera byokkiririzaamu ebitali bituufu kwekuzza obujja endowooza yo, okulowooza kwo ne byokkiriza bikwatagane ne kyamazima ku kki kyoli.

Bwetukozesa ekyokulabirako ekyo waggulu, katonda ayagala kujzza bujja endowooza yo ku kituufu nti mu kki kyoli ekituufu oli muggumivu ddala. Nga bwazza endowoozayo ku bituufu bino. Ojja kutandika okulowooza era okirize ekituufu okwawukanako ku bitali bituufu. Lowooza ku njogera eno.

KYOLOWOOZA era n'EKYOKKIRIRIZAAMU ku ggwe bilabika nga ebituufu gyoli newankubadde biyinza obutakwatagana na kituufu.

N'olwekyo, Katonda kyayagala okukola kwekukozesa amazima ge, okuzza endowooza yo obujja n'okukusumulula okuva mu byokkiriza eby'obulimba. Twayogeddeko nti okumanya amazima n'okugakkiriza byanjawulo. Omanyi nti olina kyoli ekipya. Ekibuuzo kiri nti okikkiriza? Nga bwosaba omwoyo omutukuvu okuzza endowooza yo obujja, ajja kukulinnyisa okuva mu kumanya obumanya amazima otandike okugakkiriza nti kituufu olina kyoli ekipya mu Kristu.

Katonda ayagala okuzza endowooza yo OBUJJA eri amazima ku kyoli ekituufu ekipya BYOKKIRIZA ku ggwe bisobole okutuukana ne kyoli.

Obujulizi bwange: Nagabanako namwe nti okulippibwa mu kutya n'okugaanobwa. Byali byamaanyi gyendi nti muntandikwa bwe nasoma mu kigambo kya katonda nti mwekyo kyendi ekituufu, sirina kulya era nzikirizibwa, sikiriza nti ebintu ebyo byali bituufu ku nze. Naye, ekyamazima nti nnali sikkiriza mazima ga katonda mu kaseera ako, tekyakyusa kituufu nti kyali kituufu. Katonda bwe yatandika okkuzza obujja endowooza yange ku kituufu kye, natandika okukkiriza nti sirina kutya nti era nzikirizibwa.

Okwegezesza: Ddayo ku lukalala lwe bintu ebituufu ku kki kyoli mu ssomo ery'okusatu, obirambeko, ebyo byomanyi nti bituufu naye nga tokkiriza nti bituufu, era weebuuze ekibuuze kino. "obutakkiriza bwange obwekituufu ki kyendi bukyusa ekyamazima nti katonda kyagamba nti kituufu kunze kye kituufu kyennyini?"

Okwebuulirira: mu barumi 12:2

Okutabagana ne katonda: tandika okussa byokiririzaamu mu katonda, era omusabe azze bujja endowoozayo ku kituufu kye.

Ekyokulabirako: "mukama nkukwasa byenzikiririzaamu nti ssiri muggumivu, era nkusaba ozze bujja endowooza yange ku kituufu nti neemalirira munfaanana yange entufu."

Ekyokulabirako: "mukama, nzikiriza nti nekkiririzaamu nnyo. Zza bujja endowooza yange ku kyamazima nti ndi nesiga kristu."

OLUNAKU OLW'OKUBIRI

EMPULIRA YO- efuna OKUKOSEBWA bwe ssibwa ku byokkiririzaamu eby'obulimba

Ebirowoozo biri kitundu ku butonde bwo muntu.

Ebirowoozo bitera okubeera ebirungi oba ebibi. Naye, ebirowoozo bisobola okukosebwa bwe bikwatagana ne ndowooza zaffe ezitali ntufu.

***Empulira ezsibidwa ku bye tukiirzamu ebitali bituufu bifuuka kyempita empulira
"ENKOSEFU"***

Nga ebirowoozo, n'empulira bweri ekitundu ku kukola bye tukkiririzaamu, muntandikwa mu bulamu twatandika okuwulira mungeri emu (obuteematira, obutekkiririzaamu n'ebirala) bino singa byeyongera nebikwatagana ne byetukkiririzaamu ku buteemala, obutekkiririzaamu, endowooza yaffe ejja kutandika okuggumiza ebyo byetukkiririzaamu ebitali bituufu. Kino bwekibaawo "kyempulira kifuuka kyendi" ebirowoozo byaffe bwe biggumiza ebitali bituufu, bifuuka "ebirowoozo ebikosefu.



Ekyokulabirako, Leka tuteebereze nti olina byowulira mu ggwe nga atalina buukumi. Nga olina endowoza ey'obulimba ekugamba nti tolina bukumi. Bino buli lwe byeyongera mu maaso bitandika okuggumiza byolowooza okutuusa lwotandika okuwulira nga "tewamala" okuva awo buli lwowulira obutabamu nsa byeyongera okuggumiza ebyo byokkiririzaamu ebitali bituufu nti tolina bukumi.

**OBUKOSEFU "bwowulira" biggumiza byenzikkiririzaamu ebitali bituufu
"byendi"**

Okuwonya ebirowoozo byaffe ebikosefu

"Awonya emitima egimenyese, era n'awumba ebiwundu byabwe." Zabuli 147:3

Katondaasuubiza okuwonya ebirowoozo ebikosefu okusinziira ku Zabuli 147:3. Katonda nga bwaza endowooza zaffe obujja ku kituufu kki kyetuli, kijja kuzaamu okuwonyezebwa kwe birowoozo byo ebikosefu.

Kino kikola kitya? Katonda buli lwakyusa byetukkirizaamu eitali bituufu ne kituufu ku kki kyetuli, awo ebilowoozo ebyo ebikosefu ebikwatagana ne byetulowooza eitali bituufu biba tebikyasobola kwelipa ku bitali bituufu kubanga kati tuba tukkiriza ekituufu. Kino tekitegenza nti tetujja kubeera nabilowoozo ebyo, Naye, enjawulo ejja kubeera nti ebyo eborowoozo ebikosefu tebikyasobola kutuwamba.



Mu kaseera akamu mu kukyusibwakyusibwa, ebyo ebirowoozo ebikosefu tebijja kusobola kwelippa ku myoyo gyaffe kubanga ekituufu kyetuli kijja kuba kirabwako, engeri endara gye twandikyogeddeko singa ebirowoozo ebyo ebikosefu bijja, kiri nti kubanga nzikiriza ekyamazima kki kyendi.

Ekyokulabirako, oyinza okuba ne ndowooza enkyamu nti weemalirira buli lwowulira okwemalirira, kiggumiza eitali bituufu byolowooza nti weemalira nga bwonoonya katonda okuzza obujja endowooza yo ku kyamazima nti okwemalirira kusangibwa mu Kristu. (2Abakolinso 9:8) ezo endowooza bwe zija, ojja kwesingana nga tokyasobola kwemalirira ku ebyo.

Mpulira obwetavu okwogera okugumiza nate nti okuwonyezebwa kwendowooza zaffe enkosefu luba lugendo. Okuwonyezebwa kujja nga bwetoyongera okunoonya owoyo asikire e byobulimba na mazima ge. Ekitsembayo ekimu, okuwonya ezimu ku ndowooza zo enkosefu kijja kutwala ku budde buwanvuko okusingako kabalala ku lwobugulumivu bwekirina ku ggwe.

BYOWULIRA ku ggwe EBIKONTANA ne kituufu ekyendabika yo empya kijja kukyusibwa nga BWOKKIRIZA ekituufu.

Okwogezesa: Wandiika wansi ebimu ku birowoozo ebikosefu byolina ebrisibidwa ku byokkiriza eitali bituufu. Ekyokulabirako "Mpulira sisobola kusonyiwa" kisibidwa ku kkiriza nti "siri muntu musonyiyi."

Okwebuulirira: zabuli 147:3

Okutabagana ne Katonda: Nga okozesa ku byowandiise, tandika okusaba Katonda awonye ebirowoozo ebikosefu.

OLUNAKU OLW'KUSATU


Okusalawo kwekukola okulondako nga osinzira ku byokkiririzaamu eitali bituufu.

Nga bwe twayogedde mukusooka, mubumalirivu mwokolera okusalawo, bwekituuka ku kki kyoli, obumalirivu bulina ebyokusalawo bibiri. Oyinza okusalawo okubeerawo okuva mu kki kyoli ekituufu, oba oyinza okusalawo okubeerawo okusinziira ku byokkiririzaamu eitali bituufu. Okusalawo kwokola kwekuja okusalawo oba osigala mu busibe obwo bulimba oba otebwa ku lwekituufu kye.

Mu kugatta ku ekyo, twetaaga okutegeera nti obumalirivu busibidwa ku kye kyetukkiriza, ekikwatagana kki kyoli, laba ekyamazima kino ekituufu.

Ojja kukola OKUSALAWO nga osinziira ku kki KYOKKIRIZA oba nga BWEWULIRA.

Akakunizo akaddako kajja kulaga ekyamazima kino:



Ojja kukola okusalawo kwo okusinziira ku BYOKKIRIZA oba bwe WEEWUULIRA

Bwotanoonya mukama kuzza bujja ndowooza yo n'awonya ebirowoozo byo ebikosefu, ojja kwetyongera okusalawo mu ebyo by'owulira. Buli kadde okusalawo kwo kulondawo, nekuggumiza byokkiriza ebitali bituufu.(Jjukira nti oyinza okuba osalawo mu butamanya. Nga kwetyongera okuggumiza byokkiriza ebitali bituufu, kiyinza okukaluubiriza olugendo lw'okukusumulula okuva mu by'obulimba wabula n'obulirayo ddala n'eweyongerako ekizibu ekirala).

BWOSALAWO okwetyongera okubeerawo mu byokkiriza ebitali bituufu awamu ne birowoozo ebikosefu, ekivaa mu ebyo kijja kuba NNEEYISA YA BYAMUBIRI

Jjukira okuva mu ssomo erisooka, twagamba nti okubeerawo okuva mu ebyomubiri kiva mu byetukkirizaamu ebitali bituufu era kyekimu bwetubeera mu birowoozo byaffe ebikosefu. Mu mubiri muvaamu nneyisa ya byamubiri. Ndowooza nti kyamugaso nnyo okwongera okuggumiza ensonga eno, tusobole okwongera okutegeera lwaki kyamugaso nnyo okukkiriza mwoyo mutuukirivu okutukyusa mu ndowooza, obumaririvu ne birowoozo, bwe tutakikola tweyongera kubeerawo mu kufa kwe byenneyisa yeemibiri gyaffe.

Kangabaneko naawe ekyokulabirako ekyange okusobula okuggumiza ensonga eno, nalina endowooza enkyamu nti nnali ssemalirira nga kwogasse n'ebirowoozo ebikosefu, ekyava mu kusalawo kwange okubeera mu bitali bituufu kyali kya nneyisa ya byamubiri eyo kuvumirira, okusalira abalala emisango n'okwefuula omuntuukirivu. Nnali sikola kusalawo okuva mu kulowooza, wabula byonna byali biva kubeerawo kwange okutali kutuufu. Buli lwe nneyongera mu maaso, nabyo we byeyongera okumera.

Ekiddako, katwogere engeri Katonda gy'akyusaamu okusalawo kwaffe.

Okukyusa kwa Katonda eri okusalawo n'okwagala kwaffe.

*"Olwendowooza eteekedwateekedwa okusinziira ku byo **mubiri** bweri **okufa**, naye endowooza eteekedwateekedwa ku byo **mwoyo** buba **bulamu** na **mirembe**". Abalumi 8:6*

Nsubira nti kati tusobola okulaba bulungi lwaki endowooza zaffe zeetagisa okukyusibwa, bwekitaba kityo, tusikattira mu kubeerawo mu bye nneyisa y'emibiri gyaffe n'olwekyo.

Nga bwetunoonya Katonda okuzza OBUJJA endowooza zaffe ku kituufu awamu n'oKUWONYA ebirowoozo byaffe ebikosefu, tutandika okulondawo okubeerawo okusinziira ku KITUUFU kyetuli so ssi kubulimba ku lwebyo byetukkirizaamu

Kuno okukyusibwa kukola kutya? Okulaga kino, leka tuddeyo ku byokulabirako

ebye mabega ebikwatagana n'obuteemala bwange. Bwenaatandika okutegeera kki kyendi ekituufu, natandika okunoonya Katonda okuzza obujja endowooza yange ku kyamazima ekyo kwemala kwange mu Kristu. Katonda bweyatandika okuzza obujja endowooza yange ku kituufu yatandika n'okuwonya empulira yange enkosefu.



Kino kyalí kifaanana nti oluvannyuma lwendowooza yange okuzzibwa obujja n'amazima n'okuwonyezebwa ebiwundu byennali nnina munda mwange, okusalawo kwange kwatandika okugamba nti "nedda" eri endowooza n'empulira ey'obuteemala. Mungeri endala nnali sikiyatwala bwannannyini ku birowoozo ne mpulira yange ng'omuntu. Oluvannyuma lwakabanga bwennatandika okukkiriza amazima, Mukama yatandika okunsumulula mu mpisa yange ey'omubiri. N'esanga ng'empisa yange ey'omubiri katugeze, okusalira bannange omusango, n'okwenyumiriza my butuukirifu bwange byali biggwerera.

Ekirala Katonda yatandika okumpa empisa ey'obwakatonda nga okwagala okukkirizibwa, n'obuwombeefu. Guno gwali mutendera gwa bwakatonda era gwatwalira ddala akabanga naye nga eddembe okuva mu by'omubiri nnali nkuwlira nga liija.

Wano wansi byebimu ku bikulu ebyokujikira mu nkyukakyuka za Katonda.

1. Okuzza obujja endowooza yo kituufu kki kyoli kiyinza okutwala obudde mu bitundu ebimu kubanga ebimu byokkiririzaamu ebitali bituufu byamaanyi okusingako ku birala kubanga obikkiririzaamu okumala akaseera kawanvu.
2. N'olwekyo, kiyinza okutwala okutambula mu kukkiriza akaseera kawanvu nga tonnalaba kukyusibwa kwamaanyi mu ndowooza yo.
3. Mu biseera ebyo byotawulira nti mwoyo atambula mu bwangu ekimala okukyusa, saba Kristu abeere buguminkiriza bwo.
4. Mu kutandika ekyokusalawo kyo kyandibadde kuddayo mu byenneyisa y'omubiri gwo. Naye nga bwokyusibwa, ojja kwesingana nga ebyenneyisayo eyebyomubiri bijja kukyusibwa bifuuke bya bwakatonda.
5. Noonya Katonda okukubikkulira ekirowoozo, okusalawo n'empisa gyali mu kukyusa era nga weeyongera okumusaba okuzza obujja endowooza yo.

Okutabagana ne Katonda: Noonya mukama otandike okuwanyisa ebyo mubiri byo ne byo bwakatonda.

Biki ebiva mu mmeeme ekyusidwa?


"Bwemulimanya amazima, era n'amazima gali bafuula ABEDDEMBE." Yokana 8:32

**Katonda ayagala OKUKYUSA mmeeme yo, endowooza yo, n'empulira yo
ayaqala BIKWATAGANE n'ekituufu kyoli.**

Katumalirize bino nga tutunuulira biki ebivaamu, bwokkiriza Katonda okukyusa emmeeme yo:

1. **Endowooza yo** ejja kutandika okulowooza n'okukkiriza ekyamazima kyoli ekituufu.
2. **Empulira yo** ejja ku kwatagana na kiki ekituufu kyoli.
3. Bweba nga endowooza yo ekkiriza ekituufu ngera ekwatagana ne kituufu, awo **osobola okusalawo** okubeerawo ku kituufu nga kiwakanya byokkiririzaamu ebitali bituufu.
4. ekivaamu kiri Katonda ajja ku **kyusa** ebye nneeyisayo eyeby'omubiri abifuule ebyobwakatonda

Akakunizo kano wansi kalaga ebivaamu nga Katonda bwakyusa emyoyo gyaffe



EKITUUFU EKIKULU

Jjukira nti okukyusibwa kitwala obulamu bwomuntu bwonna .

Emyoyo gyaffe gikyusibwa buli kiseera okukkiriza Katonda n'amazima

OLUNAKU OLW'OKUNA (4)

Mitendera gy'okukkiriza bwegifaananira ne ndabika yo

Emitendera gy'okukkiriza egikwatagana ne byokiriza

Okutabagana ne Katonda: Twala byokkiririzaamu ebimu okuva mu ssomo erisooka otandike okutwala emitendera gyokukkiriza, okuzza obuja endowooza yo ku kituufu.



Ebyokulabirako ebimu ebyemitendera gyokukkiriza biyinza okuba:-



Ekyokulabirako ekisooka #1. “Mukama, nzikiriza ekyobulimba nti siri kevu.

Ekigambo kyo kigamba mu 2 Bakolinso 3:5 nti ndi mutebenkevu mu ggwe. Nkxesiga okuzza obuja endowooza yange ku kituufu”

Ensonga enkulu: Nzikiriza nti kyamugaso okukoza n'okwogera ekituufu kya Katonda nga bwotwala emitendera gyo kukkiriza.

Ekyokulabirako ekyokubiri#2 Nzikiriza ekyobulimba nti nemala ku lw'obwongo bwange n'obusobozi bwange. Nzikiriza nti okwemala kwange kulina kubeera muggwe wekka so si munze nga bwentabula kki kyendi ekituufu.

Emitendera gyokukkiriza egikwatagana n'okubeerawo kwo mu kyoli ekituufu.

Okutabagana ne Katonda: Genda mu ssomo ery'okusatu eriraga olukalala lwe bituufu ku kki kyoli, londako kimu oba okusingawo ku byewandyagadde okulaba, otandike okutwala emitendera gy'okukkiriza Katonda asobole okuzza endowooza yo ku kituufu.

Ekyokulabirako-# 1-: “Mukama, ekyamazima kiri nti ndi muggumivu ddala muggwe, n'okusinziira kwekyo, tewali kiyinza kunyagako bugumivu obwo. Nkusaba onzikirizise mu kituufu”

Ekyokulabirako #2: “Mukama ekyamazima kiri nti amaanyi gange gasangibwa mu ggwe wakka. Ndaga amaanyi gange n'obusobozi bwange nti tebirina maanyi ku mubiri gwange, amaanyi ge kibi ne Sitaani”

Emitendera gy'okukkiriza okukyusa ebyenneeyisa y'omubiri

Okugezesebwa: Tunuulira ebyenneeyisa ye by'omubiri ku nkomerero ye ssomo erisooka ebiva mu byokkiriza. Tandika okutwala emitendera gyokukkiriza otabagane ne Katonda asobole okukyusa obulamu bwo mu bitundu ebyo.

Ekyokulabirako #‐1: "Mukama," nkimanyi nti byenzikiririzaamu ebyobutali butebenkevu bindetera okubeera omuntu agezaako okusanyusa abantu abalala. Nkwesiga okuzza obujja endowooza yange ku kituufu nti ndi muggumivu ddala mu kituufu kyendi. Nkusaba onzije mu byenneeyisa ye byo mubiri eyokusanyusa abantu".

Ekyokulabirako‐#2: "Mukama, njagala kwekuuma ku kutya kwange. Zza buja endowooza yange ku kituufu nti mu kyendi ekituufu sirina kutya. Gyawo ebyomubiri nsobole okwekuuma."

Jiukira: Enneeyisa tesalawo kki kyoli bwolafuubana mu kitundu kino, twala emitendera gyo kukkiriza okkirizise Katonda ku kituufu kino.

Omutendera gw'okukkiriza: "Mukama, newankubadde nga enneeyisa yange ennimba nti sikirizibwa, nkwesiga okunkyusa mu bulamu bwange nsobole okukkiriza ekituufu nti mu ggwe nzikirizibwa ddala.

Omutendera gwo kukkiriza: "Mukama, mpurira obuswavu bungi ku lwebennakola emabega, ndafubana n'okukkiriza nti mutuukirivu mu Kristu. Nzirkiriza nti wamaliriza ekibi ekyo n'obuswavu ku musalaba, nti era ndi mutuukirivu okusinzira ku kituufu kyo".

Omutendera gwo kukkiriza ogukwata ku bufumbo bwo

Ekyamazima ekikulu: "Mukama, mpa awamu ne munnange amaso ago mwoyo okusobola okulaba nga ebitonde ebijja (muno bwayagala okugabana ku byakkiriza naawe, olina omukisa ogwenjawulo ogwo kumusabira)"

Omutendera gw'okukkiriza: "Munnange akkiriza ekyobulimba nti _____ nsaba owanyise ekyobulimba ekyo nekyamazima nt _____ mu Kristu."



Ekyamazima ekikulu: Okuwulira nga aganibwa muno kyekimu ku byokulafuubana ekisinga mu bufumbo, tusobola okwewayogeza eri banaffe ebibaleetera okuwulira nga abaganidwa.

Amawulire amalungi gali nti okumanya nti okkirizibwa wenna mu Kristu nti era teweetaagisa kutwala buvunaanyizibwa kuganibwa kwa munno.

Omutendera gwo kukkiriza: "Mpurira nga nganibwa munnange nzirkiriza nti nzirkirizibwa mu ggwe neme kutwala buvunaanyizibwa bwa kuganibwa." Nga bwokola kino, nzigya mu byenneeyisa byange ebyomubiri.

OLUNAKU OLW'OKUTAANO

Emitendera gyo kukkiriza ku Mirimu gyaffe

Ekyamazima ekituufu: Abakristayo bangi bagezaako okufuna obuggumivu bwabwe, ensa na kki kyebali eyo gyebakolera bino wansi byebimu ku byokulabirako ebyemitendera egyokukkiriza egya Katonda okukukyusa.

Omutendera gwo kukkiriza: “Mukama, ngezaako okufuna enfanana yange n’okwewuliramu ensa ku mulimu gwange, nkxesiga okunkyusa mu ndowooza nsobole okufuna enfanana yange mu ggwe.”

Omutendera gwo kukkiriza: “Mukama, siwulira nga ddala ntukanye ku mulimu gwange. Ssewulira buggumivu bwonna, nkxesiga okuzza obujja endowooza yange, omulimu gwange guleme kusalawo buggumivu bwange. Nzikirozisa ku kyamazima nti obuggumivu bwange bjesigamizidwa ku ani kyendimu Kristu.”

Okutabagana ne Katonda: Tandika okutwala emitendera gyokukkiriza egikwatagana ne kki kyoli ekituufu.

Ebyamazima ebikulu ebyokujukira mukutambula kwo okwokukkiriza

Twasomey ebyamazima ku kubeerawo mu bulamu obusibuka mu nsibuko empya, naye mpulira kyamugaso okujukiza ebimu ku ebyo nga tetunneeyongerayo:

1. Kyamugaso okutegeera nti mu kukyusibwa okubeerawo ku kki ekituufu kyoli nakyo LUGENDO.
2. Tujja KUWULIRA oba OKULABA amaanyi ga Katonda nga gakulukuta mu ggwe bwotandika okutambula mu mitendera gyo kukkiriza, naye osobole okutegeera n’okukkiriza nti Katonda akola.
3. KATONDA TAKUBUULIRA nga bwakola twesiga mu kukkiriza nti akukyusa bwoba otambulira mu kukkuriza.
4. Wajja kubaawo okuwakanyizibwa mu kutambula kwaffe okwo kukkiriza okuva mu mibiri gyaffe nga tonnalaba.
5. Oyinza okutwala emitendera egyokukkiriza EGIWERAKO nga tonnalaba nkyukakyuka zonna mungeri gye weerowoozako
6. Bwotambula EKIWANVU ekimala mu kukkiriza enkyukakyuka ZIJJA kujja

Ekyamazima ekituufu

Newankubadde endowooza yo ezzibwa bujja ku kituufu kya Katonda, ojja

kwetaaga okulondawo OKUTAMBULA okuva mu kituufu kya buli kadde.

Tumanya tutya nti enkyukakyuka zigenda mu maaso?

Ekisuubizo kiri nti oluvannyuma oja kulaba enkyukakyuka Katonda zaakola mu birowoozo byo, okusalawo ne nneeyisa katulabe ebimu byoba osuubira.

1. Otandika okuba ne birowoozo ebikwatagana n'ekituufu nga kiwakanya byewakkiririzaamu ebitali bituufu ebyedda.
2. Endowooza nga bwe kyusibwa, ebirowoozo bijja kukwatagana.
3. Kino kitegeeza nti tojja kuba na ndowooza zisibidwa ku byokkirizamu ebitali bituufu, naye ojja kwesanga nga tobyanukula ebiseera ebisinga.
4. Endowooza nga bweziba obuja nga n'ebirowoozo byo bwebikwatagana n;ekituufu kya Katonda, ojja kwesanga nga okola okusalawo nga osinziira ku kituufu kye.
5. Nga bwokyusibwa, Katonda ajja kukyusa ebyenneeyisayo ebyomubiri ebize mu byo bwakatonda.

Kifaanana kitya okubeerawo ku kituufu ekyenfananayo empya?

Okubeerawo okuva mu **maanyi** ga Kristu kitegeeza nti tokyalina kubeerawo mu birooto byo ebya maanyi go

Okubeerawo mu **bugumu** bwa Kristu kitegeeza nti tokyesigama ku bugumu bwo

Okubeerawo mu **bukuumi** bwa Kristu kitegeeza nti obukuumi bwo tebwesigamizibwa ku bukumi ensi bwetuwa nga obukuumi.

Okubeerawo mu **buwanguzi** bwa Kristu kitegeeza nti obeera mu buwanguzi mu kifo kyokubeerawo ku buwanguzi

Okubeerawo mu **kwagala kwa Kristu okutaliiko bukwakkulizo**, kitegeeza nti tekyetaagisa kugezaako kufuna kwagalibwa kutaliiko bukwakkulizo okuva ku balala.

Okubeerawo mu **Ku kkirizibwa** kwa Kristu kitegeeza nti tokyaganibwa nate.

Okubeerawo mu **kusonyiwa** kwa Kristu kitegeeza nti tokyalina kyewekwasa obutasonyiwa muntu mulala.



Okubeerawo mu **Ddembe** lya Kristu kitegeeza nti tokyali musibe mu kibi.

Okubeerawo mu **maanyi** ga Kristu kitegeeza nti olina amaanyi ge ku bibi, omubiri, sitani awamu ne nsi.

Okubeerawo mu **buggumivu** bwa Kristu kitegeeza nti tokyalina kukkiriza nti tolina buggumivu

Okubeerawo mu **magezi** ga Kristu kitegeeza nti tukyesigama ku ggwe wekka.

Okubeerawo mu **busukkulumu** bwa Kristu kitegeeza nti tokyalina kugezaako kubeera mu mitambo gya buli kintu.

Okubeerawo mu **bugabirizi** bwa Kristu kitegeeza nti tolina kugezaako kufuna byetaago byo kuva wantu walala wonna.

Okumaliriza

Eno nkyukiro yo kusoma kuno kubanga Katonda ayagala okologane naye mu kukkiriza, osobole okuleetebwa okuva mu byokkiririzaamu ebitali bituufu. Akusaba okutwala emitendera egyo kukkiriza, asobole okuzza endowooza yo bujja era akyuse obulamu bwo, osobole obutaddamu kukkiriza bya bulimba na byanneeyisa ya bya mubiri ebivaamu.

Kiki kyekinakuviiramu bwo tatwala mitendera gyo kukkiriza egikwata ku kki kyoli ekituufu?

Essomo ery'okutaano

**Okuwakanya enkyukakyuka za Katonda,
“Olunyiriri” na kiki kyoli ekituufu.**

OLUNAKU OLUSOOKA

Ennyanjula


Mu ssomo erisembeyo, tulabye bwe kifaanana okutwala emitendera gyo kukkiriza, Katonda akuza endowooza zaffe obujja. Nga bwomanyi okuva mu katabo akasooka, bwe tutwala emitendera gyo kukkiriza, tujja kusisinkana okuwakanyizibwa kwa kyusibwa kwa Katonda, n’olwekyo, tujja kulaba engeri gyetutabagana ne Katonda okusobola okuwangula okuwakanyizibwa kuno.

OKUWAKANYA Enkola ya Katonda

Ebintu bisatu ebyokuwakanya biri kitundu ku Trinita ataali mutuukirivu gwe twayogerako mu katabo akasooka.

- Omubiri
- Amaanyi ge kibi
- Sitani oba Emizimu

Trinita “Atali” mutuukirivu




Naye, waliwo ebireeta ekyo ebirara bibiri ebireeta okuwakanyizibwa mu kutambula keaffe okwo kukkiriza.

Ekimu kiri nti embeera ze tuisinkana ate ekirala **bantu**.

Akakunizo akaddako kalaga nti tulina okuwakanyizibwa okuva ku mibiri gyaffe namaanyi ge kibi, awamu n'okuwakanyizibwa okuva wabweru nga sitani oba Diamoni na bantu

Okuwakanyizibwa ku kutambula kwo okwokukkiriza



*Wajja kubeerawo OKUWAKANYIZIBWA okutaliiko kromo ku kola ya Katonda
eyo kukyusa okuva mu byomubiri gwo, amaanyi ge kibi, Sitani n'emizimu,
embeera na bantu.*

Nolwekyo , katutandike okulaba nga emibirgyaffe bwewiwakanya okukyusibwa kwa Katonda.

1. Okuwakanya kw'o mubiri



Ekisookera ddala, kubanga obadde obeerawo mu byokkiriza ebitali bituufu ne byenneyisa y'omubiri , okwagala okukyusa kwonna kujja kuleeta okuwakanyizibwa okuva nga ebyenneyisa yo ebyomubiri webiri nti byasimba amakanda.

N'olwekyo abantu oba embeera bwe naasula ebyo ebitali bituufu, ebyenneyisa yomubiri ebikwatagana nebyo nabyo biyingirawo butereevu. Bifuuka kitundu ku ggwe ekyo ekyelipidwa ku bye nneeyisa y'omubiri bino byempita ebyomubiri ebyo bwebange.

Leka nkuwe ekyokulabirako okusobola okunnyonnyola kino. Katuteebereze nti ye ggwe nannyini kampuni nti era enzikiriza etali ntuuufu ey'okwemala. Leka era tutebereze nti enneyisa yo byomubiri eve mu ebyo eri nti obeera obanja nnyo ate ovumirira nnyo abalala, bwolaba nti omu kubakozi bo tatuukana na mutindo gwo, mubiri gwo gujja kugamba “**Nina eddembe** okuba nga nvumirira nnyo omuntu oyo” kubanga byokkiriza ebitali bituufu awamu ne byenneyisa ye byomubiri byasimba amakanda mu ggwe, obuyinza bwo obwo mubiri nga bwegasse wamu ne nneeyisa eno bifuuka ekyokuddamu ekyo buli kiseera, mungeri ndala obadded obanja era ona ovumirira okumala ebbanga gwanvu kubanga ekyo kyosuubira.

EKITUUUFU kye kiriwa?

Ekituufu kiri nti TETULINA “ddembe” lyabwebange, ku bw'omubiri

Ekyamazima era kiri nti Katonda ayagala okuzza obujja ku kituufu nti obwesige bwaffe busobola kusangibwa mu Krist yekka (Abafilipi 1:6)

Nolwekyo, Katonda ayita muki okugyawo ebyokuwakanya kwemibiri gyaffe?

- Ekisookera ddala, Katonda ayagala (TUGE) mu byemibiri gyaffe 2Abakorins 4:11
- Katonda akola ekyo nga AYANIKA “okufa” okuleetebwa ebyenneyisa yaffe eyebyemibiri – **Abalumi 8:6**
- Bwetusobola okulaga okufa kwo buyinza bwe mibiri gyaffe, tutekwa OKUNONYA Katonda azze bujja endowooza zaffe ku kituufu kye Matayo- 7:7



- Nga Katonda bwazza bujja endowooza zaffe, ajja tusumulula nga atuzza mu kifo we TUTEETAAGISA NATE kukola byetago bya mibiri gyaffe. Yokana 8:32.

Katukozese ebintu bino enina, mu kusooka Mwoyo mutuukirivu ayagala nfire mu byo mubiri byange ebyo bwebange okubeera nga manja nnyo ate nga nvumirira nnyo. Akola kino nga andaga “okufa” (okunyolwa kwo mwoyo)

Okubanja kwange n’okuvumirira kwange bye kundetera awamu nabakozi bange. Bwendaba okufa okwo, ntandika okutwala emitendera gyokukkiriza bwenti:

“Mukama, kati ndaba bulungi okufa okuleetebwa ebyenneeyisa ye byo mubiri eri abakozi bange. Nkwesiga okuzza obujja endowooza yange ku kya mazima kyo, n’okunsumulula mu byange ebyo mubiri.”

Bwomala okunonya okuzza obujja endowooza yo, tojja kuddamu kubeera na bwetavu kukola bya mubiri byo, mukugatta ku ebyo, oija kusanga enneeyisa yo nga ekyuka kubanga oija kubeera mugumiikiriza ate ategereera abakozi bo.

Okutabagana ne katonda: Saba katonda akulage ebimu ku byomubiri byo ebyobwebange, munooanye akulage okufa okuleetebwa ebyo era akusumulule kubyo.

OLUNAKU OLWOKUBIRI

2. *Engeri amaanyi ge kibi bwe gawakanya entambula yo eyo kukkiriza*

Jjukira nti amaanyi ge kibi gagabirira byaneyisa byo bya mubiri nga omuwereza mu kifo ekkirizibwamu.

Muntandikwa mu kutambula kwo okwokukkiriza, amaanyi g’ekibi galina okulipa okwamaanyi ku byokukkiriza ebitali bituufu. Naye nga bwokkiriza katonda okuzza obujja endowooza yo ku kituufu kyoli, oija kusanga amaanyi gekibi mu kitundu ekyo nga ganafuyizidwa.

Ekyokulabirako: Katuteebereze nti olina kyokkiriza ekyamaanyi ekitali kituufu nti oboolebwa, era katuteebereze nti amaanyi ge kibi gagabirira ebyo ebyenneeyisa yebyomubiri nga obusungu, okwekuuma ennyo, oba okwagala okugaana abalala, tandika okunoonya katonda azze bujja endowooza yo ku kituufu nti okirizibwa

Okumanya amazima = AMAANYI

Ki kyentegeeza? Nga bwokkiriza ekituufu ki kyoli, ojja kwesingana nga olaba nnyo amaanyi ga Katonda. Amaanyi gano ga “mwoyo” agajja okuwangula amaanyi ge kibi.



Lowooza bwoti, katugambe omuzibi w'omubiri nga yaakiikirira obumaririvu bwo, bwe bakwata ekigwo kye mikono, amaanyi geekibi bulijjo gawangula amaanyi ago bumalirivu naye, nga bwotwala emitendera gy'okukkiriza, wajja kubeerawo ekiseera Katonda waseetulira amaanyi go agebyomwoyo ku kifo wogambira nti nedda eriamaanyi ge kibi.

Okutabagana ne Katonda. Noonya Katonda mu ngeri emu ku kyamazima kki kyoli era omusabe akuzze amaanyi agomwoyo n'obumalirivu osoble okugamba nti “Nedda” eri amaanyi ge kibi.

3. Okuwakanyizibwa kwa Sitaani oba Daimoni mu kutambula kwo okwokukkiriza

Twogedde ku kino, naye ekisembayo sitani n' amaanyi ge kyayagala kwe kukusumulula. Omanyi Sitaani amanyi ekituufu kki kyoli. Bamanyi eddembe n'okukyusibwa ebinaabeerawo.

Bwotandika okutambulira mu kituufu, N'olwekyo, entegeka yabwe eyenkomeredde yakukuumira mu busibe mu byokkiriza ebitali bituufu

Okutuukiriza kino, bajja kugezaako nnyo OKUKUGIRA okumanya ekituufu kki kyoli mu Kristu.

Bwaba nga Sitani tasobola kukugira kumanya kituufu, ajja kukola buli kisoboka okukujja ku mulamwa gwokukkiriza nga bwononya Katonda okuzza obujja endowooza yo ku kituufu kino bakikola nga bayita mu bilowoozo byo.

Bino bye byokulabirako ebimu sitaani ne Daimoni nga bwebakola okuwakanya mu ndowooza zaffe ku kukyusibwako Katonda.



1. Bakuyingizaamu ebirowoozo ebyokwevumirira nga:-
 - a. "Laba, era olemeredwa"
 - b. "Otekwa okuba ne kyokola ekikyamu kubanga tewali kikyuka."
2. Baleta **okubuusabuusa** mu bwongo bwo nga babuteekamu ebintu nga:-
 - a. "Tolisumululwa"
 - b. "Kuno okutambula kwokukkiriza tekukola."
 - c. "Oyinza n'okubivaako"
3. Baleeta okubuusabuusa mu bwongo bwo ku **busobozi bwa Katonda oba obumalirivu** bwe okuzza obujja endowooza yo.
 - a. "Oba Katonda asobola okuzza obujja endowooza yo, lwaki tonakikola paka kati?"
 - b. "Kino kyokkiriza ekitali kituufu kyamaanyi nnyo nti ne katonda tasobola ku kikyusa."

Muntandikwa mu kukyusibwa, oja kukkiriza ebyo byona. Naye, mukaseera akamu weetaaga okwebuuza era osabe mukama akulage ensibuko ye birowooza byo.

Nga bwokula mu kutambula kwo okwokukkiriza okwawula kwo kujja kukula okutuusa lwonategeera nti ebirowoozo ebyo tebyava mu ggwe.

Leka nkuwe ekyokulabirako ekyange. Nzijukira muntandikwa bwennali ntandika okusomesa ku bituufu bino, nnali nkyali nnyo mitendera egisooka egyokukkirizisibwa nti nnali n'emalirira mu Kristu, ebirowoozo byange eby'okwemalirira byali bikyali byamaanyi, Siryerabira ssomo lyennasooka okusomesa bwennali maze, byennawulira byali, "tebategedde byobadde ogamba" tokoze bulungi nyanjula yo , tolisomesa nga basomesa balala abalina obumanyirivu".

Bwentunuulira akaseera ako, kitangavu gyendi nti sitani oba Daimoni zze zaali zigezaako okunzija ku mulamwa.

Naye katonda bweyazza endowooza yange ku kituufu nti obuggumivu bwange bwali muye, nasobola okwawula ensibuko y'ebirowoozo bino.

Ekikulu ekyokujukira: Sitaani ne Daimon ze tebivunaanizibwa ddala ku byetukkiriza. Endowooza zaffe zennyini zisobola okufulumya ebirowoozo ebyo. Ekikulu kiri nti tukula mu kutambula kwaffe okwokukkiriza, okwawulawo kwaffe kujja kukula okutuusa wetuteetaagisiza kutwala buvunaanyizibwa ku birowoozo ebyo.

Okutabagana ne Katonda: Buli lwosisinkana ebirowoozo ebyo bulimba ebikwatagana naki ekituufu kyoli, tandika omuze omutukuvu ogwo kusaba katonda akulage ensibuko ye birowoozo byo.

OLUNAKU OLW'OKUSATU


4.Okuwakanyizibwa okuleeta embeera

Embeera esobola okuleetawo okuwakanyizibwa ku kukyusibwa kwa Katonda, nga emasula byetukkiriza ebitali bituufu, ebirowoozo ebikosefu, ne bye nneeyisa ye byomubiri, kambawe ekyokulabirako

Katuteebereze nti olina okukkiriza okufa nti oli muntu atya ennyo. Ogenda okukola n'osanga nti waliwo okuwummuzibwa okubindabinda, mukaseera ako bwowulira amawulire gano, obuutikirwa okuty. Mukaseera ako otwala obuvunaanyizibwa ku kutya kwo, ekyongera amaanyi mu byokkiriza ebitali bituufu, okusanyalaza ebirowoozo byo n'empulirayo.

Okutabagana ne Katonda: Mbeera ki ez'omuddiringanwa ezikuziyiza okulaba eddembe? Saba mukama nti ojja kukozesa embeera ezo okusobola okulaga obwetaavu bwe kwesigama ku ye okusobola okukyusa mu kitundu ekyo.

5. Abantu basobola okuleetawo okuwakanyizibwa.



Abantu basobola okuleetawo okuwakanyizibwa okusingira ddala bwobeala munywanyi wabwe ennyo oba nga oli mufumbo, byeboogera ebitazzaamu maanyi okuva mu bantu abo bisobola okwongera amaanyi mu byokkiriza ebitali bituufu ku ggwe. Engeri endala ebyemikwano gyebisobola okuleetawo okuwakanya omulimu gwa katonda mu ffe ye mu byobutasonyiwa. Bwoba wali olumizidwako oba okugaanibwa omuntu omulala yenna, oyinza okugamba, "nnina eddembe obutasonyiwa."

Okutabagana ne Katonda: Waliwo abantu mu bulamu bwo, nti kubanga olwenneeyisa y'abwe eyebyomubiri, bakuukumira mu busibe bwebyo byokkiririzaamu ebitali bituufu oba baleeta embeera eyoobutansonyiwa mu ggwe? Noonya Katonda akuwe ebyo mwoyo obutatwala buvunanyizibwa ku birowoozo bya muntu mulala.

Mu kumaririza, kyamugaso okutegeera nti wajja kubeerawo okulwanyisa okuva munda ne kungulu, njagala okumaliriza essomo lino nga njagala ku kyetuyitaolunyiriri. Nkakasa nti okunnyonnyola kuno kujja kukuyamba okukuwa okutegeera okukyusibwa kwa Katonda.

"OLUNYIRIRI"

"kubanga ekigambo kya Katonda kibeera era kikola ate nga kisongovu okusinga ekitala kyonna ekyenjuyi ebbiri era nga kifumita okutuukira ddala wakati wo mwoyo ne mwoyo....." Abebulaniya 4:12

Mu Bebulaniya 4:12, tujukizibwa nti omwoyo ne mwoyo byanjawulo, kati nga bwetutegeera embeera ya byombi, laba okunnyonnyola kwetujja okukozesa wonna mu kusoma kwempita "Olunyiriri" mu kunnyonnyola kuno wansi, olunyiriri olwokubeerawo mu mwoyo. Mwoyo wo ye mwoyo wo owobuntu nga yeegasse wamu ne mwoyo wa Katonda, bino wansi, lwe lunyiriri olwokubeerawo nga ova mu mwoyo wo.

OMWOYO

(Omwoyo w'obuntu nga yeegasse wamu ne mwoyo wa Katonda)

WAGGULU

OLUNYIRIRI

WANSI

EMMEEIME

Ebintu bibiri ebirala bye twetaaga okumanya ku Mwoyo ne mwoyo

Ekitalabika nga kiwakanaya ekirabika

1. 2Abakorinso 4:18 egamba " Era tussa amaaso ku bintu **ebirabika**, naye ku **bitalabika**. Kubanga ebirabika si byankalakkira, naye ebitalabika bya mirembe gyonna".

Ebitalabika bye byomwoyo Katonda mwwabeera era n'atambulira nga abakulisitaayo, tubeerawo mu bitalabika mukwegatta ne Katonda nga bwe tutambula nga twesigama ku yye. **Ebirabika** kyekifo we bibeerawo mu Myoyo gyaffe, kyekifo ekya ssensi zaffe ettaano.

Okusobola okubeerawo mu BITALABIKA ddala kyabakulisitaayo bokka

OLUNAKU OLW'OKUNA

Okukkiriza nga kuwakanya n'okulaba.

"Kubanga tutambulira lwa **kukkiriza** so si lwa **kulaba**" 2 Abakolinso 5:7

Waliwo ebintu ebirala bibiri byetwetaaga okukola ebikwata ku birabika n'ebitalabika, ekifu wetutambulira mu **kukkiriza** ekyogerwako mu 2 bakolinso 5:7 kiri mu bitalabika byaffe ne Katonda. Ebirabika mu myoyo gyaffe kyekifo "ekyokulaba" kiri mu mwoyo nti tuwulira era ne tulaba obulamu buli kadde

Okwagala Kwa Katonda kuli nti mujja kuvaamu ekyokulaba EKYAMAANYI

OMWOYO

(Omwovo gwo buntu nga gwegasse wamu ne mwoyo wakatonda)

Ebitalabika - OKUKKIRIZA

WAGGULU

OLUNYIRIRI: _____

EMMEEME

WANSI


EBIRABIKA

Ekibuuzo: Lwaki olowooza nti Katonda ayagala ebitalabika ebyokukkiriza okufuuka ebyamaanyi ennyo okusinga ku birabika?

Okutabagana ne Katonda: Nga bweweeyongera okukkirira mu kutambula kw'okukkiriza, saba Katonda afuule **okukkiriza** ekyamaanyi ekirabwako gyoli okusinga ebyokugezesha.

“Olunyiriri” Ne KYETULI Ekituufu

Katukozese “Olunyirir” ku kituufu kki kyetuli mu Mwoyo nga kiwakanya embeera y’oMwoyo gwaffe, kino tukikola nga tutwala obukunizo obw’enkulungo obubiri buno wansi.



Bwetukozesa obukunizo obwo bwombi nebinyiga mu “lunyiriri” wansi, osobola ki kyoli ekituufu mu mwoyo wo ow’obuntu waggulu “olunyiriri” awamu ne mbeera yo mwoyo gwo wansi ku “lunyiriri”

Kyoli ekituufu nga kiwakanya embeera y'emeeme yo.

OMwoyo

Okwagalwa okutaliiko bukwakulizo	Endebe
Obuggumivu	essanyu
Okusonyiwa	obutuukirivu
Ekisa	okukkirizibwa
Okwerekereza	Okwawula
Okwebabaza oba okusiima	obugumiikiriza
Okwemalirira	obujjuvu
Obuwanguzi	Amagezi
Obuwombeefu	obugumu
Obulungi	

EMEEME

Ebitali bituufu byokkiriza

Ebikyamu/ ebirowoozo ebikosefu nga bisibidwa ku bitali bituufu byokkiriza

Okusalawo okulonda ku kubeerawo okusinziira ku byokkiriza ebitali bituufu.

Ebyenneeyisa ye byomubiri

OLUNAKU OLW'OKUTAANO

Waa Katonda waayagala obeere?

N'olwekyo bwemuba muzuukizidwa ne Kristu, mweyongere okunoonya ebintu ebiri waggulu, Kristu gyali ng'atudde ku ddyo wa katonda musse ebirowoozo byamwe ku bintu ebiri waggulu, so si ku bintu ebiri ku nsi" Abakolosaayi 3:1-2

Nga tumaze okutunuulira ku kakunizo kali akeemabega, wa woolowooza Katonda waayagala tubeere? Wggulu wa "lunyiriri" oba wansi? Kyeddamu kyokka nti Katonda ayagala tubeere waggulu wa "lunyiriri" kyeyogerako nti Katonda ayagala tubeerewo mu kituufu mu kifo kyo kwetyongera okubeerawo mu byaffe ebitali bituufu

Okwagala kwa Katonda kuli nti tubeerewo WAGULU wa w' "olunyiriri" mu

Tubeerawo tutya waggulu w'olunyiriri?"

Tubeerawo tutya waggulu "w'olunyiriri?" tulyoke tusse ebirowoozo byaffe ku bintu ebiri waggulu? Tulaba tutya ebyo byonna ebituufu gyetuli?


Ekyokuddamu kiri kimu **kukkiriza**

Okukkiriza kwe tutambuza okuva mu kubeerawo nga tusibuka mu mwoyo waffe ku kubeerawo okuva ku mwoyo 1 Yokaana 5:4 atugamba nti okukkiriza kwaffe bwe buwanguzi bwaffe.

"Nti era buno bwe buwanguzi obuwangula ensi, okukkiriza kwaffe." I Yokaana 5:4

*"Era mu **kukkiriza** kisoboka okumusanyusa, oyo ajj'eri Katonda alina okukkiriza nti ali era yaawa empeera eri abo abamunoonya." Abebulaniya 11:6*

Akakunizo kano kalaga ng'okukkiriza bwe kututwala okuva mu kubeerawo mu mwoyo waffe ku kubeerawo ku mwoyo waffe.



OKUKKIRIZA kwe kututwala okubeerawo waggulu w'olunyiriri. Okuva wansi w'olunyiriri nga tutambula okuva mu ekyo ekituufu kyetuli.

Katusse mu nkola amazima ago waggulu mu kakunizo kano wammanga. Ekitundu kyafe mu mitendera gya Katonda kwekutwala amadaala g'okukkiriza nga tutambulira waggulu w'olunyiriri, "olunyiriri okuva mukituufu kyetuli"

Okukkiriza kwekutwala okutambulira WAGGULU w'olunyiriri

Mwoyo

Okwagala okutaliiko bukwakkulizo-	obutuukirivu
Obuggumivu	- okukkirizibwa
Okusonyiwa	- obutatya
Okwagala	- okwawulawo
Okwerekereza	- okwebaza
Eddembe	- obukakkamu
Essanyu	- obujjuvu
	- Obugezigezi


EMMEEME

Enzikiriza enkyamu

Empulira enkyamu ezikosedwa zisibidwa wamu n'enzikiriza enkyamu

Okusalawo kulondawo okutambula okuva mu nzikiriza enkyamu

Enneeyisa ey'omubiri



"Olunyiriri" ne nkyusakyusa za Katonda kulw'emmeeme

Nga bwetwasomye emabega, Katonda ayagala okukyusa emyoyo gyaffe tusbole:

Endowooza: Okuzza obujja endowooza zaffe ku kituufu kyetuli

Bw'owulira: bitandika okutereera ne byetukkiriza ku kki kyetuli ekituufu.

Okusalawo: Tulondewo okubeera mu kituufu kyetuli

Enneeyisa yo bwa

Kristu - kye kiva mu byonna

Tunuulira akakunizo akaddako olabe enkyukakyuka ye mmeeme bwefaanana

Okutambulira mu kukkiriza, kikkiriza amaanyi ga Katonda okukyusa emmeeme zaffe.

OMWOYO

Okwagala okutaliiko bukwakkulizo

Obukuumi

obutuukirivu

obukakkamu

Okusonyiwa

okukkirizibwa

obugumiikiriza

Okwagala

obutalya

obugeigezi

Okwerekerezza

okwawulawo

obugumu

Eddembe

okusiima

amaanyi

Essanyu

obuwanguzi

obulungi

EMMEEME

Azza bujja endowooza yaffe ku kituufu


Ebisu/ebisrowoozo ebikosefu nga bikwatagana ne kituufu.

Okusalawo okubeerawo mu kituufu

Enneeyisa- ey'obwa Kristo

Okumaririza

Nsuubira nti okuyiga kuno okwolunyiriri kukuyamba okukuwa ekitangaala ekirabika ku njawulo wakati wembeera y'emmeeme ne mwoyo w'obuntu.



Essomo ery'omukaaga (6)

***Okulaba endowooza ng'eya Kristu mu mmeeme
n'amazima agasembayo ku kituufu kyetuli.***

OLUNAKU OLUSOOKA

Kiki kyennyini Katonda kyayagala oba ekigendererwa kye mu mmeeme yo?

Ekigendererwa kya Katonda mu mwoyo gwo kisangibwa muba Abafiripi 2:5, 2 Abakolinso 3:18 n'abagalatiya 4:19

"Mube nendowooza eno mu myoyo gyamwe, nga bweyali mu **kristu Yesu.**" Abafiripi 2:5

"Era ffe, n'amaaso agabikidwa tulaga ekitibwa kya Katonda nga **tukyusibwa tufanane nga yye** mukitibwa ekyeyongera obweyongezi, ekiva mu mukama waffe, oyo ali omwoyo."

2 Abakolinso 3:18.

"Baana bange, bwenumwa okutuusa **kristu lwalikolebwa mu mwe** "Abagalatiya 4:19."

Zino ennyiriri zitungamba ki?

Ekigendererwa kya Katonda kwekulabanga embala Y'EKITUU FU KYOLI mu mwoyo w'obuntu nga embala y'obwa Kristu mu mmeeme yo.

Ekikwatagana ne kki kyoli ekituufu, okukyusibwa lugendo olwa kki kyoli nga embala yo obwa kristu mu mmeeme. Obwa Kristu kye kki?

Embala ya Kristo

kye kintu ekirabwako mu butuufu bw'emmeeme, mu kki kyoli ekituufu mu bwomwoyo w'obuntu.

Ekyokulabirako: Ebintu bisatu ebyendabika yange mu bwo mwoyo w'obuntu Ebibala byo mwoyo muba abagalatiya 5:22 bye byokulabirako ebya kki kyoli mu mwoyo owobuntu ekija okulabika oluvannyuma nga ebyo bwa kristu mu mwoyo.

"*Naye ekibala kyo mwoyo kwe, kwagala, esanyu, eddembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa, obukkakkamu awamu n'okwefuga.*

Tulaba ebituufu bino mu baKolosayi 3:12-14

"*N'olwekyo, nga abalondemu ba Katonda, abatukuvu era abaagalwa ennyo, mwambale ekisa, obuntu, n'obukkakkamu awamu n'obugumiikiriza.*" **Mugumiikirizigane** ate musonyiwagane buli butakkaanya bwemulina ku buli ssekinn'omu. **Musonyiwagane** nga mukama bweyabasonyiwa. Waggulu waabino byonna, muteekoko okwagala, okubagatta bona mu bumu obutuukiridde."


Wansi lwelukalala olwekitundu olwebintu ebimu mu nfanana yo. Okwagala kwa Katonda okukyusa omwoyo gwo bino byonna bifuuke ebyobwa Kristu.

Okwagala okutaliiko bukwakkulizo


Okukuuma	ensa	obukakkamu
Okusonyiwa	okukkirizibwa	obugumiikiriza
Ekisa	ekisa	obutatya
Okwerekereza	okwawulawo	obugezigezi
Eddembe	okusiima	amaanyi
Nessanyu	obutuukirivu	obulungi

Okwegezesu: Biriwa ebisatu ku ebyo ebyekituufu kyoli mu mwoyo wo ow'obuntu byewandyagadde okulaba nga obwa kristu mu mwoyo gwo?

Jjukira akakunizo ke embala yo mu kristu okuva mu mwoyo w'obuntu bwo?



Katutunuulire akakunizo ku kyoli ekituufu mu Mwoyo w'obuntu bwekyeyoleka ng'embala z'endowooza za Kristo mu Mmeeme:



Enjawulo wakati wenneyisa y'obuntu ne nneyisa yo bwa Kristu

Ey'obuntu: Yeeyo esobola okukyusibwa ne birowoozo, empulira, omubiri, amaanyi g'ekibi, embeera, emikwano, Sitani oba ensi

Eyobwa Kristu: Yeeyo esigala nga tekyusidwa, newankubadde nga waliwo ebirowoozo, empurira, omubiri, amaanyi g'ekibi, ebye mikwano, sitaani oba ensi.

Ebyokulabirako eby'obwa Kristu:

1. Oyinza okuba nga wafirwa omulimu gwo, naye nga embeera ezo tezikunyagaako bwa Kristu obwe mirembe n'obugumu.
2. Oyinza okuba wagaanibwa omuntu yenna, naye okugaanibwa okwo tekunyagaako bwa Kristu obw'okukkirizibwa.

3. Oyinza okuba nga wakosebwa omuntu, naye omusonyiwa kubanga oliwo ku bwa Kristu obw'okusonyiwa.
4. Embeera ezimu oba ensobi zo zikuleetera okuwulira obuteematira, naye ekyo tekikunyagaako bwa Kristu bwo obw'okwematira.

Katonda ayagala ekituufu mu mwoyo wo kibeere kituufu mu mmeeme yo.

Okugatta ku kuzza obujja endowooza yo, okuwonya empulira yo, n'okukyusa okusalawo kwo. Ojja kutandika okulaba mu mmeeme ekituufu kyoli, Akakunizo akaddako kajja kulaga ekituufu kino.

OMWOYO

Okwagala okutaliiko bukwakkulizo	obutuukirivu	obukakkamu
Obukuumi	okukkirizibwa	obugumiikiriza
Okusonyiwa	obutatya	obujjuvu
Ekisa	okwawulawo	obugezigezi
Okwematira	okusiima	amaanyi
Okwerekereza	obuwanguzi	obulungi
Eddembe	eddembe	
Essanyu		

EMMEME

Laba kyoli ekitufu

Engeri endala gyolaga kino ke kakunizo kano wansi:

**Okukyusibwa kitegeeza nti ekituufu mu kukkiriza kwo
kati kyekituufu mu mmeeme yo**

OMWOYO

Okwagala okutaliiko bukwakkulizo	Obutuukirivu	Obuwombeefu
Obukuumi	Okukkirizibwa	Obugumiikiriza
Okusonyiwa	Obutataya	Okwemala
Okusaasira	Okusalawo	Okutegeera
Ekyemala	Okwebaza	Obumalirivu
Okwewaayo	Ekyemala	Obuteeyagaliza
Okweta	Obuwanguzi	Amaanyi
Essanyu	Eddembe	Ekirungi

EMMEEME

Okwagala okutaliiko bukwakkulizo	Obutuukirivu	Obuwombeefu
Obukuumi	Okukkirizibwa	Obugumiikiriza
Okusonyiwa	Obutataya	Okwemala
Okusaasira	Okusalawo	Okutegeera
Ekyemala	Okwebaza	Obumalirivu
Okwewaayo	Ekyemala	Obuteeyagaliza
Okweta	Obuwanguzi	Amaanyi
Essanyu	Eddembe	Ekirungi

OLUNAKU OLW'OKUBIRI

Enkola ya Katonda eyokukyusa emmeeme

Katutunuulireko katono kun kola ya Katonda eyokukyusa omwoyo gwo. Katuteebereze nto okkiriza ekyobulimba nti toil muggumivu, teweemalirira, ate nga otya, otandika okutwala emitendera gy'okukkiriza, nga bw'okikola, ojja kuzuula nti ojja kutandika okulaba obukumi bwa Kristu, obumativu n'obutatya. Buli mutendera gwotwala gujja kwongera okubalaga ekituufu kyo bukumi bwamwe, obumalirivu n'obutatya mu Kristu

Akakunizo akaddako kakulaga enkola ya Katonda mu mwoyo

Enkola y'okukyusibwa

**Obukumi
Olina byona
Obutatya**

OMwoyo

Emmeeme

Awatali bukumi	Eddaala ly'obukkiriza	Obukumi	bukumi
Awatali bumativu		okwamala	okwemala
Okutya		Obutatya	obutatya

Okukyusibwa kwo mwoyo nkola egendera ku mutendera, wojja okulabira mu mwoyo gwo ekituufu kyoli mu ndabika yo.

Entambula yo entuufu mu kukkiriza nga tukozesa "olunyiriri"

Yadde nga toyagala kuddayo mu byokkiriza ebitali bituufu, emabegako mu kutambula kwo okw'okukkiriza, ojja kuddayo mu byo, ekiva mukino nneeyisa ya bya mubiri. Lwaki? Ekisookera ddala, nsobi yo, mukino ntegeeza okubeerawo mu bitali bituufu era ebyomubiri byobadde omanyiiridde

Mukugatta ku ekkyo, nga bwotandika okutandika okutambulira mu kukkiriza, olina kyempita okukkiriza “okunafu oba Yesu kyayita okukkiriza “okutono” okukkiriza kwo okunafu kuva mutengdera gwo ogwobutakkiriza mu kki Katonda kyali. Nakiki kyasobola okukola era kyanaakola, awamu n’okukkiriza kwo okunafu kwekuli ne byokkiriza ebitali bituufu ebyamaanyi ne by’omubiri. Byokkiriza ebitali bituufu awamu n’omubiri bija kuba n’okulippa okwa maanyi gyoli, naye nga bweweyongera okukozesa okukkiriza kwo, ekituufu kijja kufuuka kyamaanyi okusinga ku maanyi ge byokkiririzaamu awamu n’omubiri.


Katutunuulire ku bituufu bino nga tukozesa “Olunyiriri,” ojja kulaba ku mukono ogwa kkono ogwa kakunizo kano, nti muntandikwa mu kutambula kwo okw’okukkiriza, ojja kutwala obudde bungi wansi w’olunyiriri ng’obeerawo ku byobulimba ne byomubiri.

Naye, nga bweweyongera mu kutambula kwo okwokukkiriza ojja kwesingana nga otwala obudde bungi waggulu w’olunyiriri.

Ekituufu Era ekirabika mu kutambula kwo okw’o kukkiriza.

OMWOYO

Otwala obudde bungi mu kyi kyoli ekituufu.



Otwala obudde butono nga obeerawo mubitali bituufu awamu ne byenneeyisa ye byo mubiri

EMMEEIME

Jjukira:

Ekituufu kiri nti ojja kukyusa odde mu byomubiri nga ensibuko yo emirundi mingi, naye jjukira nti mu kiseera akaddako, oyinza okwenenya nodda eri Katonda nga ensibuko yo

Newankubadde onadda mu mubiri emirundi mingi, kino tekitegeeza nti walemererwa era tewali nsonga lwaki weesalira omusango lwaki? Abarumi 8:37 egamba nti tolemererwa nga mu maaso ga Katonda naye oli muwangizi mu Kristu" tolina kwesalira musango bwolemererwa kubanga Abarumi 8:1 etugamba nti:

"Era n'olwekyo kati, tewali kusalira musango eri abo abalimu Kristu Yesu".

Nga bwoli mu Kristu, Katonda takyakusalira musango, era tokyalina kwesalira musango (Kansuubire nti ago mawulire malungigyoli kubanga abakulisitaayo bangi batwala obudde bungi nga beesalira omusango) bwolemererwa, wejjusa okulemererwa kwo eri Katonda, noddha gyali mukadde akaddako. Ekyamazima kiri nti

***Ne bwodda mu byomubiri emirundi mingi, Ekikulu kiri nti TOLEKELAWO KUNONYA
Katonda mu kukkiriza***

Okutabagana ne Katonda: Nga bwotambula mu kukkiriza, saba Katonda akukkirizise nti newankubadde odda mu byomubiri, tolemererwa nga, yatula ekibi kyo, kyuka dda gyali mu kubonerera era oyongere okutambula, tomala budde mu kwesingisa musango.

Ebyamazima Ebisembayo mu kukyusibwa kwa Katonda

#1 - Muntandikwa mu kutambula kwo okwo kukkiriza, ojja kubeera nekigendererwa mu kukyusibwa kwa Katonda.

Kubanga enzikiriza zo enkyamu ziyinza okukakkanyizibwa amangu, kyamugaso okugendererera entambula zo ez'okukkiriza. Mu kino ntegeeza nti ebiseera bingi kyamugaso okusooka okunoonya Kristo okuzza endowooza zo obuggyga n'okukuta. Era, kubanga ekiremesa kyamaanyi okusookera ddala, kyamugaso okugendererera okunoonya amaanyo ga Kristo okumenyawo ekiremesa.

#2 - Ekiseera kyenkyukakyuka za Kristo kiyinza obutakwatagana

n'antekateeka zo.

"Waliwo essaawa eyagererwa ku buli kintu, era essaawa ya buli kyakubeerawo wansi we ggulu." Omubulizi 3:1



Nga bwotambula ekkubo lino eryokukyusibwa, okwagala kwo kujja kuba kwa Katonda kuzza bujja endowooza yo nakukyusa byokkiriza ebitali bituufu amangu ddala. Naye, ojja kuzuula amangu ddala nti entegeka ya Katonda ne ntegeka yo si byebimu. Kunze Katonda ebiseera ebisinga akola mpola okusingako bwe nandyagadde, naye, tulina okujukira nti Katonda amanyi buli kintu, era alina entegeka ennungamu.

Ensonga endala eyentegeka ya Katonda eri nti akusomesa obugumiikiriza nga bwolinda ku kukyusibwa kwe. Ekisinga obukulu Katonda kyamusomesa kwekulindirira mu **kukkiriza**, twandiyize tutya okukkiriza okujjako nga tulina emikisa okulindirira ku Katonda? Omuntu omulala yannyonnyola okukkiriza nga, obuwanvu bwe kitwala okukkiriza nga tolaba nkukakyuka mu bulamu bwo.

Okutabagana ne Katonda: bwoba olafuubana nentegeka ya Katonda ekwata ku kukyusibwa ko. Musabe abeere obugumiikiriza bwo.

#3 - Enkyusa ya Katonda mu bulamu bwo ya bwa butonde obusukkulumu.

"Ebirowoozo byange byanjawula ddala ku byamwe". Mukama bwagamba. "Era ne ngeri zange ziri wala nnyo okusinga ku kyona kyemwali muteeberezaako." Issaya 55:8.

Ng'era ekiva mu Katonda okuwa ekyokulabikirwa kyamazimage kiri mu kusoma kuno.

Katonda agenda kukyusa mungeri gyolowooza, gyowulira, gyosalawo era ne gyeweeyisa. Kyabutonde kubanga ffe si ffe twaleeta enkyukakyuka ezo. Tulafubana nakino kubanga ffenna twagala okumanya engeri Katonda gyagenda okutukyusa yensonga lwaki entambula yaffe ntambula yaakukkiriza. Katonda atusaba tumwesige mu nkola ye eyo okutukyusa ensukulumu mu bulamu bwaffe

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda yeeyongere okukujukiza nti enkola ye yabutonde ensukulumu era teweetaaga kumanya ngeri ki gyakusumulula.

OLUNAKU OLW'OKUSATU

Oyinza obutawulira oba okulaba amaanyi ga Katonda agakyusa mu gwe.

Oluvannyuma lwe myaka mingi egyokusomesa n'okubudaabuda, waliwo ekyamazima ekituufu kyenzikiriza buli mu Kulisitaayo kyalina okutegeera mu ntambula yaffe eyo kukkiriza.

Bwotwala omutendera gw'okukkiriza, oyinza obutawulira oba okulaba amaanyi ga Katonda nga gakola mu ggwe.

Katulabe mu Ababulaniya 11:1 okusobola okuzuula ebirala ku kuwulira, okulaba n;okukkiriza.

*"Kale okukkiriza kwe **kukakasibwa** kwe ebantu ebisuubirwa, n'okumatizibwa ku bintu ebitalabika."*

Ebigambo ebikulu mu kyawandikibwa kino bye, okukakasibwa n'o kumatizibwa. Tewali mu kyawandiikibwa kino ekyokukkiriza wetulaba ebigambo nga "okuwulira" oba "okulaba." Lwaki kino kizibu eri abakulisitaayo abasing? Nga abantu, tuwulira era tulaba obulamu okuyita mu sensi emu oba ettaano buli kadde.

Nga bwele nti okuwulira n'okulaba bya mugaso nnyo era biri kitundu ku bulamu bwaffe, kyangu nnyo okufundikira nti bwetutwala omutendera gw'okukkiriza, tujja kuwulira oba okulaba omulimu gwa Katonda, tonfuna bubi nagamba nti okuwulira n'okulaba tebisobola kuwerekera kutambula kwaffe kwa kukkiriza. Naye, ebiseera ebisinga, oyinza obutawulira oba okulaba maanyi ga Katonda nga gakulukuta mu ggwe nga bwakukyusa obulamu bwo. Bino wansi bukulu nnyo okutegeera

Ekituufu Ekikulu

Ekitundu ekisinga, obukkiriza "KUKKIRIZA" nga ojeeko empulira yaffe ne byetulaba

Okutabagana ne Katonda: Saba Katonda akuwe okukakasibwa nti akola mu bulamu bwo yadde nga tolaba mulimu ogwo. Saba Katonda akole omukutu gw'okukkiriza nga gwaddala

#4. Lwaki okukyusibwa mu bitundu ebimu kuyinza okuja manguko okusinga ebirala.

Ebimu ku byokukkiriza ebitali bituufu byasimba amakanda okusingako ebirala. Ekyokulabirako, oyinza okuba ne ndowooza enfu mu butali butebenkevu naye nga tayasimba makanda nga eyo eyobutali bumativu. N'olwekyo, ojja kulaba eddembe mu butali butebenkevu nga tonnalaba butali bumativu. N'olwekyo manaya mu kukkiriza nti obuvumu bwe kitwala okulaba eddembe mu bitali bituufu kuba kabonero akalaga nti ebitali bituufu bya maanyi nnyo, ng'era bijja kutwala ku kadde okubimenzaamenya.

Ku lwamaanyi ge byokkiriza ebitali bituufu mu bitundu ebimu eby'obulamu bwo. Ojja kulaba okulemererwa mu kkubo ly'okuteebwa. Kino kisuubirwa. N'olwekyo tokkiriza mulabe oba ebirowoozo byo okusaasira omusango.

Kkiriza okuremererwa kwo eri Katonda weeyongere okutwala omutendera omulala ogwo kukkiriza.

#5-Nga bwotandika okukyusibwa, obuggumivu bwo mu Katonda bujja kukula.

Siryerabira we natandikira okulaba eddembe mu byennali nzikiririzaamu ebitali bituufu ebyo butali butebenkevu n'obweraliikirivu. Obugumu bwa mu busobozi bwa Katonda bwatandika okukula. Nnali kati ndaba obutebenkevu bwe ne ddembe lye. Enneeyisa yange bwe yatandika okukwatagana n'ekituufu, era nnali sikyali mu busibe bwo busungu. Obwesigwa bwange mu Katonda bwetyongera okukula. N'olwekyo, bwotambula ekiwanvu ekimala mu ku kkiriza, oija kulaba okukyusibwa era oija kusisinkana obwesigwa bwo mu Katonda nga bwetyongera okukula.

N'amanya ntya nga enkyukakyuka ebaddewo?

Nga bwekiri nti olugendo lw'okukyusibwa, lweyongeza, n'amanya ntya nti enkyukakyuka egenda mu maaso?

Muba Rumi 15:8, Paul atugamba nti Katonda aija kukakasa jetuli ekisuubizo kye.

"Kubanga mbagamba nti Kristu yafuuka muddu waabatali bakomole ku lwekituufu kya Katonda, okusobola **okukakasa** ebisuubizo ebyawebwa bajajja ffe."

Tumanya **Mu kukkaniza nti** Katonda akola mu bulamu bwaffe. Naye, Katonda ayagala okukakasa gyoli, mu kumalirira, mu birowoozo nemunneeyisa. N'olwekyo, manya engeri ezimu Katonda zayinza okukoza okukakasa omulimu gwe mu bulamu bwo:-

- 1. Obwongo bwo butandika okulowooza ekituufu mu kifu kye byobulimba ku ggwe.**
- 2. Oija kwesingana nga okkiriza ekituufu kya Katonda ku ggwe.**
- 3. Empulira yo ejja kutandika okudda wamu n'ekituufu kya Katonda ku nfanana yo.**
- 4. Oija kutandika okukola okusalawo nga osinziira ku kituufu nti kati olowooza era owulira. Kino kijja kuzaala muggwe obumalirivu obwamaanyi okudda eri Katonda asobole okwongera okuzza obujja endowooza yo ku kyamazima kye.**
- 5. Otandika okulaba enkyuka mu nneeyisayo nga bwokkiriza ekituufu kki kyoli**
- 6. Oija kutandika okulondawo okubeerawo mu byobwa Kristu okusinga ku byo mubiri.**

Bino bye byokulabirako ebitonotono nga katonda bwajja okukakasa gyoli nti akyusa ebitali bituufu n'ekituufu kye. Ekikulu kyokusobola okulaba omulimu gwe kubano bulindaala bwa mwoyo. Beera bulindaala nga olinda okulaba okukakasibwa kwa Katonda omulimu gwe mu bulamu bwo. Jjukira nti aija ku kyusa buli ssekinnoomu mungeri eyenjawulo. N'olwekyo tewali nsengeka ya Katonda gyajja ku kukola mu buli bwa buli omu kuffe.

***Nga bwotabagana ne Katonda mu kukkaniza, musabe AKAKASE
enkyukakyuka ze mu bulamu bwo era akuwe okumanyisibwa kwe***

Nga bwekifaanana mu bulamu bwo obwa bulijjo okubeerawo mu kki kyoli ekituufu.

OLUNAKU OLW'OKUNA

Obufumbo

Biki ebimu bye weetaaga mu bufumbo?

1. Endabika/ Kki kyoli
2. Okwagala okutaliiko bukwakkulizo.
3. Okukkirizibwa
4. Okusonyiwa
5. Ensa
6. Okwerekereza
7. Obukuumi

Kyoli

Ekitera okubeerawo mu bufumbo kwepima mu butali butuufu eri bannaffe okusinziira ku byenneeyisa ye byomubiri. Naye, muno bwaba omukulisiaayo, abeera kitondekijja nga ggwe.

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu: Kitegeeza nti osobola okulengera ewalako okusinga ku bunafu bwa munno n'olaba kki kyebali nga ebitonde ebijja mu Kristu, jjukira nti nga ggwe, nabo enneeyisa yabwe tesalawo kki kyabali.

Ekibuuuzo: Kyandikyusizza kitya engeri gyolabamu munno, bwoba omulaba ng'ekitonde ekijja mu Kristu?

Okwagala okutaliiko bukwakkulizo.

Ng'abantu, ffenaa twagala okwagalibwa awatali bukwakkulizo, Naye, era ng'abantu tetulina busobozi bwagala balala awatali bukwakkulizo. Wajja kubaawo obukwakkulizo bulijjo.

Okubeerawo mu kituufu kki kyoli: Ekyamazima kiri nti mu kituufu kki kyoli, ayagalibwa awatali bukwakkulizo mu Kristu ate n'awe ayagala abalala awatali bukwakkulizo. N'olwekyo, ggwe nga omufumbo tokyetaagisa kugezaako kufuna kwagalibwa.

Ekibuuuzo: Olowooza kinaakosa kitya obufumbo singa wali oyagala munno mu kwagala kwa Kristu okutaliiko bukwakkulizo?

Okukkirizibwa.

Bwenkola obuweereza bwange obwobufumbo. Nesanga ensitaano enkulu mu bufumbo kwe kugaanibwa. Tujja mu bufumbo ne byetaago awamu ne byetusubira ebyetaago ebyo bwe bitatuukirizibwa, tутera okuyiga n'okugaana bannaffe. Bwoba nga ggwe ofuna okugaanibwa okwo, ekitera okukolebwa n'awe kwe kunyiiga, Bwebityo bwe bitambula nti singa tebitereezebwa, bireeta okusebengerera mu bufumbo.

Okubeerawo mu kituufu kki kyoli: Tokyetaagisa kutwala buvunaanyizibwa bwa kugaanibwa kwa munywanyi wo bwoba nga obeera mu kukkirizibwa mu Kristu. Kwekugamba ofuuka atagaanibwa.

Ekibuuzo: Olowooza kyandikyusizza kitya obufumbo bwo singa tokyatwala buvunaanyizibwa obwo?

Ensa.

Ffenna twagala okussibwamu omuwendo awamu n'okusangibwamu ensa, okusingira ddala mu bufumbo.

Naye, tutera okuteeka okusuubira ku muwendo ogwo oba ensa bwe gunatutuusibwako, ebyo bwe butatuukirira, tutera okuwulira nga abataliimu muwendo na nsa.

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu: Ekituufu kiri nti omuwendo gwo ne nsa ebituufu bisangibwa mu Kristu mwokka Zabbuli 139:14. Omuwendo gwo mu Kristu tegupimika.

Ekibuuzo: Kiyinza kukyusa kitya obufumbo bwo singa wali osingana omuwendo gwo oba ensa okuva mu Kristu okwawukana ku kuva mu munno.

Obuteebalirira

Ekikulu ku kuwangula kwo bufumbo kwe kwerekereza ekizibu kiri nti mu mubiri tetwerekereza.

Okubeera mu kituufu kyoli: Ekituufu kiri nti bwobeera wabweru we kituufu kyoli. Ojja kubeera eyeerekereza. Abafilipi 2:4ne Yokana 15:13

Ekibuuzo Bitundu ki mu bufumbo bwo woteerekereza?

Kyandikyusizza kitya obufumbo singa wali weerekereza?

Obukuumi:

Ng'omwami n'omukyala, twagala okuwulira obukuumi mu bufumbo bwaffe, obukuumi mu kwesigangana, awamu n'obukuumi mu kwagalana, awamu n'obukuumi mu kwagalana kwaffe okwekimmemmette, n'ebirala, Kki ekibeerawo obukuumi obwo bwebutabulwa?

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu: Obukuumi mu Kristu kyamugaso nnyo mu bufumbo, kubanga ffe nga abantu tusobola okutabula obukuumi obwo. Ekyo bwekibaawo, twetaaga okujjukira nti obukuumi bwaffe obutuufu buva mu Kristu. Obukuumi bwo buntu bwe bubula tutekwa okwesigama ku bukuumi bwaffe mu Kristu.

Kumirimu gyaffe.

Biki byosinsinkana kumulimu gwo? Biyinza okubeera:

- Okutawanyizibwa kw'omulimu?
- Obutali bumativu bwolina ku mulimu?
- Oba enneeyisa yo eri mukama wo ne bakozi banno?

Byetaago ki ebimu byoyinza okuba nga ogezaako okuuna ku mulimu ebikwata ku:

- Ndabika yo
- Omuwendo, ensa oba obumanyifu bwo?
- Okukkirizibwa ko?
- Obukuumi bwo?

Katulabe okubeerawo kwo mu kki kyoli bwe kinaakuyamba ku mulimu gwo.

Okutawaanyizibwa kwo ku mulimu.

Obukoowu bujja kubeeranga kitundu ku mirimu gyaffe ekikulu ekyokwebuuza kiri, "Olina okutwala obuvunaayizibwa ku bukoowu obwo? Ekyokuddamu kiri nti nedda!

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu: Mu Kristu, olina amaanyi ge gonna. N'olwekyo olina amaanyi okugamba Nedda ku bukoowu bwo bwongo.

Ekibuuzo: Kki kyolowooza ekyandikyuse ku nneeyisa yo ku mulimu gwo, bwe tutwala buvunaanyizibwa bwa bukoowo bwa bwongo.

Obutali bumativu oba obumativu bwolina ku mulimu gwo

Ffena tulina obumativu n'obutali bumativu ku mirimu gyaffe okusinziira ku bitundu kki ebyomulimu gyaffe.

Ekibuuzo kiri nti, kiki ekisalawo obumativu bwo?

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu: Mu Kristu, obumativu bwo tebwesigamizidwa ku mulimo gwo, naye ku ssanyu erikulukutira ku kki kyoli mu Kristu. (Abagalatiya 5:22,23)

Ekibuuzo: kyandikyusizza kitya engeri gyolabikamu omulimu gwo bwoba nga obyobwa Kristu bisalawo obumativu bwo n'omulimu okusinga ku mbeera z'okumulimu gwo?

Enneeyisa yo eri bakozi banno, mukama wo n'okukontana ku ebyo.

Biki ebiszirwako ku ggwe okubeera ne nneeyisa ennungi ku mulimu gwo? Biki ebimu ebiyinza okubeerawo wakati wo nebakozi banno oba ne mukama wo, ebiyinza okukugyako eddembe lyo?

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu: bwoba obeerawo mu ekituufu kki kyoli, tewali muntu asobola kukunyagako ddembe lyo mu Krist.

Ekibuuzo: Kino kyandikyusizza kitya enneeyisa yo eri omulimu gwo singa wali obeerawo mu ddembe lya Kristu?

Byetaago ki ebimu byogezaako okufuna ku mulimu?

Endabika yo/ kki kyoli

Nga bwetwagambye mu kusooka, ebimu ku bifo ebikulu byetutera okugezaako okufuna kki kyetuli ye ku mirimu gyaffe. Ensonga eri nti byetukola bisarawo kki kyetulowooza kyetuli.

Ekituufu kye kiuwa.

Omuwendo, ensa n'obumanyifu.

Okubeera ku mutindo gye nsi, ky'otuukiriza ku mulimu gwo kitundu ku kki ekisalawo omuwendo gwo, ensa n'obumanyifu. Kki ekituuka ku ebyo bwofirwa omulimu gwo oba bwo ssibwako wansi?

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu: Nga bwobeerawo mu nsa yo mu Kristu (**Zabuli 139:14**) era ojja kulaba obuteetaagisa kusanga muwendo gwo, N'olwekyo, oba kki ekibaawo ku mulimu, tekijja kukukosa nnyo kulwekyo kyoli mu Kristu n'okufirwa omulimu gwo, ekyo tekikufuula eyalemererwa. Jjukira nti okusinziira ku ba **Rumi 8: 37** nti oli muwanguzi.

Ekibuuzo: Kyandikukyusizza kitya bwolaba omulimu gwo, singa Kristu so si mulimu gwo yaasalawo omuwendo gwo, ensa n'obumanyifu.

Okukkirizibwa

Buli muntu ayagala okukkirizibwa "kyabutonde."

Ku mulimu twagala okukkirizibwa okuva eri bakozi bannaffe ne bakama baffe, naye, owulira otya singa bakugaana?

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu: Bwoba nga ddala okkiriza nti okkirizibwa mu kki kyoli ekituufu (**Abalumi 15:7**) tokyetaagisa kutwala buvunaanyizibwa ku kugaanibwa kwa bakozi banno oba mukama wo.

Ekibuuozo: Kyandiyisizza kitya endowooza yo oba enneeyisa yo eri bakozi banno ob amukama wo?

Obukuumi:

Twagala nnyo ekigambo “obukuumi bw’omulimu” naye tukimanyi nti abakuumi basobola okuvaawokiro kimu.

Owulira bugumu ki singa okizuula enkya nti ofiridwa omulimu gwo?

Okubeera wo mu kki kyoli ekituufu: Ekituufu kiri nti obukuumi bwaffe obutuufu buli mu Kristu. (**Zabuli 139:5** bwoba obeerawo mu Kristu, okufiirwa kwo mulimu gwo tegujja kuggyawo bukuumi bwo)

OLUNAKU OLW’OKUTAANO

Embeera

Embeera embi ennyo ziyanza okutuleetere okuwulira:-

- Okutya
- Obutaba na bugumu
- Okulemesebwa
- Obuteematira
- Obunafu

Obutiitiizi: Ebintu ebibi ennyo nga embeera ye by’obulamu embi bisobola okutuleetera okutya.

Okubeera **wo mu kki kyoli ekituufu:** Ekituufu kiri nti mu kki kyoli ekituufu, totya (**Zabuli 56:4**) kubanga tolina kikuliisa. Katonda ategedde embeera yo eyannamaddala era alina ekyokuddibwamu kyo.

Bwoba olina obulwadde obwolutentezi, tekyetaagisa kutya kubanga gyolaga eyo joolaga ng’ofudde, tolina kutya kubanga Katonda ye mukuumi wo.

Okuggwamu okwekkiririzaamu

Ffenna tulina okwekkiririzaamu okusaanidde. Abakulisitaayo abalina ebyomubiri ebirungi batera okuba n’okwekkiririzaamu kungi okusinga ku balala. Naye embeera mu bulamu ng’ofiirwa omulimu kusobola okukunyagako okwekkiririzaamu.

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu: Nga ekitonde ekija, obumalirivu bwaffe buli mu Kristu (**Zabuli 71:5**) nga tuyita bumalirivu bwe, tetukyetaagisa kutambulira mu bya kwekkiririzaamu bya mibiri gyaffe, tewali kisobola kutunyaga bugumu bwaffe mu Kristu.

Ekibuuzo: Olowooza ku kituufu nti katonda akkiriza emnbeera embi mu bulamu bwaffe okusobola okuzikiriza okwemalirira kwaffe, tulyoke tubeere nga tetulina kirala kya kukola okuggyako okutambulira mu bugumu bwa Kristu?

Okuwangulwa:

Ekibi kisobola okutuleka nga tuwulira nga abawanguddwa okubeerawo mu kyetuli ekituufu: ekyamazima kiri nti tuli bawanguzi mu Kristu (**Abakolins 15:57**) ekituufu kiri nti tetukyetaagisa kuwlira nga abawangudwa kubanga tulina obuwanguzi mu Kristu obukwata ku kuwangula ekibi. Tusobola okusalawo okutambula mu kukkiriza, mu buwanguzi bwetulina mu Kristu oba tusobola okubivaako. Okubivaako kitegeeza nti empulira yo kuwangulwa ejja kweyongera.

Ekibuuzo: Oli mumalirivu okutwala emitendera gy'okukkiriza okutuusa lwolaba obuwanguzi bwolina mu Kristu bwotoli kki kyosuubira?

Obutali butebenkevu:

Engeri gye tuwulira obutali butebenkevu esobola okwanikibwa mungeri nyingi, nga obutasobola kufunaa mulimu, okuwulira nga abatatuukana na mutindo ffe bennyini gwe twepimidde oba abalala. Oba obutatuukana na mutindo abalala gwebaba batupimidde.

Okubeerawo mu kituufu kki kyetuli: Amawulire amalungi gali nti obutebenkevu bwo busangibwa mu Kristu yekka. Buli kintu kirala kyonna mu bulamu bwo kirina obusobozi obw'okunyaga obutebnkevo bwo. Tewali mbeera oba muntu asobola kukunyagako butebenkevu bwo mu Kristu.

Ekibuuzo: Kino kyandikyusizza kitya obulamu bwo bwoba tokyasobola kufuna butebenkevu mu kukwatagana n'omutindo gwo oba ogwabalala.

Obunafu

Teri ayagala kwerowoozaako ng'omunafu (okusingira ddala abasajja)

Twagala okubeera n'amaanyi ag'omunda agasobola okugumira buli kijja. Naye Katonda atwagala ekimala okusobola okukkiriza embeera ezijja nga riraga obunafu bwaffe.

Okubeera wo mu kki kyetuli ekituufu: Amaanyi gaffe amatuufu gasobola kuva mu Kristu yekka (**Abafeso 6:10** nga bwetubeerawo okuva mu Kristu, tewali kisobola kutunya maanyi ago. Yensonga lwaki Paulo yagamba, "Bwembeera omunafu, ate wemberera owa maanyi" (2 Abakorinso 12:10)

Obuzadde

Okubeerawo mu kki kyoli ekituufu nga omuzadde kitegeeza nti:

1. Bwobeerawo mu kki kyoli ekituufu, olina obugumiikiriza bwa Krist
2. Okumanya enfanana yo empya kijja kukkiriza okusomesa abaana bo ku nfaanana yabwe empya mu Kristu. Tekyandibadde kya muwendo nnyo singa bayiga mangu mu bulamu bwabwe kki kyebali mu Kristu?
3. Nga bwotambula mu ndabika empya, abaana bo bajja kuyigira ku ggwe.
4. Tokyalina kugezaako kufuna ku kkirizibwa kwabaana bo kubanga okirizibwa mu Kristu

kweyongera okukkiriza ebitali

okubeerawo mu kki

Bituufu ku ggwe = okunyolwa,

kyoli ekituufu =

Ebyenneeyisa byo mubiri

kuzzabujjEndowooza,

Tewali

dembe na kulaba bya

Kukyusibwa

bwa Kristu



Kusalawo ki kwonookola?

Ekyamazima kiri nti olina ekyokusalawo kimu!

Kyolina kyokka ekyokusalawo kwekudda eri Katonda mu kukkiriza era n'okwesiga obusobozi bwe okukyusa byokkiririzaamu. Katonda alina enkola yiye yekka! Yeyekka asobola okuzza obujja endowooza yo ku kituufu. Amanyi bulungi byokirizamu kye biri gyoli, naye era akyesigaliza kubanga yeyekka asobola okutwala okuva ku kukkiriza ebyobulimba ku kudda ku kyamazima ge. Naye katonda okuwa eddembe okusalawo


***Ekikulu ekyokujukira kiri nti OBUTASALAWO kulonda katonda kuba kusalawo kwempita
“EBIFAANAGANA”***

N'olwekyo, mbakubiriza okutambilira mu kukkiriza mu bupya bwamwe mu Kristu, nga bwe mutambula, olutimbe lwe byo bulimba lujja kunyuzibwamu emirundi ebiri, era emabega walwo ojja kulaba ekirungi kyoli nga bwokolagana ne katonda mu kukkiriza, ABARUMI 6:4 kijja kufuuka ekilabwako ekituufu gyoli.

“Nolwekyo twaziikibwa wamu naye mukubatizibwa mu kuffa, nga Kristu bweyazuukizibwa mubafu mukitiibwa kya katonda, naffe tusobole okutambilira mu bujja bw'obulamu.”

Abalumi 6:4

Bwetuva wano tutandikirawa?



Mwakamaliriza ekitabo ekyokubiri ekyebitundu ebina mu kuteekebwateekebwa nga abayigirizwa. Akatabo 3 akaddako kayitibwa **okukyusibwa**. Musobola okweyongera okukasoma. Abasobola okukagula okuva kumutimbagano musobola okukagula era muli baddembe okukubyamu obutabo obulala nga bwemwagala.

Okukyusibwa kujja kwesigama kubino wammanga:

- **Embeera ye meeme mu kulokolebwa**
- **Emitendera gya Katonda mu kuzza endowooza yo obujja eri amazima**
- **Olutalo lwetulwanagana nalwo mundowooza zaffe.**
- **Olutalo lw'omwoyo**
- **Omutendera gwa Katonda ogw'okuwonya ebiwundu by'obulamu bwo n'okukosebwako**
- **Omutendera gwa Katonda mukuzza okwagala kwaffe okutayagala byayagala kusobole okwagala.**

N'olwekyo, kansuubire nti okuyita mukusaba mujja kulowooza okuyita mukatabo akaja mukasome. Bwemuba mwagala okukwatagana nange, endagiriro yange yeeno wammanga.

Kijja kunzizaamu amaanyi bwempulira okusoma kuno bwekuyambamu obulamu bwamwe.

Christ Is Life Ministries

Website:www.christislifeministries.com

Email: bill@christlifeministries.com